Ministry of Agriculture
Animal Industry and Fisheries

THE WORLD BANK

# POLOJEKITI ETUMBULA EBIBIINA BY'ABALIMI (ACDP)

## Okwongera Amaanyi Mu Balimi Nga Tuyita Mu Bibiina By'abalimi Ebitegeera



UGANDA CO-OPERATIVE ALLIANCE LTD.

## OKULAMBIKA ABALIMI MU BIBIINA BYABWE

THE REPUBLIC OF UGANDA

# MINISITULE Y'EBYOBULIMI AMAKOLERO N'OBUVUBI

# OKULAMBIKA ABALIMI MU BIBIINA BYABWE

## POLOJEKITI ETUMBULA EBIBIINA BY'ABALIMI (ACDP)

# ENDAGIRIRO


AMANNYA....... iii
OBUBONERO N'AMAKULU GAABWO....... iv

## ESSOMO 1

**ENGERI EBIBIINA BY'ABALIMI GYE BIYIMIRIDDE MU BITUNDU ABANTU GYE BAWANGAALIRA N'OKUTEGEERA ACDP.......1**

Olutuula 1.1 Ekibiina ky'abalimi kye kki?.......2
Olutuula 1.2 Lwaki ebibiina by'abalimi bikulu.......4
Olutuula 1.3 Ebibiina by'abalimi biyimiridde bitya mu bitundu gye babeera.......6
Olutuula 1.4 Okutegeera engeri ACDP gy'ekolamu mu bibiina by'abalimi.......8
Olutuula 1.5 Ebigobererwa mu kulondamu abalimi mu bibiina bya ACDP.......8

## ESSOMO 2

**OKULONDOBA BA MMEMBA AB'ENKIZO N'EBIROWOOZO BYA BIZINENSI.......11**

Olutuula 2.1 Okulondoba ba mmemba ab'enkizo.......12
Olutuula 2.2 Okunnyonnyola ekirowoozo kya Bizinensi.......17

## ESSOMO 3

**OKUNOONYEREZA OBA EKIROWOOZO KYA BIZINENSI KIKOLA AMAKULU.......27**

Olutuula 3.1 Okunoonyereza ku ba mmemba abalina obusobozi okwetaba mu bibiina.......28
Olutuula 3.2 Okukola okwekenneenya engeri akatale bwe katambula.......31
Olutuula 3.3 Okulaba oba ekirowoozo kya Bizinensi kisoboka/kya makulu.......35
Olutuula 3.4 Okulaba oba kikola amakulu mu by'ensimbi.......37
Olutuula 3.5 Ekibiina kyandigenze mu maaso ne Bizinensi?.......39
Olutuula 3.6 Okutegeka ebinaakolebwa.......40

## ESSOMO 4

**ENTEGEKA YA BIZINENSI.......42**

Olutuula 4.1 Entegeka ya Bizinensi kye kki?.......43
Olutuula 4.2 Ebikwata ku Bizinensi.......44
Olutuula 4.3Okutegeka engeri ebintu gye bifulumizibwa.......45
Olutuula 4.4Okutegeka engeri ebifulumizibwa gye binaatundibwa.......46
Olutuula 4.5 Okutegeka ebinaakolebwa.......51
Olutuula 4.6 Okutangira ebizibu.......57
Olutuula 4.7 Okufuna entegeka y'obukulembeze.......58
Olutuula 4.8 Okutegeka eby'ensimbi.......59
Olutuula 4.9 Okutegeka bw'osuubira ssente zo okuba nga ziyingira.......60
Olutuula 4.10 Mu bufunze.......64

## ESSOMO 5

**ENTEEKATEEKA Y'EKIBIINA.......67**

Olutuula 5.1 Engeri ekibiina ky'abalimi gye kisengekebwamu.......68
Olutuula 5.2 Ba mmemba n'olukiiko olwoku ntikko.......70
Olutuula 5.3 Obukulembeze n'enzirukanya y'ekibiina.......73
Olutuula 5.4 Obukulu n'ebibeera mu Ssemateeka w'ekibiina.......83
Olutuula 5.5 Okukuuma ebiwandiiko.......89
Olutuula 5.6 Entegeka y'emirimu.......93

OKWEBAZA.......95

# AMANNYA AMAFUNZE

| | |
|---|---|
| ACCE | Ekibiina ky'ekitundu ekirina kye kikola |
| ACDP | Ekibiina ekikulaakulanya obulimi |
| AO | Omulimisa |
| ATAAS | : Obuweereza bwa tekinologiya mu byobulimi |
| CBF | Omulungamua asangibwa mu kitundu |
| CDO | Avunaanyizibwa ku nkulaakulana y'ekitundu |
| DCDO | Omukungu wa district avunaanyizibwa ku nkulaakulana |
| DCO | Omukungu wa district avunaanyizibwa ku by'obusuubuzi |
| DLG | Gavumenti ey'ebitundu ku district |
| DPO | Omukungu avunaanyizibwa ku bikolebwa mu district |
| EVMA | Enkola ya e-voucher |
| FG | Ekibiina ky'abalimi |
| FID | Ekitongole ekikulaakulanya eby'obulimi |
| FO | Farmer Organisation |
| HLFO | Ekibiina ky'abalimi ku ddaala erya waggulu |
| IDE | Omukugu mu bibiina by'enfuna |
| IDO | Omukungu ovunaanyizibwa ku nkulaakulana mu kibiina |
| MAAIF | Minisitule y'ebyobulimi Amakolero n'obuvubi |
| MEL | Okulondoola n'okuyiga |
| PCU | Ekitongole ekikwanaganya polojekiti |
| RPO | Rural Producer Organisation |
| TOT | Okutendeka abatendesi |
| UBA | United Bank for Africa |
| UCA | Ekitongole ky'obwegassi ekya Uganda |

# OBUBONERO N'AMAKULU GABWO



Akabonero k'essaawa kalaga obudde ekinaakolebwa we kiteeberezebwa okukolebwa



Akabonero kano kalaga empangi n'obubaka obunaasomerwa ekibiina



Akabonero kano kalaga okukubaganya ebirowoozo mu kibiina



Akabonero kano kalaga nti eky'okukola kitandika n'emitendera egirina okugobererwa girina okusomebwa mu mwanguka eri ekibiina era gigobererwe



Akabonero kano kalaga ebikolebwa obulungi mu kuzuula n'okutuukiriza ebyetaago ebyenjawulo eri abakazi n'abasajja, n'okukola entegeka ennungi n'obukugu abakazi n'abasajja bwe balina.



ESSOMO 1

# ENGERI EBIBIINA BY'ABALIMI GYE BIYIMIRIDDE MU BITUNDU ABANTU GYE BAWANGAALIRA N'OKUTEGEERA ACDP

## Essomo lino lirimu:

- Okunnyonnyola ekibiina ky'abalimi.
- Engeri ebibiina by'abalimi gye biyimiridde mu polojekiti eno eyo gye babeera
- Lwaki ebibiina by'abalimi bikulu na lwaki ACDP ekola n'ebibinja by'abalimi.
- Ebijjuvu ebifa ku polojekiti ya ACDP ebikwata ku kulaakulanya abalimi
- Obuweereza obuweebwa abalimi n'enkolagana esuubirwa mu ntegeka eziteekawo ebivaamu eby'okweyimirizaawo ebbanga eddene.
- Okulaga ebinaagobererwa mu kusunsula abalimi n'ebibiina by'abalimi abaneetaba mu ntegeka ya ACDP eya e-voucher.

## Ekigendererwa ky'essomo

Essomo lino we linaggwera abeetabyeemu bajja kusobola okutegeera obukulu bw'ebibiina by'abalimi mu kutumbula eby'obulimi.

## Obubaka obw'enkizo

Abalimi abali mu bibiina ebitegekeddwa obulungi balina omukisa okulongoosa bye balima n'okufuna amakungula amalungi n'okufuna obutale obulungi okutumbula eby'enfuna by'amaka gaabwe.

# Olutuula 1.1
# EKIBIINA KY'ABALIMI KYE KKI?



**Obudde: Eddakiika kkumi**

## Ebigendererwa by'olutuula:

**Ku nkomerero y'olutuula luno abeetabyeemu bajja;**

- Kutegeera obukulu bw'okubeera n'ekibinja ky'abalimi ky'ogwamu
- Omulungamya atandika n'okubuuza abeetabyeemy ekibiina ky'abalimi kye kki.
- Akkaatiriza ebigambo ebikulu mu nnyinnyola eziweereddwa abeetabyeemu nga; **okugulu okutegeerekeka, ekitole ekya wamu,okuba n'entegeka etegeerekeka.**



*Ekibiina ky'abalimi kibaamu abantu wakati wa 15-20*




*Entegeka entuufu ey'ekibiina ky'abalimi*




*Ekibiina ky'abalimi kirina okuba ekiwandiise mu mateeka*



*Ekibiina ky'abalimi kirina okuba n'obukulembeze obulonde era obukkirizibwa*

## Omulungamya bye yekkaanye

Ekibiina ky'abalimi kinnyonnyolwa nga ekibiina ekitegeerekeka, nga kirimu ba mmemba abamanyiddwa nga ba nnakyeewa n'obukulembeze obulonde, nga beegattira wamu n'ekigendererwa eky'okutumbula obulimi n'okugatta omutindo ku bye bakola okusobola okwongera ku nfuna y'amaka ga bwe n'okulongoosa obulamu okutwalira awamu.

# Olutuula 1.1.1
# Ensengeka y'ebibiina by'abalimi



**Obudde: Eddakiika 20**

## Omulungamya

- Atandika n'okubuuza abeetabyeemu okulaga ensengeka ez'enjawulo ez'ebibiina by'abalimi mu bitundu byabwe
- Abagamba okuwa ebintu ebiraga buli kibiina kye boogera

**Ekibiina ky'abalimi ku ddaala lya waggulu (HLFO)**




**Ekibiina ky'abalimi/ebibiina by'abalimi mu byalo**

*Okusengeka ebibiina by'abalimi*

## Omulungamya by'agoberera

Ebibiina by'abalimi bisengekeddwa mu bitundu bisatu okusinziira ku polojekiti ya ACDP ng abwe binnyonnyoddwa wammanga;

### i. Ekibiina ky'abalimi

kiba kitanyiddwa mu mateeka nga kikolera ku ddaala ly'ekyalo.nga kirina ma mmemba abamanyiddwa obulungi ate ng aba nnakyewa nga balina obukulembeze obulonde n'ensengeka etegeerekeka, nga beenyigira mu bulimi (okulima n'okukungula ebirime, okubikuuma oluvannyuma lw'okukungula,okubigattako omutindo n'okubinoonyeza akatale okusobola okwongera ku nnyingiza y'amaka era n'okufuna obulamu obulungi.

**Ebiraga ekibiina ky'abalimi:**

- Okuba n'ekiwandiiko ekituufu ekiraga okuwandiisibwa nga kiva ku ggombolola oba ku district oba byombi.
- Nga kirimu ba mmemba wakati wa 15 ne 20
- Nga kirina Ssemateeka.
- Nga kirina olukiiko olufuzi olwalondebwa nga Ssemateeka bw'alambika.
- Obukakafu bw'enkiiko ezituula ez'abakulembeze n'ezabantu bonna.
- Ba mmemba b'ekibiina ky'abalimi ekimu balina okuba nga bava waakiri mu maka ng'asatu(3).
- Ekibinja kirina okuba nga kikolera wamu emirimu gy'obulimi -nga waliwo ebiwandiiko ebiraga kino.
- Kirina okuba nga kyenyigira mu mirimu gy'obulimi.
- Ekibiina ky'obulimi (FO) kiteekwa okuba n'obwa mmemba mu RPO.

### ii. Ebibiina ebifulumya ebirime mu byalo (RPOs)

Kino kirina okuba nga kimanyiddwa mu mateeka,nga kirimu ba mmemba abamanyiddwa ng aba nnakyewa n'obukulembeze obulonde, nga beegattira wamu okutumbula eby'ebulimi n'omutindo ,okukungula ebintu mu bungi ,okubyongerako omutindo n'obutale okusobola okutumbula ennyingiza n'okulongoosa obulamu bwa bwe.

- Okuba n'ekiwandiiko ekituufu ekiraga okuwandiisibwa nga kiva ku ggombolola oba ku district oba byombi.
- Okutumbula omutindo okwenkukunala n'omukululo gwa ba mmemba: ne bye bakungula.
- Ekiruubirirwa: Okukungula ebintu mu bungi,okubyongerako omutindo n'obutale.
- Obwa mmemba obusingayo obutono: Ebibiina by'abalimi bibiri (2).
- Obwa mmemba obusingayo obungi: Ebibiina kkumi eby'abalimi.

### iii. Ekibiina ky'ekitundu eky'obweggassi eky'ebikungulwa (ACCE)

Kino kirina okuba nga kimanyiddwa mu mateeka,nga kirimu ba mmemba abamanyiddwa ng aba nnakyewa n'obukulembeze obulonde, nga beegattira wamu okutumbula eby'ebulimi n'omutindo ,okukungula ebintu mu bungi, okubyongerako omutindo n'obutale okusobola okutumbula ennyingiza n'okulongoosa obulamu bwa bwe.

- Okuba n'ekifo awakolerwa emirimu :ku ggombolola, district oba ekitundu ekinene.
- Okuwandiisibwa: ku district oba ku MTIC.
- Okutumbula omutindo okwenkukunala n'omukululo gwa ba mmemba : Okukungula ebintu mu bungi,okubyongerako omutindo n'obutale.
- Okwongera obungi n'omutindo mu bikungulwa n'okutumbula obutale.
- Obwa mmemba obusingayo obutono: Ebibiina by'abalimi bibiri (2).
- Obwa mmemba obusingayo obungi: Kiwa obwa mmemba okutali ssalira eri ba mmemba b'omu byalo.nga kino kizingiramu okutumbula omutindo gw'ebikungulwa.


# Olutuula 1.2
# LWAKI EBIBIINA BY'ABALIMI BIKULU ?



**Obudde: Eddakiika asatu**

## Omulungamya ajja ku:

- Kusaba abeetabyemu okweyawulamu obubiina obutonotono bakubaganye ebirowoozo ku kiki kye kitegeeza okukulaakulanya eby'obulimi
- Asabe obubiina obw'enjawulo okulaga bye bakubaganyizzaako ebirowoozo




*Ekibiina ky'abalimi kiteekwa okuba n'obukulembeze obulonde*

## Omulungamya by'alina okwekkaanya

**Ajja kubuuza abeetabyemu baddemu ebibuuzo bino wammanga;**


i. Kiki ky'olaba mu kifaananyi?
ii. Waaliwo buzibu ki?
iii. Ekizibu kyakolwako kitya?
iv. Biki ebyavaamu?

Oluvannyuma abuuze abeetabyeemu okugeraageranya ekyo ku bulamu obwa bulijjo mu kukungula n'okutunda ebintu mu bitundu byabwe.


## Omulungamya by'alina okwekkaanya

**Omulungamya awe eby'okuddamu ebirala ku kibuuzo " Lwaki ebibiina by'abalimi bikulu ?"**

- Omulungamya awe eby'okuddamu ebirala ku kibuuzo " Lwaki ebibiina by'abalimi bikulu ?"
- Ebibiina bikola emirimu gya polojekiti ng'okutendekebwa mu bwangu.
- Ebibiina bikifuula kyangu eri ba mmemba okusonda n'okufuna ebibala ne tekinologiya akozesebwa oluvannyuma lw'amakungula.
- Ebibiina biteekawo ekkubo eryangu okwegatta ku bakolagana nabo mu by'enkulaakulana nga bayita mu kulafuubana kw'ebibiina.
- Okugabana obukugu n'okuvumbula wamu n'amagezi agaweebwa ba mmemba mu bibiina.
- Ebibiina biteekawo enkolagana mu bantu n'empuliziganya.
- Ebibiina bitumbula obwerufu mu ba mmemba nga biyita mu kubatangira. Kino kivaamu ebibala abirungi eri ba mmemba ba ssekinnoomu n'ekibinja kyonna.
- Ebibinja bikola ng'omusingo eri ba mmemba okusobola okwewola era bikola ng'obukakafu ne kiwagira abalimi okuvujjirira emirimu gya bwe awamu.
- Enkolagana n'olutindo mu biteekebwa mu bulimi wamu n'ebiva mu bulimi ,kino kyanguya obutale n'okukola obulungi nga biyita mu makungula amangi n'okutundira awamu.
- Bitwala eddowoozi erya wamu mu maaso n'okusakira awamu ebintu kino ne kivaamu ebikozesebwa ebingiko eri ba mmemba.
- Bitumbula omutindo, amakungula n'amagoba kubanga bye bagula biba mu bungi, nga bya mutindo gwa waggulu okusalirawo awamu ebiseera mwe bakolera, okukendeeza ensaasaanya wamu n'okufuna amaulire mu bwangu ate ku bwerere.




*Okwongeza enkola ennungi nga bayita mu kugula ebikozesebwa eby'omutindo*




*Omukisa okwewandiisa ku nkola ya e-voucher okufuna ebikozesebwa ku muwendo omutono*

## Olutuula 1.3


# EBIBINJA BY'ABALIMI BIYIMIRIDDE BITYA MU BITUNDU GYE BABEERA?



**Obudde: Eddakiika ttaano**

### Omulungamya abuuze abeetabyemu kiki kye bamanyi ku bibinja by'abalimi:


- Ababuuze bali bameka mu bibinja?
- Ababuuze mu kitundu kyabwe balina ebibiina bimeka ebokola?
- Afune okuddibwamu okwenjawulo okuva mu beetabyeemu. (ki mutendera guno byonna ebiddibwamu bikola)
- Afundikira ng'awa engeri ebibiina gye biyimiridde mu bitundu ebyo.




*Ebibiina ebimu tebikola*




*Ebimu byateekebwawo olw'ebigendererwa bannakigwanyizi era tebirina kigendererwa kirungi.*



*Ekibiina ky'abalimi tekirina kuba na bantu bakka wansi wa 15*



*Ekibiina ky'ebalimi tekirina kuba na bantu bayitiridde bungi.*

## Omulungamya yekkaanye

- Tekitegeeza nti abalimi bonna bali mu bibiina by'abalimi
- Ebibiina ebimu weebiri naye tebikola
- Ebimu byateekebwawo olw'ebigendererwa bannakigwanyizi era tebirina kigendererwa kirungi.
- Ebibiina ebimu ebiriwo tebirina busobozi.(tebitereka ,tebirina bikozesebwa)
- Ebimu tebiyungiddwa ku bitongole birala/ tebirina bwa mmemba mu bitongole nga ACCEoba RPO, kino kibikosa mu nkulaakulana)
- Ebimu birina bammemba batono nga beesuddesudde mu ggombolola oba district.

## Olutuula 1.4

# OKUTEGEERA ENGERI ACDP GY'EKOLAMU MU BIBIINA BY'ABALIMI



**Obudde: Eddakiika 15**


### Omulungamya awa obubaka okukwata ku ACDP:

**Omulungamya yekkaanye;**

- Annyonyole engeri ACDP gy'ekola n'ebibiina
- Annyonnyole mu bujjuvu ebintu ebiyinza okufunibwa okuyita mu nkola ya E-voucher
- Okutendekebwa okufunibwa
- Annyonnyola obuyambi obuweebwa ACDP okuwagira okusiga ensimbi mu kukuuma ebirime oluvannyuma lw'okukungula

### 1.4.1 Okunnyonnyola enkola ya ACDP n'ebibiina by'abalimi

Ebibiina by'abalimi mu byalo (RPOs wakati w'ebibiina bisatu ne kkumi),ACDP by'ewaayo;mulimu okukungula ebintu mu bungi n'okuzuula obutale, okukuuma ebirime nga bimaze okukungulwa,okuwagira okutendeka abalimi ng'ewaayo obuyambi.



Ebibiina by'abalimi nga mulimu abantu wakati wa kkumi na bataano ne abiri,ACDP by'ewaayo; Okukungula n'okwongera obungi bw'ebikungulwa,obuyambi oluvannyuma lw'okukungula ebirime,obuyambi mu kutegeka ettaka nga bayita mu nkola ya E-voucher

Ebibiina by'obwegassi mu bituntu ACCEs nga birimu abantu nga abali+
RPOs ,ACDP by'ewaayo mulimu Obuyambi mu kwongerako omutindo,okukulaakulanya ebikungulwa,obutale,okutendeka abantu n'okukolagana n'abantu ab'enjawulo.

### Ebiweebwayo okuyitira mu nkola ya e-voucher:

- Buli kikungulwa okujjako emmwanyi, n'ebigimusa waakiri ekimu ku bibiri kiteekwa okulondebwa
- Ebirala ebikozesebwa bya kyeyagalire era abalimi ba ddembe okulondako bye baagala.
- Abalimi era basobola okusonda ebya sizoni ne batwala ebyo byokka bye basinga okwetaaga ebirala ne babireka.

### Okutendekebwa:

Abatunuuliddwa okuganyulwa mulimu abalimi ng'okutendeka kutunuulira ebintu bisatu:

- Enkozesa y'ebiteekebwamu
- Enozesa y'ensimbi

### Ebikozesebwa oluvannyuma lw'amakungula:

Obuwagizi buweebwayo omuli

- Ebyuma ebikozesebwa
- Okupangisa entambula

### Abalimi bye bawaayo:

Ebibiina by'abalimi bajja kuwaayo ensimbi n'ebintu ebikalu nga bikola ebituntu 33 ku buli kikumi nga gavumenti tennawaayo bitundu 67 ku buli kikumi ezakkirizibwa MAAIF.

## Olutuula 1.5

# EBIGOBERERWA MU KULONDAMU ABALIMI MU BIBIINA BYA ACDP

### A. Ebigobererwa mu kuteekawo ekibiina

### ky'abalimi

**1 Legality**

i. Kirina okuba n'obukakafu nti kyawandiisibwa era nga kisaanidde okubeera mu ntegeka za ACCE oba RPO
ii. Kirina okuba nga kyawandiisibwa mu ofiisi y'ebikungulwa oba ku ggombolola
iii. Kirina okuba nga kikola era nga kituusa obuweereza eir ba mmemba

## 2 Obukulembeze Obulungi

i. Ekitabo omuli amannya ga ba mmemba
ii. Ssemateeka w'ekibiina
iii. Ba mmemba abasoba mu ataano ku buli kikumi nga basasudde obwa mmemba
iv. Olukiiko olufuzi nga lujjuvu era nga luliwo mu mateeka
v. Omukululo omulungi mu b'omukago n'abantu b'ekitundu
vi. Kirina okuba n'obukakafu obulaga nti ba mmemba bakkirizza okwetaba mu ntegeka za ACDP
vii. Bw'eba ACCE,erina okukwatagana n'amateeka ga kyo (obwannanyini, n'emiganyulo)

## 3 Okuba nga kikola mu by'ekisuubuzi

i. Nga kyenyigira mu kufulumya ebirime ku lwa ACDP
ii. Nga kirina ebiwandiiko ng'ebiteesebwa mu nkiiko n'obitabo bwa alisiiti
iii. Nga kyenyigira mu by'obulimi oba nga kyetegefu okwenyigira mu ntegeka za ACDP waakiri ku yiika y'ettaka emu eri awamu
iv. Ebikolebwa okugattako omutindo birina okuba nga bitumbula okukozesa ebintu ebya bulijjo ebiribaawo nga( ettaka, obutakosa buttoned)
v. Kiteekwa okuba nga kikola era nga kiwa obuweereza eri ba mmemba
vi. Waakiri nga kirina ba mmemba ab'omuggundu nga bali mu nkola ya ACDP ku mutendera gw'obusuubuzi
vii. ACCE/PRO ze zisinga okubaamu emiganyulo n'enkwatagana n'abakozesa ebirime, abatuusa ebikozesebwa wamu n'obutale

## 4 Ekikula ky'omuntu

i. wakiri ebitundu asatu ku buli kikumi ku ba mmemba balina okuba nga bakazi
ii. Ku lukiiko olufuzi kulina okubaako abakazi
iii. Wakiri ebitunbu abiri ku buli kikumi ku ba mmemba balina okuba nga bavubuka
iv. Abavubuka nabo balina okukiikirirwa ku lukiiko olufuzi
v. Abantu abalina obulemu ku mibiri (PWD) nabo beetabe mu bibinja bino

## B. Ebigobererwa okulonda abalimi

1. Okuba n'endagamuntu entuufu ng'eriko nnamba eraga omuntu (NIN)
2. Okuba n'essimu ey'omu ngalo nga layini ye yawandiisibwa era ng'ekwatagana ne NIN
3. Nga mmemba w'ekibiina ky'abalimi ekiwandiise,RP Ooba ACCE
4. Alina okuba ng'alima ekirime ACDP kye Yalonda okulimibwa mu district eyo
5. Alina okuba wakiri ne yiika z'ettaka bbiri z'akozesa okulima ne ku pulogulamu za ACDP
6. Alina okuba omwetegefu okukozesa wakiri yiika emu ku kirime ekyalondebwa ACDP
7. Alina okukkiriza okusonda ensimbi z'ebikozesebwa ng'asasula omutemwa gwa ssente 20,000/=
8. Nga mwetegefu okwetaba mu kutendekebwa omuli ne e-voucher
9. Ng'alina ebyafaayo ebirungi mu kusasula amabanja era ng'ebikozesebwa mu kulima ebyamuweebwa gye buvuddeko yabikozesanga bulungi ddala



*Okuba mmemba eyeenyigiramu obutereevu ow'ekibinja ky'abalimi ekirengera ewala kiyamba okutumbula omutindo gw'amaka n'okwongera ku nnyingiza.*



ESSOMO 2

# OKULONDOBA BA MMEMBA AB'ENKIZO N'EBIROWOOZO BYA BIZINENSI

## 2.1 Okwanja essomo

Mu ssomo lino obukulu bw'okukola ekibiina ky'enkizo eky'abayinza okuba n'obwa nnannyini bugenda kukubaganyizibwako ebirowoozo.Omulimu ogusooka mu kuteekawo ekibiina kwe kufuna ba mmemba abasobola okukola era n'okuba n'obwa nnannyini, muno mulina okubaamu abantu abalina ebirowoozo ebifaanagana n'ebyetaago era n'ekigendererwa ky'okubyanganga. Obuwanguzi bw'ekibinja kyonna businziira ku ngeri bga mmemba abalina okusoosooza okufaanagana bazuulwa era ne bayingizibwa mu kibinja.

## 2.2 Ekigendererwa ky'essomo

Ku nkomerero y'essomo lino abeetabyeemu bajja kusobola okutegeera ba mmemba abatuufu, abalina obwa nnannyini n'ekirowoozo ekisinga obulungi ekya bizinensi ekibinja kye kisobola okukola.

## 2.3 Ebinaaba mu ssomo

i. Okuzuula abantu abatuufu ab'okutandika nabo ekibiina

ii. Okuzuula ekirowoozo kya bizinensi ekituufu

# Olutuula 2.1
# OKULONDOBA BA MMEMBA AB'ENKIZO

## Ebigendererwa by'olutuula

Ng'olutuula luno luwedde,abeetabyemu bajja kusobola:

- Okutegeera ekkubo ettuufu ery'okuzuula ba mmemba eb'enkizo mu bibiina
- Okukubaganya ebirowoozo eby'awamu n'okusoomooza mi bibiina

## Eky'okukola 2.1.1
### Okuzuula abantu abatuufu ab'okutandika nabo ekibiina

**Omulungamya;**

Abuuza ngeri ki omuntu gy'ayinza okuzuula abantu abatuufu okutandika ekibiina.



*Abalimi nga bawandiika ebyetaago byabwe ku mpapula*

**Omulungamya**

- Omulimu ogusooka mu kuteekawo ekibiina ky'abalimi kwe kukola akabinga ak'enkizo ak'abantu abalina obwa nnanyini nga bano balina okuba n'ebirowoozo ebifaanagana era n'ebyetaago era n'ekizibu eky'awamu eky'okukolako.
- Okuteekawo ekibiina ky'abali obulungi ne kivaamu ebibala kisinziira nnyo ku ba mmemba abaatandika ekibiina ekyo.

## Eky'okukola 2.1.2
### Okuzimbira ku bye mufaanaganya ne bye mwawukanya

## Ebisuubirwa okutuukibwako

Olutuula luno we lunaggwera abeetabyemu bajja:

1. Kuzuula obusobozi mu basuubirwa okufuuka ba mmemba okutuukiriza ebigengererwa byabwe.
2. Bayize obukulu bwa ba mmemba okubeera n'okukolera okumpi era awamu
   - Mu lutuula olw'awamu abuuze abeetabyemu okuwa bye bafaananya ne bye baawula mu kibiina. Ba mmemba biki bye bafaananya? Biki bye baawukanya?
   - Omulungamya alambike abeetabyemu mu kuzuula okusoomooza okwa wamu mu kibiina ng'akozesa okulambika kw'omulungamya.

# Eky'okukola 2.1.3

## Manya ba mmemba banno mu kibiina

Ng'ekyokukola kino kiwedde abeetabyeemu bajja kusobola;

1. Kuba nga bategedde bingi ku buli omu ku bo
2. Okumanya nti bye bafaanaganya bisobola okubaleetera obumu mu kibiina



*Abalimi nga bawandiika ebyetaago byabwe ku lupapula*

### Omutendera ogusooka

Mu kifo ekyetoloovu omuli ebigambo "ono ye nze" wandiikamu bino (eddakiika ttaano)

- Erinnya lyo
- ky'okola
- Lwaki oyagala okwuba mu kibiina ky'abalimi
- kiki ky'oyinza okugatta ku kibiina

### Omutendera ogw'okubiri


- Ekiddako Mugabane mu kibiina bye muwandiise.
- Buli muntu mu kibiina aweebwa eddakiika 2 okweyanjula
- Nga buli mmemba yeeyanjula olina okuwandiika obubaka bw'awadde mu kifo awawandiikiddwa "mmemba"

### Omutendera ogw'okusatu

Okusinziira ku binaaba bigabaniddwa mu buli kibinja,mu keetoloovu akanene,kola olukalala lwa buli kimu ba mmemba bonna bye bafaananganya

### Omutendera ogw'okuna

Musome mu mwanguka bye mufaanaganya ne bye mutafaanaganya bye muzudde era mugabane eby'okuddamu ku bibuuzo mu buli kibiina









*Okuzuula ba mmemba eb'enkizo*

## Omulungamya yekkaanye

Okuteekawo ekibiina ,walina okubaawo ba mmemba ab'enkizo abatanika ekibiina nga balina okuba na bino:

- Ebirowoozo n'ebyetaago ebifaanagana
- Ekizibu eky'awamu kye mulina okukolako.

## Eky'okukola 2.1.4

### Okutegeka ebibiina

- Singa wabaawo ba mmemba abalina enjawukana ezitayinza kulongoosebwa
- Omulungamya abawe amagezi okugend mu bibiina ebirala oba okugabanya ekibiina mu bubiina obutonotono nga bulimu ba mmemba abalina ebirowoozo ebifaanagana.
- Singa ekibiina kiba n'ebirowoozo bye bimu naye nga kyetaaga okulongoosaamu olw'okuba ne ba mmemba abasukka mu asatu,okugabanyizibwa kulina okulambikibwa amabanga,obuwangwa oba entu ebirala ebifaanagana.

## Eky'okukola 2.2

### Obukugu n'ebisaanyizo ebyetaagibwa ku mutendera gw'okuteekawo ekibiina

## Ebigendererwa

Kino we kinaggweera, abeetabyeemu bajja kusobola:

1. Okulaga ebigobererwa mu kuteekawo ekibiina
2. Okunnyonnyola obusobozi obukugu n'ebiyinza okubatuusa ku buwanguzi
3. Okutegeera ensengeka y'ekibiina

## 2.2.1 Ekibiina bye kitwala nga bikulu

Omulungamya atandika ng'annyonyola kino kye kitegeeza.Ebitwalibwa nga bikulu bye byo ebirambika era ebikkirizibwa ebiyamba ekibiina okukolera awamu ng'ekitole era ng aba mmemba bakolerera ekiruubirirwa kya bizinensi eky'awamu.

Ebikulu bino bulijjo bikwatagana ku bizinensi.

**Omulungamya abuuza abeetabyemu;**

- Oba balina ebintu eby'enkizo mu kibiina nga bikulu.
- Bino bwe bibaawo bye biruwa.

## Omulungamya yekkaanye


Ba mmemba ab'enkizo basuubirwa okwetaba mu kuteekawo ekibiina nga bayita mu makubo gano;
Okukakasa nti emitendera egiyitibwamu gituukiriza ebitwalibwa nga bikulu mu kibiina.Bino bizingiramu; okuba ng aba mmemba binna benkana,okweyambayamba,obuvunaanyizibwa,okubeera obumu,enuga ey'amateeka.Bino byonna binnyonnyolwa mu bujjuvvu.

**Ebirala ebigobererwa**


Ba mmemba bonna balina;

a. Okusonda ensimbi z'ekibiina nga basasula emigabo gy'obwa mmemba
b. Basuuburwa okuwaayo obudde ku lw'emirimu gy'ekibiina.
c. Beetabe mu kutegeka ebirowoozo bya bizinensi,okulaga ng'ekibiina bwe kiddukanyizibwa n'ebiwandiiko ebirala era n'ebyetaago.

# Okugoberera ebintu ekibiina bye kitwala okuba nga bikulu wammanga



**OBWENKANYA:** Ekibiina kiwa omukisa abanyigirizibwa n'abalina obulemu okwenyigira obulungi mu bikolebwa era n'okuyisibwa obulungi okusinziira ku byetaago byabwe oksobola okuteekawo obwenkanya





**OKWEYAMBAYAMBA:** Ekibiina kiteekawo akadaala ba mmemba mwe bayita okulongoosa obulamu bwabwe n'ebitundu byabwe nga bayita mu kokola emirimu gyabwe n'amaanyi. .



**OBUVUNAANYIZIBWA:** Bammemba bonna bavunaanyizibwa ku kibiina kyabwe.N'olwekyo buli mmemba avunaanyizibwa ku by'akola wamu n'obuvunaanyizibwa bwe.



**OBUMU:** Ba mmemba bayambagana era ne bayamba abali mu bibiina ebirala.



**OMWENKANONKANO:** Buli mmemba wa ddembe okulonda awatali kusinziira ku by'agatta ku kibiina. Ba mmemba benkanankana mu ddembe lyabye n'emiganyulo.



**OBUKULEMBEZE OBULONDE:** Ekibiina kikulemberwa, era ne kiddukanyizibwa ba mmemba bennyini. Buli ddoboozi oba ekirowoozo kiweebwa ekitiibwa era ne kiwulirwa.

## Eky'okukola 2.3

### Okuzuula obukugu n'obusobozi

## Ebigendererwa

Eky'okukola kino we kinaggweera abeetabyeemu bajja kusobola;

1. AOkwetegereza obukugu bwabwe n'obusobozi
2. Okuzuulo ba mmemba abasobola okuweereza ng'abakulembeze mu bibiina byabwe

### Omulungamya ayanjula bwati wammanga;

Kikulu nnyo ekibiina eky'enkizo akumanya mu butuufu bye basobola n'obukugu okukola ku buvunaanyizibwa obwo waggulu, kino okuviira ddala ku ntandikwa basobola okunoonya obuwagizi okuva ebweru wakyo oba okuyingiza ba mmembaabayinza okuwaayo ebikozesebwa n'obukugu bob we baba tebalina. Ebibuuzo mu kyeso wammanga biyinza okuyamba ekibiina okulaba obusobozi bwa ba mmemba era n'okuzuula obunafu bwabwe. Kikulu nnyo ba mmemba mu kibiina okuba abeerufu okulaba nga bulio omu atuukiriza ebyetaago n'ebisaanyizo era bwe baba tebabirina nga

basobola okufuna obukugu obwetaagisa.

Ekikolebwa kino; bino wammanga bisuubirwa okugobererwa;

**Omutendera ogusooka:**

Soma ebibuuzo bino n'obwegendereza era ggwe wennyini olage ky'oddamu ku buli kimu

| Obukugu/Omutindo/Amagezi | Yee | Nedda |
|---|---|---|
| 1. Weewaddeyo okukola ng'ogoberera amateeka agakkirizibwa n'obukulembeze ku lw'obulungi bw'ekibiina so si ku kuganyulwa kwo ng'omuntu ssekinnoomu? | | |
| 2. Oli mwetegefu okugabana ebizibu n'emiganyolo ne ba mmemba abalala? | | |
| 3. Ebigobererwa mu kibiina obitegeera bulungi? | | |
| 4. Oli mwetegefu okugondera ebyo ekibiina bye kyagala? | | |
| 5. Oli mwetegefu okuwaayo obumu ku budde bwo ku mirimu gy'ekibiina? | | |
| 6. Oli mwetegefu okusonda ebikozesebwa okuyamba okuvujjirira okutandikawo ekibiina? | | |
| 7. Olina obukugu mu by'empuliziganya obuyinza okutwala ekibiina mu maaso? | | |
| 8. Olina obukugu okusalawo obulungi? | | |
| 9. Olina obusobozi okutetenkanya n'okunoonya ebikozesebwa? | | |
| 10. Oli mwetegefu okukola n'abalala okutuuka ku kigendererwa ekya wamu? | | |
| 11. Olina obumalirivu okugezaako ebintu ebipya? | | |
| 12. Olina obumanyirivu mu kuddukanya ebibiina by'obusuubuzi? | | |
| 13. Olina obukugu n'obumanyirivu mu nkwata y'ensimbi? | | |

**Omutendera ogw'okubiri:**

Mugabane mu kibiina ebibuuzo bye muzzeemu nti "nedda".

**Omutendera ogw'okusatu:**

Ng'ekibiina, muzuule ebibuuzo ebisinze okufuna eby'okuddamu nti "nedda" era mukubaganye ebirowoozo ku ngeri ki gye biyinza okusalirwamu amagezi. (Eddakiika 10)

**Omukungaanya yekkaanye**

- Ekyo kye tumaze okukola,kijja kulambika ba mmemba b'ekibiina ku ngeri gye bayinza okuganyulwa okuva mu buli omu singa baba beetaaga obuyambi mu ngeri eyeenjawulo.
- Ba mmemba b'ebibiina bajja kulambikibwa ku abo abayinza okulondebwa ng'abakulembeze.
- Kino era nakyo kijja kukola ng'okulaba obwetaavu bw'obukugu

# Olutuula 2.2
# OKUNNYONNYOLA EKIROWOOZO KYA BIZINENSI

Kikulu nnyo okwekkaanya ba mmemba bonna abalina obwa nnannyini abayinza okukkiriza n'obwetaavu bw'okuteekawo ekibiina.

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggweera abeetabyeemu bajja;

- Basiime obukulu bw'okuba n'ekigendererwa ekimu mu kibiina
- Okunnyonnyola engeri ekibiina gye kiyinza okufuna ekirowoozo kya bizinensi
- Bayite mu mitendera emituufu okuzuula eky'etaago ekya wamu mu kibiina

### Ekyokukola 2.2.1


**Okuzuula ekigendererwa ekya'wamu**



**Obudde ;Eddakiika 120**

**Omulungamya,**

- Abuuze abeetabyemu kiki kye bategeera mu kigambo ekirowoozo kya bizinensi mu kibiina.
- Akkirize abantu okukubaganya ebirowoozo nga bali babiri babiri.




*Ekirowoozo kya buzinensi kiva ku kuba n'ekyetaago eky'awamu*

## Eky'okulabirako 1 eky'okukozesa okuzuula eky'etaago eky'awamu mu kibiina

Tunuulira ebifaananyi bino wammanga .Wandiika ebigambo wansi wa buli kimu okunnyonnyola ekizibu.

### Okuzuula ekizibu eky'okulabirako ekisooka




*Omulungamya ajja kubuuza abeetabyeemu bonna okuzuulawo ekizibu eky'awamu*

# EBIZIBU

## Eky'okukola 2.2.2

### Okusoosowaza ebizibu

### EBIGOBERERWA

1. Omulungamya abuuza abeetabyeemu okusoosowaza ebizibu byabwe/ ebyetaago by'ekibiina
2. Buli mmemba aweebwa omukisa okusoma ebizibu bye.
3. Nga buli mmemba ayogera, wandiika ebizibu ebikulu mu bubookisi.
4. Wandiika ebizibu ebyo mu katundu akasooka.
5. Ebizibu ebifaanagana biwandiikibwe omulundi gumu .
6. Sengeka era olage ebisinga obuzibu.
7. Mu kifo awali "okusengeka kwange" laga ebizibu ng'otandikira ku kisinga okukunyiga.
8. Ku kisinga okukunyiga wandiikako 1 ,ku kiddako waniikako 2 ogende ng'okola bwotyo okutuuka ku 5, ekitali kizibu nnyo.
9. Ng aba mmemba bonna balaze ensengeka yaabwe,gatta bye balaze ku buli kizibu olage omugatte mu kifo awali "omugatte".
10. Oluvannyuma,mu kifo awali "amakkati" gabanya omuwendu gwa ba mmemba okufuna amakkati. Kozesa ekyokulabirako ku muko oguddako.
11. Zuula ekizibu ekisinze obubonero obutono.
12. Kino kye kizibu ekisinga eri ekibiina kyammwe. Mukubaganye ebirowoozo mu kibiina kyammwe okulaba oba mukkaanya n'ekivuddemu.

**Ekyokulabirako:**

Ekibiina ky'abalimi ba muwogo –ebizibu by'abalimi 5

| EBIZIBU BYANGE EBISINGA | OMULIMI 2 | OMULIMI 3 | OMULIMI 4 | OMULIMI 5 |
|---|---|---|---|---|
| • Ebiwuka n'endwadde<br>• Omutindo gwa Muwogo gukka | • Entambuza y'e Birime eri waggulu<br>• Ebiwuka n'endwadde | • Tewali ntandikwa<br>• Omutindo gwa Muwogo gukka | • Ebikozesebwa biri wagggulu<br>• Ebiwuka n'endwadde | • Tewali ntandikwa<br>• Entambuza y'e Birime eri waggulu |

1 + 3 + 1 + 4 + 3 = 12

12 divided by 5 = 2.40

| Problem | Ranking | | | | | Sum | Average |
|---|---|---|---|---|---|---|---|
| | ME | FARMER 2 | FARMER 3 | FARMER 4 | FARMER 5 | | |
| High incidence of pests and diseases | 2 | 1 | 5 | 1 | 5 | 14 | 2.80 |
| Deterioration of quality of cassava | 1 | 3 | 1 | 4 | 3 | 12 | 2.40 |
| High cost of transportation from farm to market | 3 | 2 | 4 | 3 | 1 | 13 | 2.60 |
| Lack of capital to expand farm | 4 | 4 | 2 | 5 | 2 | 17 | 3.40 |
| High cost of inputs | 5 | 5 | 3 | 2 | 4 | 19 | 3.80 |

Priority Problem: Low quality of cassava

## Omulngamya yekkaanye

- Eno ngeri nnyangu okusengeka ebizibu.
- Naye bulijjo buuza ba mmemba abasing okukkaanya n'ebivuddemu.

## Ekyokukola 2.2.3

### Okuzuula kalunsambulira n'ebivaamu



**Obudde: Eddakiika 25**

**Omulungamya abuuza abeetabyeemu kiki kye bategeera bu bibiri ebyo;**

- Omulungamya abuuza abeetabyeemu kiki kye bategeera bu bibiri ebyo
- Akkiriza abeetabyeemu okuwa endowooza zaabwe, era abikwatage ng'akozesa okunnyonnyola kuno wammanga:

## Omulungamya yekkaanye

| | |
|---|---|
| Ekivaamu eky'amangu | Ekizibu kivaamu ki? |
| ↑ | |
| Ekizibu ekisoosowazibwa | Ekizibu kireetebwa ki? |
| ↑ | |
| Ebikireeta amangu | Biki ebireeta ekizibu kino? |
| ↑ | |
| Ebizibu ebirala | Bizibu ki ebirala ebivaako kino? |
| ↑ | |
| Kalunsambulira | |

# Okwekenneenya ebireeta ebizibu nga tukozesa ekifaananyi ky'omuti

Omulungamy ng'ali n'abeetabyeemu beekenneenya kalunsambulira w'okukka kw'omutindo gwa muwogo nga bwe kyazuuliddwa waggulu.Atandika bw'ati;

Okumanyira enkola y'okuzuula kalunsambulira n'ebivaamu ,ka tuddeyo emabega we twalabidde abalimi nga bazuula nti ekizibu kye basing okuba nakyo gwe mutondo gwa muwogo ogugwa nga bamaze okukungula.Nga kino kibawaliriza okutunda mowogo wabwe amangu emiwendo ne bwe giba wansi.

Ebiseera ebisinga,bafuna wakati w'ebitundu 70 ne 80 ku buli kikumi eby'emiwendo egibaawo okusinziira ku baguzi, muwogo ono aba ajjudde ettaka n'obukyafu.

**Ekyokulabirako:**
Okwetegereza ebivaako n'ebiva mu mutindo omubi ogwa muwogo

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| EKIVAAMU EKYA MANGU | Ennyingiza entono | | | |
| | Emiwendo giri wansi | Gikendeera | Tetusobola kutunda mu bamukuba | |
| EKIZIBU EKISOOSOWAZIBWA | Omutindo ogwa wansi/muwogo ayonooneka mangu | | | |
| EBIREETA EKIZIBU AMANGU | Obutamanya nkwata nnungi | Enkuba n'ebiwuka bikosa muwogo akunguddwa | Muwogo tayozebwa bulungi | |
| EBIRALA EBIZIBU | Okutendekebwa Tekumala | Tewali bifo wa kutereka | Tewali bikozesebwa | Amazzi gali wala |
| Kalunsambulira | Abawi b'amagezi Batono N'embalirira ya | Tebasobola kuteekamu ng aba ssekinoomu kubanga bakungula muwogo mutono | | |

## Omulungamya yekkaanye

- Abalimi baleeta muwogo mutono kubanga tebamanyi nkwata nnungi ey'ebikungulwa anti tebafunanga kutendekebwa.
- Tebasobola kwetaba mu kutendekebwa kubanga abalimisa ba gavumenti babalaba bbalirirwe ate batono n'embalirira ya gavumenti ntono.
- Era okwonooneka kuleetebwa enkuba n'ebiwuka anti tebalina bifo bituufu we batereka muwogo.
- Abalimi era tebasobola kulongoosa muwogo waabwe bulungi kubana tebalina bikozesebwa era n'amazzi gali wala.
- Okutwaliz awamu muwogo alimibwa ku bunene bwa hectare 0.25. Ng'ojjeeko ekyo tebalina busobozi kuteekamu nsimbi ,tekikola makulu okuteeka ensimbi mu kufuna amazzi n'ebikozesebwa ebirala nga ssekinnoomu kubanga bakungula kitono.

## Eky'okukola ky'ekibiina A nga bakozesa omuti gw'ebizibu

### Ebikozesebwa

- Ebipande
- Empapula zi Manila
- Makansi
- Ggaamu asiba

Omulungamya asaba abeetabyeemu okukolera mu bibinja era abawa ebiragiro bino;

### Ebiragiro by'abawa mu kukola kino

Kati ka twekenneenye kalunsambulira w'ekizibu ekisinga kye kuzudde mu ky'okukola 2A . Mujja kukola buli kimu ku biragiddwa ng'ekibiina. Kikulu buli mukyala oba mwami okwetabamu obutereevu ng'addamu ebibuuzo era okukkaanya kubeewo ku buli kivaavo ate n'ekivaamu.

| Olupapula olukzesebwa 2B | |
|---|---|
| **Ekisooka**<br>Wandiika ekizibu ekisinga kye muzudde mu kyokukola 2A(eddakiika 5) | |
| **Ekyokubiri**<br>Zuula ebireeta ekizibu ky'owandiise(eddakiika 5) | |
| **Ekyokusatu**<br>Biki ebivaako ekizibu ekyo waggulu( eddakiika 5) | |
| **Ekyokuna**<br>Bizibu ki ebiva mu kyokusatu waggulu( eddakiika 5) | |
| **Ekyokutaano**<br>Ekizibu kino kirimu birungi oba bibi ki( eddakiika 5) | |

Bwoba wetaaga ebbanga eddala okwekenneenya, kozesa omuko oguddako ogulekeddwawo mubugenderevu.

## Eky'okukola 2.2.4

### Okunnyonnyola ekirowoozo kya bizinensi

## Ebigendererwa:

Kino we kinaggweera abeetabyemu bajja kusobola:

1. Okutegeera engeri y'okutuuka ku kirowoozo kya bizinensi.
2. Okukubaganya ebirowoozo ku ngeri y'okufuna ekirowozo kya bizinensi
3. Okunnyonnyola engeri ekirowoozo kino gye kiyinza okukozesebwa okwanganga kalunsambulira so si ebyo ebitono byokka.



Obudde: Eddakiika 40

### Omulungamya ayanjula olutuula bw'ati

Ekirowoozo kya bizinensi kiva mu kuddibwamu okuva bu bigabanibwa ku bizibu oba emikisa.Okulongoosa embeera ekibiina kiteekawo omusinji gw'okukola polojekiti. Okugeza, ekibiina ky'ababumbi mu kitundu webalima enva endiirwa,bayinza okwetaaga okussaawo ekibiina kikungaanye ebikozesebwa okugula bu tule kikendeeze ku kutwalira enva mu bisero. N'okufuna entegeka y'ebiseera by'omu maaso ennungi ,wamu n'okuteekawo okwewol eri ba mmemba mu kifo ky'okwesigama ku balala. Nga bwekisoboka, ekirowoozo kya bizinesnikirina okutunuulira kalunsambulira so si ebyo ebyamangu. Bw'oba n'olukalala olutegeke obulungi,okugeza empeke eziweweeza obulumi ziyinza okugyawo obulumi naye era wetaaga obujjanjabi okuwonya amagumba obulungi.


### Omulungamya

Abuuze abeetabyeemu engeri abalimi ba muwogo gye baakwatamu ebizibu byabwe era abawe omukisa okuwa endowooza zaabwe.

### Omulungamya akozese bino wammanga okulambika n'okukwataganya ebirowoozo

- Okukulaga engeri y'okunnyonnyola ekirowooza kya bizinensi,ka tulabe engeri abalimi ba muwogo gye bafuba okulongoosa omutindo gwa muwogo.
- Omulungamya ajjukiza abeetabyemu ku kalunsambulira w'ekizibu kino.


## Kalunsambulira



Sisobola kukola sitoowa ya muwogo wadde okufuna amazzi.ra sijja kufuna mu muwogo gwe nnalima kubanga nnina akabanja katono




Sirina kifo kituufu wa kutereka muwogo wange nga nkungudde. Era simanyi ngeri ya kumukuuma bbanga ddene. Abalimisatebatera kujja eno waffe



Ndi musanyufu nti nnafuna amakungula amalungi. Naye sisobola kulongoosa muwogo wangekubanga kyetaagisa eddakiika ezisoba mu asatu okutwala muwogo ku mugga ogusinga okuba okumpi

## Ebigambo by'omulungamya ku ky'okukolera bizinensi

Ekyokukolera kalunsambulira w'ekizibu





Banna kibiina baasalawo okuteekawo ekifo we batereka muwogo nga bamaze okukungula nga kino kiddukanyizibwa balimi ba muwogo bennyini mu kitundu. Bakkiriza okusonda bafune amazzi agakozesebwa mu kifo kyabwe ne mu maka gabwe.Era bakkiriza okusala muwogo bamutunde mu Kkampuni z'emmere.Era baateesa okusaba obuyambi okuva mu kitongole ky'obulimi ekivunaanyizibwa ku kubukulaakulanya wamu ne mu gavumenti y'ekitundu era n'okutuukirira bbanka n'ebitongole ebiwozi by'ensimbi okwongereza kui bye balina.

**Ebintu n'obuweereza eby'ekibiina ebisuubirwa mulimu:**


- Ekifo awaterekebwa muwogo n'okumwoza
- Amazzi mu maka
- Okusala muwogo atundibwe mu makampuni
- Okutundira awamu ebikungulwa



- Ekifo awaterekebwa muwogo n'okumwoza
- Amazzi mu maka



- Okusala muwogo atundibwe mu makampuni
- Okutundira awamu ebikungulwa




Ba mmemba nga batendekebwa ku miganyulo n'okwetegekera bwe balibaawo mu maaso eyo.


## Ebisuubirwa okuvaamu era n'okuganyula ba mmemba




Okufuna obutale obunene ate obulungi.



Ebisuulibwa nga bitono; emiwendo egya waggulu egy'ebikingulwa




- Okwongera ku nnyingiza
- Okufuna amazzi
- Okwetegekera eby'omumaaso

## Omulungamya yekkaanye

Ebibiina birina okugenderera okumalawo ebireeta so si ebiva mu bizibu.Eby'okukola ebiteeseddwa (Okusaka ebintu ebikozesebwa oluvannyuma lw'okukungula,ekibiina okusonda bafune amazzi), olw'ebireeta ebizibu birina engeri gye biyamba okumalawo ekizibu ky'omutindo omubi n'okwonooneka amangu okwa muwogo ekireetera muwogo okuba omuzibu okutundibwa .kino mu buli ngeri kijja kutumbula ennyingiza mu maka eri ba mmemba b'ebibiina.

**Mu bufunze ekirowoozo kya bizinensi wano;**

- Okufuna ekifo awaterekebwa muwogo oluvannyuma lw'okukungula nga kiriko ke we ba mwoleza
- Amazzi mu maka
- Okusala muwogo atundibwe mu makampuni
- Akatale aka wamu

***Muyogeeyoge kubanga mukoze ekibiina ky'abali ba muwogo! Bano balabye ekirowoozo kya bizinensi yaabwe bwe bati wammnga:***

---

## Omulimu gw'ekibiina okukolera awamu okuzuula ekirowoozo kya bizinensi

Nga tebannagenda ku ssomo lya kusatu, balina okukozesa ebizibu bye bazudde ebyawandiikibwa ku Manila okuzimba omuti gw'ebizibu ogw'ekibiina nga basiba manila ezo ku kisenge. Oba ba mmemba bayinza okusalawo okutandika obuto bafune ebizibu , bagoberere amakubo nga bwe galagiddwa wammanga. Ba mmemba bonna bakubirizibwe okwetabamu.

### Ebiragiro by'omulungamya

Okuva ku ky'okulabirako,mulabye engeri abalimi ba muwogo gye baakyusa ebizibu byabwe ebyawamu ne babifuula omukisa gw'okukola bizinensi nga buli mmemba asobola okuganyulwa.Kati ka tunnyonnyole ekiva mu kizibu kye muzudde mu ngeri ya bizinensi. Goberera amakubo gano wammanga.

## AMAKUBO

**Erisooka:**

Wandiika bi kalunsambulira nga bisatu eby'ebizibu byo (eddakiika 10)

**Eryokubiri:**

Mukubaganye ebirowoozo ku ngeri y'okwanganga ebizibu ebyo okusobola okuteekawo ekibiina kya bizinensi. Wandiika mu kabokisi ebirowoozo bye mukkaanyizaako mwenna. (eddakiika 10)

**Eryokusatu:**

- Ekibiina kye mwagala okukola kigenda kusinga kutunuulira biki?
- Mufube okulaba nti ebitunuulirwa binogera eddagala kalunsambulira w'ebizibu byammwe. (eddakiika 10)

**Eryokuna:**

Biki ebisuubirwa okuva mu kuno oba emiganyulo oba emikisa?

## Practical example 2 of identifying a common need in a group

### a. Defining the business idea

Okutumbula embeera y'ekibiina olw'okufuna ekirowoozo kya bizinensi polojekiti. Omulungamya ajja kubuuza abeetabyemu okusoma ebiwandiiko by'abalimi wammanga bazuule ekirowoozo kya bizinensi ekya wamu.

**OMULIMI 2**
Sirina katale.
Amakungula agawedde gaali mabi.
Ebijanjaalo birina obuntu obumyufu.
Tebyabala

**OMULIMI 3**
Tewali katale
ka bijanjaalo.
Byetabuddetabudde

**OMULIMI 4**
Abaguzi bange badduka.
Amakungula gange gaali matono.

**Abalimi b'ebijanjaalo byanyumya ebizibu byabwe ebyava mu lukungula**

- Omulungamya ajja kubuuza abeetabyeemu okuzuula ekizibu ekitera okuteganya abantu.


- Akkiriza ebirowoozo okuva mu beetabyemu n'abikwataganya ng'akozesa okulambika kw'omulungamya bino wansi.

## Omulungamya yekkaanye

Ebizibu abalimi bye balina birina ebibireeta ebyenkukunala. Ekizibu ekisinga okusinziira ku balimi bye bagamba ge makungula amabi ag'ebijanjaalo wadde nga kiragiddwa ng'ekizibu ky'akatale. Abalimi bye balaga bye bivaamu.

### b. Okwekenneenya ebizibu n'biva mu makangula amabi ag'ebijanjaalo


Ensonga y'amakungula amabi erina ebigireeta eby'enkukunala. Omulungamya ng'ali n'abeetabyemu beekenneenya ebizibu ebireeta amakungula g'ebijanjaalo amabi.




## Omulungamya yekkaanye

- Abalimi bakozesa ennima embi kubanga tebalina kumanya kumala ku nnima ennungi.
- Tebasobola kwetaba mu kutendekebwa kubanga gavumenti tetera kubaweereza balimisa olw'ensimbi entono.
- Abalimi basimba ensigo embi kubanga tebalina nsigo nnungi wamu n'abatunda ebikozesebwa abafere abatunda ebintu ebitali ku mutindo.
- Ennimiro z'ebijanjaalo zirumbibwa ebiwuka n'endwadde kubanga tebamanyi kutangira ndwadde na biwuka.
- Abalimi tebasimba mu budde kubanga tebamanyi kuteebereza nkyukakyuka ya budde.
- Ebyo byonna waggulu biviirako amakungula amabi.

### Okwekenneenya ebiva mu kulinnyisa amakungula g'ebijanjaalo



## Omulungamya yekkaanye

Kikulu okumanya nti eky'okukola ekirondeddwa okuva mu bisinga okuleeta ebizibu naye si mu bivaamu. Mu kyokulabirako ekyo mu nkola y'obulimi ennungi ey'ebyenfuna n'okubikwanaganya n'ebifo awali ensigo, kijja kutumbula amakungula g'ebijanjaalo. Kino kijja kutumbula omuwendo oguteekebwa ku katale, n'emmere era kitutuuse ku kigendererwa ky'okulongoosa eby'enfuna mu maka era kirongoose embeera z'amaka gaffe.

## Muyogeeyoge!
## Ekirowoozo kya bizinensi kyaffe kye ky'okutumbula amakungula n'obungi bw'ebijanjaalo.



ESSOMO 3

# OKUNOONYEREZA OBA EKIROWOOZO KYA BIZINENSI KISOBOKA

## Ebiri mu ssomo

Mu ssomo lino,ekirowoozo kya bizinensi kijja kunnyonnyolwa. Mu ntuula omukaaga eziri mu ssomo abeetabyeemu bajja kuyiga engeri y'okwetegereza ekirowoozo kya bizinensi. Ekirowoozo okuba nga kisoboka kitegeeza okuddamu ekibuuzo: Onoosobola okufulumya ekintu oba obuweereza eri abantu ababyetaaga era nga balina obusubuzi okubigula obulungi? Okunoonyerezanga kuno kuzingiramu okukungaanya n'okwekenneenya obubaka okuzuula oba ekirowoozo kya bizinensi kirungi oba nedda. Okunoonyereza kujja kuyamba abeetabyeemu okumanya oba ekirowoozo kya bizinensi ekifuniddwa kiyinza okuteekebwa mu nkola nga basinziira ku bikozesebwa ba mmemba b'ekibiina bye basobola okufuna era oba bye bayinza okufulumya bisobola okuvuganya ku katale ke baluubirira okuweereza.Era kijja kuyamba ekibiina okwongera okulaba oba ekirowoozo kya bizinensi kye balina kisobola okunogera eddagala ebizibu abasuubirwa okuba ba mmemba bye basanga.

## Ekigendererwa ky'essomo

Essomo lino we linaggwera ,abeetabyeemu baja kusobola:

| Essomo | Omutwe | Obudde |
|---|---|---|
| 3.1 | Okunoonyereza kwaba mmemba kukirowoozo kya bizinensi | eddakiika 45 |
| 3.2 | Okunoonyereza ku katale | eddakiika 245 |
| 3.3 | Okuzuula obukugu mu kirowoozo kyo ekya bizinensi | eddakiika 145 |
| 3.4 | Okuzuula obusobozi mu byenfuna | eddakiika 155 |
| 3.5 | Wanditandise bizinensi? | eddakiika 35 |
| 3.6 | Okwetegekera okuteeka mu nkola | eddakiika 45 |

**Select and implement a profitable business**

# Olutuula 3.1
# OKUNOONYEREZA KWA MMEMBA ABANEETABA MU KUFULUMYA MU BUNGI

**Obudde: eddakiika 45**

## Ebigendererwa

AKu nkomerero y'olutuula luna abeetabyeemu bajja kusobola:

- Okumanya ba mmemba bameka abasobola okusonda ne bakungula ebintu mu bungi mu kibiina kyabwe.
- Okumanya bungi ki obuyinza okukungulwa ba mmemba bye bajja okuleeta.
- Okuteebereza omuwendo gwa ba mmemba n'ensimbi ze beetegese okusiga mu kibiina.

## Ekyokukola 3.1.1

### Engeri y'okuteebereza obungi bw'ebirime ba mmemba b'ekibiina bye bayinza okuweeza

**Obudde: eddakiika 10**

Omulungamya ajja kubuuza ba mmemba ekibuuzo kino;

**? Ekibiina kinaasobola kitya okuteebereza obungi bw'ebikungulwa okuva mu ba mmemba eb'enjawulo?**

### Omulungamya yekkaanye

Okumanya ebisingawo ku ba mmemba abasuubirwa, wetaaga okwogera nabo. Kino oyinza okukikola ng'oteekawo obukiiko obutono nabo. Mu bukiiko buno buli yeetabyeemu ajaa kuweebwa foomu agijjuze, ng'alaga:

1. Erinnya
2. Ebirime by'alima n'obunene bw'ettaka kw'abirimira
3. Bungi ki ku by'akungula bwe yeetegese okutunda mu kibiina

## Ekyokukola 3.1.2

### Omuwendo gwa ba mmemba abasuuburwa okwegatta ku kibiina

**Obudde: eddakiika 10**

Mu lituula omulungamya ajja kutandika ng'abuuza ebibuuzo bino;
Ba mmemba bajja kuwaayo okuddamu kwabwe nga biwandiikibwa ku bipande.




*Engeri y'okuteebereza ebinaakungulwa*

## Ebibuuzo

1. Ekibiina kyo kirina ba mmemba bameka?
2. Ba mmemba bameka abalima ekirime ekyalondeddwa mu kibiina?
3. Ba mmemba bameka abagenda okufulumya ekirime nga batunda mu kibiina?

## Omulungamya yekkaanye

- Ekibiina kirina okufuna obukakafu nti kirina ba mmemba abamala abaneetaba mu mirimu gya kyo.
- Ekigendererwa ky'okwogera n'abasuubirwa okuba ba mmemba kwe kulaba oba baagala ekirowoozo kya bizinensi ekyo.

# Ekyokukola 3.1.3

## Okumanya omuwendo ogusuubirwa okusigibwa ba mmemba okuwagira ekirowoozo kya bizinensi

**Obudde: eddakiika 10**

Omulungamya ajja kuwa ba mmemba omukisa okukubaganya ebirowoozo nga bye baddamu biwandiikibwa.




*Omugatte gwomuwendo ekibiina kye gusuubira*

## Ebibuuzo

1. Muwandiika ebikozesebwa ebyetaagibwa olw'ekirowoozo kya bizinensi.
2. Mulage omuwendo gwa bbuli kyetaagisa okukozesa ku bizinensi.
3. Muzuule omuwendo buli mmemba gwe yeetegese okusonda.

Ng'okukubaganya ebirowoozo kuwedde,ebibiina bijja kwanjula era birage bye batuuseeko, ng'omulungamya abiwandiika ng'agoberera bino:

## Omulungamga yekkaanye

- Ekibiina kiteekwa okuzuula byonna ebyetaagisa ku bizinensi,obundi obwetaagisa na biki buli mmemba bye yeetegese okusunda.
- Ekibiina kiteekwa okuba n'okwewayo okumala mu by'ensimbi okuva mu basuubira okuba b mmemba okutandikirako.
- Okusiga kw aba mmemba kuyinza okuba mu nsimbi oba mu bintu ebikalu (naye ng'omuwendo gwa byo gwenkana n'ekyakkirizibwa mu kusonda).

## Ekyokulabirako:

Omuwendo gwa buli mmemba nga gukubisiddwamu omugatte gwa ba mmemba:10000/=x50 (ba mmemba)= 500,000/= (entandikwa).

## Ekyokukola 3.1.4

### Okumanya omuwendo oguteeberezebwa okuva mu ba mmemba okukozesa mu bizinensi?



**Obudde: eddakiika 20**

## Omulungamya

Omulungamya atandika nya yeekenneenya obungi bw'omuwendo ba mmemba gwe bayinza okuleeta era abuuza ebibuuzo bino wammanga nti:;

1. Okina ettaka lyenkana ki kwolimira ebyo ekibiina bye kikkaanyizzaako?
2. Buli mulundi okungula kyenkana ki?
3. Bulu mmemba asuubirwa kutunda kyenkana ki mu kibiina?
4. Omugatte ogusuubirwa okutundibwa ba mmemba bonna gwenkana ki?




*Okumanya ba mmemba bye basuubira okutunda mu kibiina.*

Mu kukubaganya ebirowoozo, omulungamya alambike ekibiina ng'akozesa ekyokulabirako kino wammanga:.

**The Answers are discussed and total estimated volumes calculated from the group using the table below:**

| Okulaga | Obungi | Kye kitegeeza |
|---|---|---|
| A Omuwendo gw'abalimi mu kibiina | 20 | |
| B Obunene bw'ettaka buli omu ly'akozesa | 1 | |
| C Amakungula mu buli yiika | 1200 | |
| D Omugatte gw'amakungula | A x b x c= 24,000 kgs | |
| Ebitegekebwa okutunda byonna awamu | 80 ku buli kikumi | Tusuubira waliwo Emmere y'awaka |

## Omulungamya yekkaanye

- Ekibiina kirina okuba n'obukakafu obumala obwobusobozi okukolaera awamu mu bizinensi. Ng aba mmemba bamanyi bizinensi esuubirwa n'obunene bwayo era oba ba mmemba ab'enkizo banaasobola okutegeka ebyetaagisa .
- Ku bibiina by'obutale n'abakungula,kino kitegeeza obungi bw'ebikungulwa ba mmemba bye bajja okuleeta mu kibiina okugattibwako omutindo oba okutundirwa awamu. Kikulu okujjukira nti emirundi egisinga abalimi bayinza okuba ne bye baalaba ebyayita( okugez omulimi ng'alina ebbanja ew'omusuubuzi era nga kimukakatako okuwaayo ekitundu ku by'akungudde mu ngeri y'okusasula) nab we kityo nga tayinza kuleeta byonna by'akungudde mu kibiina.Ebitandise okukolebwa obulungi era biraga nti okukkiriz abalimi okutunda ekitundu ku bye bakungudde mu baguzi abalala awatali mu kibiina kijja kukendeeza okutundunda okw'ebbali (okugeza ebitundu 60% mu kibiina; 40% mu baguzi be baagala).
- Mu bibiina ebiwola,omuwendo ogusuubirwa okuteekebwa mu bizinensi gujja kuba ogwo ba mmemba gwe batera okutereka ng'ekibiina.
- Ba mmemba balina okumanya ebiva mu kutunda ebbali ( na lwaki bateekwa okutuukiriza obweyamo bwabwe).

# Olutuula 3.2
# OKWEKENNEENYA EBIFA MU KATALE



**Obudde: eddakiika 245**

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuulaluno we lunaggweera ,abeetabyeemu bajja kusobola:

1. Okuzuula abasuubirwa okuba abaguzi
2. Okusalawo obungi bw'ebintu ebirina okukungulwa.
3. Okukubaganya ebirowoozo ku mutindo ogwetaagibwa.
4. Okuzuula emiwendo gy'ebirime – kati ne mu biseera ebiyise.

## Okutunuulira ebiri mu lutuula

Mu lutuula luno abaguzi ab'enkizo abe'ebirime, ebyetaago by'abaguzi, omutindo gw'ebikungulwa ogwetaagibwa wamu n'emiwendo era n'abanaleeta ebintu ku katale / be tuvuganya nabo bijja kutegeerekeka. Engeri emiwendo gye gikyukakyuka ejja kumnyibwa era n'emiwendo egisobola okuvuganya egy'ebikungulwa n'obuweereza bijja kumanyibwa.

## Ekyokukola 3.2.1

### Okuzuula abasuubirwa okuba abaguzi



**Obudde: eddakiika 25**



*Okutegeka engeri ebintu gye binaakolebwa*

## Omulimu

1. Wandiika okuva mu kitundu kyo n'emiriraano, abaguzi b'ekirime ekibiina kyo be kironze okukola nabo bizinensi.
2. Basengeke okusinziira ku bye beetaaga, ne kwe basinziira okugula
3. Londamu omuguzi gwe mwandisinze okwagala agule ebirime by'ekibiina.

# Ekyokukola 3.2.2

## Okwetegereza b'osuubira okuba abaguzi oba akatale



**Obudde: eddakiika 25**

Omulungamya ajja kulambika ba mmemba ng'ayita mu bibuuzo bino mu mweso kibayambe okuwa eby'okuddamu ebisaanidde




*Okwetegereza b'osuubira okuba abaguzi oba akatale*

| Ekibuuzo | ky'oddamu | ku kunoonyereza | Obuyambi bwebweru |
|---|---|---|---|
| 1. B'ani abasing okugula bye mukungula? | | | |
| 2. Abaguzi bameka b'olina obusobozi okuguza? | | | |
| 3. Osuubira akatale konna awamu keetaaga makungula genkana ki mu bungi? | | | |
| 4. Kati ku katale amakungula agaliko genkana ki mu bungi? | | | |
| 5. Akatale bye keetaaga bibulako amakungula genkana ki mu kuteebereza? | | | |
| 6. Abaguzi ddi lwe basing okweaaga ebirime? Laga emyezi | | | |
| 7. Ekirime kino bakyetaaga batya? ***londa ku bino;*** tekikyukakyuka, kirinnya,kigwa. | | | |
| 8. Mu myaka etaano egiddako banaaba bakyayagala okugula ekirime kyammwe? | | | |

Ekibiina kikubaganye ebirowoozo ku bye bazzeemu ng'omulungamya abalambika ng'agoberera bino:

## Omulungamya yekkaanye

Ng'ekibiina, basome buli kibuuzo era bakubaganye ebirowoozo bye bazzeemu. Ate bawandiike bye bazzeemu nga bwe bakkaannyizza. Ebiddiddwamu bwe bubaka obusooka obwetaagibwa okusalawo oba waliwo akatale akamala oba abaguzi bizinensi essubirwa beerina era ebyetaago byabwe birina okutuukirizibwa okutunda ebirime nga bwe musuubira. Naye jjukira,nti okunoonyereza kwetaagibwa okufuna obubaka obwetaagibwa okuddamu ebibuuzo byonna. N'olwekyo ebibuuzo by'otalinaako bya kuddamu oba by'otalinaako mawulire, biteekeko aakabonero era n'ekirina okuddamu okubikolebwako okugeza "okwongera okunoonyereza" oba " okuyambibwa okuva wabweru w'ekibiina" era ogatteko kiki ekirina okukolebwa.


## Omulimu gw'ekibiina

Muzuule akatale bye ketaaga okuva mu bizinensi yammwe era muzuule bye mutasobola kutuukiriza mu katale okusinziira ku kubala kwammwe.


**Obungi obwetaagibwa – ebiriwo = Ebibulayo**



*Ebirime ebyetaagibwa ku katale.*



*Ebirime ebiriwo*



*Ebibulayo*

## Ekyokukola 3.2.3

### Okwekenneenya b'ovuganya nabo

**Obudde: eddakiika 20**

### Omulimu gw'ekibiina

Omulungamya ajja kulambika ekibiina ku ngeri y'okuddamu ebibuuzo mu mweso wammanga mu bibiina byabwe.

Mu mulimu, ba mmemba basuubirwa okulaga ababavuganya.




*Okwekenneenya b'ovuganya nabo*

| Ekibuuzo | Okuddamu | Okunoonyereza | Obuyambi bwebweru |
|---|---|---|---|
| 1. B'osuubira okukugulako mu kiseera kino bagula wa? | | | |
| 2. B'osuubira okukugulako mu kiseera kino bagula wa? | | | |
| 3. Bizinensi endala bwe ziba zitunda ebintu ng'ebibyo, lwaki omuguzi yandisazeewo okugula ewuwo? Olina kya njawulo ki? | | | |

Mu mulimu, ba mmemba basuubirwa okusalawo engeri ababavuganya gye batundamu ebuntu byabwe.

| Ekibuuzo | Okuddamu | Okunoonyereza |
|---|---|---|
| 1. Kyangu oba kizibu ggwe okwesogga akatale? | | |
| 2. B'ovuganya nabo bye batunda bifaanana bitya ekireetera abaguzi okusikirizibwa? | | |
| 3. B'ovuganya nabo balina maanyi ki? | | |

Ku nkomerero y'omulimu gw'ekibiina, ba mmemba balage era bakubaganye eburowoozo ku bye bazudde nga ballambikibwa omulungamya nga wano wammanga;

## Omulungamya yekkaanye

Mu kyokukola kino, mujja kutunuulira be muvuganya nabo n'engeri gye bakola emirimu gyabwe.Obubaka bwe munaafuna bujja kuyamba okusalawo oba ekibiina ekisuubirwa okutandikibwawo kisobolaokuvuganya ku katale. Ku bibuuzo by'otalina kya kuddamu,teekako akabonero era olage ekiddako okugeza “kya kunooyereza2 oba “ buyambi bwebweru”era ogatteko ky'olowooza ekirina okukolebwa.

## Ekyokukola 3.2.4

### Okutegeera engeri emiwendo gye gikyukakyuka



**Obudde: eddakiika 50**

Omulungamya atandike ng'agabanya abeetabyemu. Nga bakyali wamu asome ebibuuzo byonna era awe abeetabyemu omukisa okubikubaganyaako ebirowoozo mu bibiina byabwe.




*Okutegeera engeri emiwendo gye gikyukakyuka*

## Ebibuuzo

1. Bizinensi eziriwo kati zitundira ku miwendo ki eby'amaguzi byazo?
2. Buli kipimo B''ovuganya nabo bakitunda batya?
3. Emiwendo gino gyesigamye ku ki?
4. Emiwendo gino gigerekebwa gitya?
5. Emiwendo gikyukakyuka gitya mu mwaka?
6. Okulinnya n'okukka kw'emiwendo kusinziira ku ki?
7. Waliwo enkola y'okufuna emiwendo egisingako okusinziira ku mutindo gw'ekirime oba ebintu ebirala eby'enjawulo?

## Omulungamya yekkaanye

Omuwendo z'nsimbi abaguzi ze basasula olw'okugula ebintu oba okutuusibwako obuweereza. Bizinensi ekola obulungi y'eyo etunda ekintu abaguzi kye baagala ku muwendo gwe beetegese okusasula naye ng'omuwendo ogwo munene okusunga ku ekyo omutunzi ky'ateekamu, ojja kutunuuluri ku muwendo ki abaguzi gwe basasula okufuna ebintu ebifaanana n'ebyo by'otegeka okwenyigiramu n'ebintu ebirala ebisalawo emiwendo.

# Olutuula 3.3

# OKWEKENNEENYA EBY'EKIKUGU MU KUZUULA OBUSOBOZI BW'EKIROWOOZO KYA BIZINENSI

**Obudde: eddakiika 145**

## Ebigendererwa

Ku nkomerero y'okutendekebwa kuno, abeetabyeemu bajja kusobola:

- Okutegeka ebyokukola mu kirowoozo kyabwe ekya bizinensi
- Okusalawo ebintu ebyetaagisa okutuukiriza ekirowoozo kya bizinensi n'ensimbi ezeetaagisa okukissa mu nkola.

## Okwetegereza olutuula

Mu lutuula olwa wamu omulungamya ajja kubuuza ebibuuzo bino, ng'akkiriza ba mmemba okukubaganya ebirowoozo ku by'okuddamu ng'akozesa okulambika kw'alina,atereeze era afunze bye baddamu. Olutuula 3.3 luyamba mu kwetenneenya obukugu mu busobozi bw'ekirowoozo kya bizinensi,eby'okukola ebirimu n'ebyetaago omuli abantu n'ebintu ebirina okukozesebwa mu kukola ekintu oba okuwa obuweereza obunaazuulwa.




*okwekenneenya eby'ekikugu mu kuzuula obusobozi bw'ekirowoozo kya bizinensi*


- Balage ebirowoozo kya bizinensi kye bategeka okukola ng'ekibiina.
- Bukugu ki n'ebikozesebwa ebiriwo ekibiina bye kiyinza okukozesa okufulumya ekintu.
- Bukugu ki n'ebikozesebwa ebyetaagisa okufulumya ekintu?
- Bukugu ki n'ebikozesebwa ekibiina bye kitalina?
- Ebyo ebitaliiwo binaafunibwa bitya?

Omulungamya ajja kulambika ekibiina mu kukubaganya ebirowoozo ng'akozesa ekyokulabirako kino wammanga;

### Ekyokulabirako: Amatooke amawaate ne gasalwasalwa



Okuyunja ettooke



Okulongoosa amatooke ne gasalibwaamu obutundu



Okutuusa amatooke ku muguzi/ agatunda ebweru w'eggwanga



Okupakira era n'okutambuza amatooke

### Omulungamya yekkaanye

Bizinensi ekola amagoba esalibwawo nga tumanya omuwendo oguteekebwamu ate n'ennyingiza okuva mu kirowoozo kya bizinensi okusalawo oba ekibiina kikoze amagoba.

## Ekyokukola 3.3.1

### Okutegeka ebyokukola n'ebyetaagisa okufulumya ekintu oba obuweereza



**Obudde: eddakiika 70**

### Omulimu gw'ekibiina

1. Kati ka tunnyonnyole akawonvu n'akagga ak'emirimu gye wetaaga okukola okuweereza abaguzi.
2. Era ojja kulaga obukugu obw'enjawulo, ebikozesebwa n'ebyetaagisa ebirala okukola omulimu.

Ekyokulabirako kiweereddwa ku buli mutendera kikulambike okugoberera akawonvu n'akagga nga tonnaba kujjuza mweso ku bizinensi gy'otegeka.

### OBUWONVU


**Akasooka:** Zuula ebikulu eby'okukola mu kufulumya ekintu. Ku buli kya kukola, zuula ebintu ebikulu mu kutuukiriza ebyetaago by'omuguzi era n'okugondera amateeka n'omutindo.

**Ekyokulabirako: Obuwunga bwa kasooli**

| Ekyokukola | Ebikulu mu kutuuka ku buwanguzi | R |
|---|---|---|
| Okunoonya kasooli omukalu, amatooke ne woyiro w'ebinazi | • Ekibiina kirina obukakafu okufuna kasooli mu ba mmemba.<br>• Abaleeta ebintu bamanyi omutindo ogwetaagibwa era balina obusobozi okubigoberera | |
| Okulambula ebireetebwa okukakasa Nti bikaze bulungi era biyonjo | • Okulabula omutindo nga kwesigamye ku byetaago ebikkirizibwa<br>• Okwekenneenya okutuufu era okwerufu | |
| Okupima n'okuteeka kasooli mu sitoowa | Kasooli awewebwa n'ayonjebwa | |
| Okukuba kasooli mu kyuma | Okukozesa ekyuma ekituufu | |
| Okupakira, okulamba n'okutereka | Okupakira mu busawo obwa kilo 2 ne 5 | |
| Okumutuusa ku muguzi | Ensasaanya y'ebintu ennungi | |

**Akookubiri :** Ng'okozesa ekyokulabirako ekyo, kati zuula ebyokukola ebikulu by'olina n'ensonga enkulu eziyinza okukuyamba okutuuka ku buwanguzi.

**Akookusatu:** Bw'oba tomanyi bikulu biyinza kukuyamba kuwangula,teeka akabonero mu muko oguliko "okunoonyereza".
Era oyinza okusaba omulungamya akuyambe okunnyonnyola obuwenda obukulu oba emirimu mu kufulumya eky'amaguzi oba obuweereza.




*Okutegeka ebyokukola n'ebyetaagisa okufulumya ekintu*

**Ekyokulabirako: Ekibiina kya kasooli**
Kati ,ng'ekibiina, tunnyonnyole ebikozesebwa n'ebintu ebyetaagisa okuddukanya bizinensi jje tutegeka.

| Omulimu | Ebiikozesebwa n'ebyetaagisa | Oyinza okubyekenneenya wekka? | |
|---|---|---|---|
| | | Yee | Nedda |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |

**Akookuna :** Wandiika ebikulu ebyokuteekamu oba ebintu bye wetaaga mu bizinensi. Mu katundu akokubiri, laga wogenda okujja ebintu ebyo. Era olina okulaga oba kyangu oba nedda okunoonya ebintu ebyo. (eddakiika 10)

**Ekyokulabirako: Ekibiina kya kasooli**

| Ebikozesebwa | Gye biva | Kyangu okukozesa? | | |
|---|---|---|---|---|
| | | Yee | Nedda | Simanyi |
| Ensigo | ACDP | ✓ | | |
| Ebigimusa,eddagala | Dduuka lya ku kyalo | ✓ | | |
| Ebikozesebwa mu kukaza | ACDP | ✓ | | |

Nga mukozesa ekyokulabirako ekyo waggulu, munnyonnyole era muwandiike ebintu bye mwandyetaaze okukozesa mu kufulumya ekintu kye mutegeka oba obuweereza.

| Ebikozesebwa | Gye biva | Kyangu okukozesa? | | |
|---|---|---|---|---|
| | | Yee | Nedda | Simanyi |
| | | | | |
| | | | | |
| | | | | |

# Olutuula 3.4
# OKWEKENNEENYA OBUSOBOZI MU BY'ENFUNA



**Obudde: eddakiika 155**

## Ebigendererwa

Olutuula luno we lunaggweera ,abeetabyemu bajja kusobola:

- Okusalawo ebyetaago by'ensimbi byonna ebyetaagisa okutandikawo bizinensi.

## Ekyokukola 3.4.1

### Okubalirira ensasaanya mu kutandika

Omulungamya ayisa ekibiina mu kyokulabirako kino wammanga.

## Okwekenneenya ensasaanya n'emiganyulo

| Omulimu | Omulimi A | Ataddemu ekitono Omulimi B | Ataddemu ekingi Omulimi C | Omulimi alima awanene D |
|---|---|---|---|---|
| Okulongoosa ennimiro/ okusaawa | 60,000 | 60,000 | 60,000 | 60,000 |
| Okulima okusooka/ okusaawa | 150,000 | 150,000 | 140,000 | |
| Okuddamu okulima | | | 100,000 | |
| Eddagala ly'omuddo | | | | 30,000 |
| Okufuuyira eddagala ly'omuddo | | | | 15,000 |
| | | | | |
| Ensigo (opv) | Own | 30,000 | 60,000 (hybrid) | 60,000 (hybrid) |
| Ebigimusa(Basal) | | | 150,000 | 150,000 |
| Okutema ebinnya | | | | |
| Okuteekako ebigimusa | 60,000 | 60,000 | 60,000 | 80,000 |
| Okusimba | | | 20,000 | 20,000 |
| Okukoola | 80,000 | 80,000 | 80,000 | 40,000 |
| Eddagala ly'omuddo | | | 36,000 | 48,000 |
| Okufuuyira eddagala ly'omuddo | | | 10,000 | 20,000 |
| Ekigimusa ky'okufuuyira | | | 120,000 | 120,000 |
| Okufuuyira ekigimusa | | | 40,000 | 40,000 |
| Ebigimusa ebirala | | 40,000 | 40,000 | 40,000 |
| Eddagala ly'ebiwuka | | | 40,000 | 40,000 |
| Okufuuyira ebiwuka | | 15,000 | 15,000 | 15,000 |
| | | | | |
| Okukungula | 16,000 | 24,000 | 60,000 | 60,000 |
| Ensawo | 12,000 | 15,000 | 35,000 | 35,000 |
| Okutikka | 20,000 | 30,000 | 75,000 | 75,000 |
| Entambuza y'amakungula | 5,000 | 10,000 | 30,000 | 30,000 |
| Okukaza | | 12,000 | 45,000 | 45,000 |
| Okuyonja N'okubisiba | 10,000 | 15,000 | 40,000 | 40,000 |
| Tarplins | 20,000 | 40,000 | 80,000 | 80,000 |
| **Omugatte** | **453,000** | **601,000** | **1,356,000** | **1,163,000** |

| Omulimu | Omulimi A | Ataddemu ekitono Omulimi B | Ataddemu ekingi Omulimi C | Omulimi alima awanene D |
|---|---|---|---|---|
| Amakungula (buli yiika) | 700 | 1,000 | 2500 | 2500 |
| Ensasaanya ku buli kintu | 674 | 601 | 542 | 465 |
| Omuwendo ku nnimiro buli kkiro | 700 | 700 | 700 | 700 |
| Omugatte ku 700 buli kkiro | 490,000 | 700000 | 1,750,000 | 1,750,000 |
| **AMAGOBA** | **37,000** | **99,000** | **394,000** | **587,000** |

$$ROI = \frac{\text{Gain — investment costs}}{\text{Investment cost}} \times 100 \quad \textbf{OR} \quad \frac{\text{Benefit}}{\text{Cost}} \times 100$$

**Omulumi (A):** $\frac{490{,}000 - 453{,}000}{453{,}000} \times 100 = 8\%$

**Ateekamu ekitono (B):** $\frac{700{,}000 - 601{,}000}{601{,}000} \times 100 = 16.5\%$

**Ateekamu ekinene (C):** $\frac{1{,}750{,}000 - 1{,}356{,}000}{1{,}356{,}000} \times 100 = 29\%$


**Alima ekingi (D):** $\frac{1{,}750{,}000 - 1{,}356{,}000}{1{,}356{,}000} \times 100 = 50\%$

**WEKKAANYE**

Abalimi nga batendekebwa mu CBA,Omweso gulina okubaamu ebyokukola bonna mu mulimu ogulondeddwa okuva ku kufulumya okutuuka ku kutunda.

## Amagoba = Omuwendo kw'otundidde - kye wateekamu

| | |
|---|---|
| Omulumi(A) Amagoba | = 490,000 — 453,000 = 37,000 Ugx |
| Ateekamu ekitono(B) Amagoba | = 700,000 — 601,000 = 99,000 Ugx |
| Ateekamu ekinene (C) Amagoba | = 1750,000 — 1356,000 = 394,000 Ugx |
| Alima ekingi (D) Amagoba | = 1750,000 — 1,163,000 = 587,000 Ugx |




*Okwekenneenya obusobozi mu by'ensimbi*

**Omulungamya yekkaanye**

Nga twesigama ku bibalo ebyo ku kwekenneenya bye tuteekamu n'emiganyulo kyeraga lwatu nti alima ekingi afunamu nnyo era ayingiza kinene mu magoba. Amagoba amangi galeeta okukomyawo amangu ku bye twasiga (ROI).
Ebibiina by'abalimi biyinza okukozesa okunnyonnyola n'obubaka buno wansi okusalawo obulungi ku kiki eky'okusteekamu ensimbi okusinziira ku busobozi mu by'ensimbi.

## Olutuula 3.5

# EKIBIINA KIGENDE MU MAASO N'OKUTEEKA EKIROWOOZO KYA BIZINENSI MU NKOLA?

**Obudde: eddakiika 35**

## Ebigendererwa

Ku nkomerero y'okutendekebwa kuno, abeetabyemu bajja kusobola:

- Okusalawo ebyetaagisa mu nsimbi okutandika bizinensi.

## Okubaka obukulu

Ekiraga nti omulimu gusoboka kye kiviirako okusalawo bizinensi ekibiina gye kisobola okukola.


## Okwetegereza Olutuula

Olutuula luno lujja kuyamba okusalawo oba kituufu ekibiina okugenda mu maaso ne bizinensi okusinziira ku bivudde mu kunoonyereza ku busobozi okukoleddwa oba nedda (olutuula 2.1 okutuuka ku 2.4) .Era lujja kuyamba okuzuula obubaka obuyinza okwetaagibwa okukola okusalawo obulungi.

## Ekyokukola 3.5.1

### Olukalala okuli ebikozesebwa mu kulaba oba ekirowoozo kya bizinensi kisoboka

Olukala lulaga mu bufunze ebintu ebikulu ebirina okutunuulirwa mu kwekenneenya ekirowoozo kya bizinensi. Mu lutuula olwa wamu omulungamya ajja kusoma amakubo era alambike abalimi babeeko bye bakola nga bwe bisomebwa.




*Olukalala okuli ebikozesebwa mu kulaba oba ekirowoozo kya bizinensi kisoboka*

## EBIKOLEBWA

**EKISOOKA:** Omulungamya abuuze abeetabyemu okuddamu ebibuuzo buli muntu nga bateeka akabonero (✓) mu kifo awali okuddamu kwe. Kiyinza okwetaagisa okwetegereza ebivaamu mu lutuula 2.1 okutuuka ku 2.4 ng'oddamu buli kibuuzo. (eddakiika 10)

| Ekibuuzo | Yee | Nedda | Do not know |
|---|---|---|---|
| Waliwo obwetaavu obumala n'obumalirivu mu kutandikawo obwegassi? (Olutuula 3.1) | | | |
| Ba mmemba ab'enkizo n'abo abalina obusobozi okufuuka ba mmemba beetegefu okuwaayo entandikwa n'okuddukanya bizinensi (Olutuula 3.1) | | | |
| Ba mmemba mu bibiina eby'enkizo n'abo abalina obusobozi balina obudde obumala okukola obwegassi? (Olutuula 3.1) | | | |
| Waliwo ekisikiriza eky'amaanyi mu ba mmemba abalina obusobozi okuddukanya bizinensi? (Olutuula 3.1) | | | |
| Bizinensi eneeba n'akatale akeesigika ak'ebintu byayo oba obuweereza? (Olutuula 3.2) | | | |
| Ekibiina kinaaba n'obusobozi okuvuganya mu katale? (Olutuula 3.2) | | | |
| Ekibiina kinaasobola okuteekawo emiwendo egivuganya ku katale? (Olutuula 3.2) | | | |
| Abasuubira okugula ebyamaguzi banaagula ebintu byaffe oba obuweereza so si ebya be tuvuganya nabo? ( Olutuula 3.2) | | | |
| Mu ba mmemba ab'enkizo mulimu abalina obumangirivu okuddukanya bizinensi? (Olutuula 3.3) | | | |
| Waliwo entegeka okuzimba obusobozi kiyambe ekibiina okufulumya ebyamaguzi oba obuweereza ku mutindo ogwetaagisa abaguzi ne mu mateeka? | | | |
| Ekibiina kinaasobola okufuna ensimbi ezitandika omulimu era guveemu ennyingiza esaana? ( Olutuula 3.4) | | | |
| Ekibiina kisobola okufuna ekifo ekituufu aw'okukolera? (Olutuula 3.3) | | | |
| Ekifo ekyo ekisuubirwa kituukibwamu emmotoka ez'amaanyi? (Olutuula 3.3) | | | |
| Ekibiina kisobola okufuna ebikozesebwa ng'ebyuma,ne tekinoloniya ebyetaagibwa? (Olutuula 3.3 ne 3.4) | | | |
| Ebikozesebwa mu kufulumya ebintu mu kibiina birabika buli kiseera ? (Olutuula 3.3) | | | |
| Singa bizinensi yetaaga amasannyalaze n'amazzi, ekibiina kisobola okubifuna? ( Olutuula 3.3 ne 3.4) | | | |
| Ekibiina kinaafuna amagoba agamala okujjayo ensimbi ezaatandika ate n'kugaziwa? (Olutuula 3.4 ) | | | |

Bw'oba tosobola kuddamu nti" Yee" ku bibuuzo by'obusobozi ebisinga obungi, osaana okuleka ekirowoozo kya bizinensi ekyo. Ku bibuuzo by'oddamu nti "simanyi" oteekwa okuzuula obubaka obwetaagibwa.


**Ekiddako:** Mugabane era mukubaganye ebirowoozo ku bye muzzeemu ng'ekibiina. Mutuuke ku nzikirizaganya oba ekibiina kisaana okugenda mu maaso okuteeka mu nkola ekirowoozo kya bizinensi. (eddakiika 10)

Ekibiina kisaana okugenda mu maaso okuteeka mu nkola ekirowoozo kya bizinensi?

**Yee** ________ **Nedda** ________

Omulungamya alambike okukubaganya ebirowoozo ate abeetabyemu nga basalawo oluvannyuma lw'okutegeera obulungi era nga basinziira ku ngeri gye bazzeemu ebibuuzo.

# Olutuula 3.6
# OKUTEGEKA EBINAAKOLEBWA



**Obudde: eddakiika 45**

## Ebigendererwa by'olutuula

Ku nkomerero y'olutuula luno abeetabyemu bajja:

- Kutunuulira ebirina okukolebwa mu kibiina ekigenda okutandikibwawo nga balabye obusobozi
- Okutegeka ebinaakolebwa ekibiina

## Ebikozesebwa

- Ebipande
- Ebikalaamu
- Empapula kwe bakolera

## Okwetegereza olutuula

Mu lutuula luno, abeetabyemu bajja kutegeka ebinaakolebwa okufuna n'okuteekawo ba mmmba ab'enkizo n'okufuna ekirowoozo kya bizinensi ekituufu mu kutandika ekibiina.

## Ekyokukola 3.6.1

### Okutegeka ebinaakolebwa ekibiina

Omulungamya alambike ekibiina, kitunuulire empapula zakyo era kizuule ebintu bye kitalinaako mawulire.



*Okutegeka ebinaakolebwa ekibiina*



ESSOMO 4

# OKUTEGEKA ENTAMBULA YA BIZINENSI

## Ekigendererwa ky'essomo

Abeetabyemu basuubirwa:

- Okuyiga era okumanyiira entegeka ya bizinensi kye kitegeeza, ebigibeeramu.
- Okufuna amakubo og'okuteeka entegeka ya bizinensi mu nkola.

### Okutunuulira ebiri mu ssomo



Essomo likwata ku ngeri y'okulambika ba mmemba mu bibiina nga bayita mu kufuna entegeka ya bizinensi, kino kiwandiiko ekiddamu ekibuuzo "bizinensi eno eneekola etya".

Kino ke kawonvu n'akagga ku kulambika kw'ekibiina era omulungamya alage ekibiina kyonna awamu ku ngeri y'okutegeka n'okutambuza bizinensi.


## Olutuula 4.1

# ENTEGEKA YA BIZINENSI KYE KKI?

## Ebigendererwa

Ku nkomerero y'olutuula luno, abeetabyemu bajja:


- Kumanya amakulu n'enkola y'entegeka ya bizinensi.
- . Okufuna entegeka ya bizinensi



**Obudde: eddakiika 5**

### Okutunuulira olutuula

Entegeka ya bizinensi ly'ekkubo eriraga akawonvu n'akagga wa ekibiina gye kiraga na ngeri ki ey'okutuukayo. Ennyonnyola bizinensi eyo na ngeri ki gy'eneddukanyizibwa. Okuba n'entegeka ya bizinensi ennungi kiyamba ekibiina okukendeeza emikisa gy'okulemwa okutuuka ku buwanguzi. Erra eyinza okukozesebwa ebibiina okusaba obuyambi okuva mu baba n'entegeka z'enkulaakulana.




*Entegeka ya bizinensi*

Entegeka ya bizinensi erina okuddamu okutunuulirwa era erongoosebwe buli kiseera okulaga enkyukakyuka mu mbeera ya bizinensi n'engeri ekibiika gye kiba kiyimiridde. Mu lutuula luno, mujja kwetegereza ensengeka y'entegeka ya bizinensi.

# Ekyokukola 4.1

## Ensengeka y'entegeka ya bizinensi



**Obudde: eddakiika 10**

## Mu bufunze


- Ebifa ku bizinensi
- Entegeka y'okufulumya ebintu
- Entegeka y'akatale
- Entegeka y'emirimu
- Okulwanyisa ebizibu
- Entegeka y'obukulembeze
- Entegeka y'ebyensimbi

Newandibadde okukilaga mu bufunze ke katundu akasooka mu ntegeka ya bizinensi, kawandiikibwa oluvannyuma lw'okutegeka obutundu obulala bwonna.

# Olutuula 4.2
# EBIFA KU BIZINENSI

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno nga luwedde, abeetabyemu bajja:
- Kutegeera amakulu g'ebigambo ebifa mu bizinensi, era bazuule obubaka obubeera mu yo.




**Obudde: eddakiika 5**

## Ebiri mu lutuula

Akatundu kano kalaga ebikulu ebifa ku kibiina okugeza gye kisangibwa, omuntu w'okutuuukirira ku nsonga z'ekibiina, obunene bw'ekibiina, biki bye kikola na biki bye musuubira okutuukiriza.

# Ekyokukola 4.2.1

## Okuwandiika ebifa ku bizinensi



**Obudde: eddakiika 20**

### Omulungamya yekkaanye

Ebifa ku bizinensi kiraga ebikulu mu bujjuvu ebikwataku kibiina okugeza gye kisangibwa, omuntu w'okutuuukirira ku nsonga z'ekibiina, obunene bw'ekibiina, biki bye kikola na biki bye musuubira okutuukiriza.

**Ekyokulabirako:**

**EBIFA KU KIBIINA KY'ABALIMI BA MUWOGO**

| EKIBUUZO | EKYOKULABIRAKO | KY'ODDAMU |
|---|---|---|
| | **Background Information** | |
| Erinnya ly'ekibiina | Abalimi ba muwogo e Nyaravur | |
| Endagiriro | District,Ekibuga Essaza | |
| Gwe batuukirira | Manager, Essimu | |
| Omuwendo n'ekikula Kya ba mmemba | 200 farmers in (name of the region/zone | |
| | **Ekigendererwa ky'ekibiina** | |
| Okuteekawo ekibiina Kugenderera ki?<br>***Laba:***<br>Tunuulira ebifulumizibwa mu ssomo 1 | Okukendeeza okufiirwa oluvannyuma lw'okukungula n'okuatta omutindo ku muwogo nga tumusala okuyita mu tekinologiya omutuufu n'obuyonjo | |
| Ekibiina kyagala kutuuka ku ki nga bakolera wamu? | • Okulinnyisa ennyingiza<br>• Okufuna obutale obunene<br>• Emirimu egyesigika mu bantu<br>• Amazzi amayonjo | |
| Ekika ky'ekibiina (golola awasaana ✓) | ✓ Ekifulumya ebintu<br>Ekinoonya obutale<br>Ekirala (nnyonnyola) | |
| Ekibiina kigenda kufulumya ku/kuwa Buweereza ki? | Kufulumya muwogo omusale | |

## Olutuula 4.3
# OKUKOLA ENTEGEKA YA BIZINENSI



**Obudde:eddakiika 20**

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggweera, abeetabyemu bajja:

- Kukkaanya ku bintu ebikwatagana n'okufulumya eby'amaguzi ebiyinza okukosa omulimu gw'okukola ebintu okusinziira ku ntegeka z'ekibiina n'ekirowoozo ekinaaba kirondeddwa.
- Okuteeberezaobungibw'ebintubammembabwebayinzaokufunakwekwesigamizibwa okusalawo ku katale k'ekibiina.
- Okuzuula ebyetaagisa mu kufulumya ebintu eri ba mmemba okufulumya obungi obwetaafisa ku katale era n'ekibiina okusalawo ku ngeri y'ekibiina okufunamu ebyetaagisa ebyo. (ng'ettaka n'okulilongoosa'ensigo,ebigimusa, amagezi,okutangira ebiwuka n'okukuuma ebintu oluvannyuma lw'okukungula nga bakozesa tekinologiya).
- Okuzuula ebiyinza okusoomooza ekibiina mu kutuukiriza ebigendererwa by'ekibiina.




*Okukola entegeka ya bizinensi*

### Omulungamya yekkaanye

- Ebiteeberezebwa oba ebineesigamizibwako okufulumya ebintu
- Obwa mmemba (ba mmemba bonna abiri mu kibiina)
- Ekirime: Muwogo
- Emirundi mu mwaka: Omulundi gumu
- Obunene bw'ettaka: Yiika emu buli mulimi
- Amakungula agasuubirwa buli yiika: Tani emu buli Yiika
- 80 ku buli kikumi ku makungula bijja kutundibwa mu kibiina

## Entegeka y'ebisuubirwa okufulumizibwa

Alambike abeetabyemu okujjuza entegeka y'ebifulumizibwa mu kibiina ku buli kirime singa biba bisukka mu kimu.

| No. | Okunnyonnyola | Okukola | Okwetegereza |
|---|---|---|---|
| A | Ekirime | Muwogo | Ebika eby'enjawulo |
| B | Omuwendo gw'a balimi | 20 | Tutunuulira abo abakakasiddwa |
| C | Obunene bw'ettaka | Yiika 1 | Tutwala ekisinga obutono ku buli mmemba |
| D | Amakungula agasuubi rwa buli yiika | Ttani 10 (Omusale) | Nga muyonjo tatabuddwa |
| E | Omugatte | (b*c*d) = Ttani 200 | Ba mmemba bonna balina okusimba enigo ey'omutindo. |
| F | Entegeka y'awamu | 70% = Ttani 140 | Wabeewo entegeka y'oyo anaalibwa awaka n'ebirala. |

### Ebibuuzo

1. Biki ebyetaagisa mu kufulumya muwogo?
2. Biki ebisuubirwa okusoomooza abalimi?

### Omulungamya yekkaanye

- Ebiyinza okusoomooza muyina okubaamu:
- Okufuna ensigo eri ku mutindo
- Okulwawo okutegeka ennimiro n'okusimba olw'okwesigama ku nkumbi n'abakozi ba waka.
- Ebiwuka n'endwadde
- Amakungula amatono olw'ensonga ezitali zimu n'obutatendekebwa
- Okulya byetukungudde awaka n'okutunda awalala kikosa okutundira awamu
- Obufunda bw'ensawo okuyamba mu kutumbula omutindo n'obungi

## Ebiyinza okukolebwa okumalawo ebizibu

- Ba mmemba bonna bawandiisibwe kun kola ya e-voucher basobole okufuna ebintu ebikakasiddwa ate ku muwendo ogusaliddwako
- Okukolera awamu kiyamba okufuna ensimbi ezikozesebwa mu kulima n'okufuna obuyambi n'obuwagizi.
- Bafune okutendendekebwa okuva mu balimisa ku ggombolola kyongere amaanyi mu kutumbula okulima emmere
- Batandike enkola y'okutereka n'okwewola mu kibiina kiyambe mu mirimu .

# Olutuula 4.4
# OKUFUNA ENTEGEKA Y'AKATALE

**Obudde: eddakiika 5**

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luni we linaggweera, abeetabyemu bajja:

- Okulaga ebintu n'obuweereza ekibiina bye kisuubira okuteeka ku katale.
- Okulaga akatale ke batunuuludde ku buli kifulumizibwa oba obuweereza
- .Bakole entegeka y'akatale

## Ekyokukola 4.4.1

### Ennyinnyonyola y'ekintu oba obuweereza

**Obudde: eddakiika 30**




*Laga ekintu oba obuweereza ky'oyagala okutunda*




*Okuzimba entegeka y'akatale*

## Eby'okwetegereza

Ekintu oba obuweereza ekinnyonyolwa kiraga ebikwata ku kintu kyo oba obuweereza, eky'enjawulo ekikiriko, na ngeri ki ekintu kyo oba obuweereza gye kiganyula omuguzi nga kimalawo obwetaavu bwe.

## Omulimu

**Okunnyonyola ekintu oba obuweereza**

1. Ekibiina kyo kifulumya ki oba kiwa buweereza ki?
2. Ky'ofulumya oba obuweereza bw'owa bulina biki eby'enjawulo mu ndabika?
3. Bungi ki bw'osuubira okufulumya mu mwezi oba omwaka?
4. Ky'ofulumya oba obuweereza bw'owa birina migaso ki emikulu

| | |
|---|---|
| Okukula | Wakati w'emyezi 10 ku 12 okukungula |
| Obulungi | • Nga y'akakungulwa; obutasukka mwaka gumu mu bukulu |
| Endabika | Nga talaga bujulizi nti aliiriddwa ebiwuka |
| **Muwogo omusale** | |
| Amazzi agalimu | wakati wa 12% ku 14% ng'akebereddwa |
| Endabika/langi | • kyenvuyenvu/kitakataka<br>• Nga talaga bujulizi bwa kuliibwa biwuka<br>• Nga taliimu bivundu oba obutundu obwonoonese<br>• Nga tekuli ttaka oba ettosi |
| Obunene bw'embajjo | Nga tezisukka ¼ ekya inkyi |
| Okuwunya | Nga tavunze oba okuwunya obubi |
| Okuwulikika | Ng'amementuka mangu ng'asekuddwa |
| Empakira | Ensawo eza kiro 50, nga nnyonjo-nga teziriimu bintu bikosa muwogo |
| Obungi bw'amakungula | 1,800 buli mwaka |
| Emigaso | Akozesebwa ng'ekirungo mu mmere y'ebisolo n'ebyennyanja |

**Ekyokulabirako:**

**Ennyinnyonyola y'akatale k'ekibiina**

| Column 1 | Column 2 | Column 3 |
|---|---|---|
| **Ekibuuzo ekirambika** | **Okugeza: ekibiina ky'abalimi ba muwogo** | **Ky'oddamu** |
| B'ani abasuubirwa okugula? | Ebyuma by'emmere; mu kitundu,aba walaji 5, kamuni Kati kampini emu yokka ekozesa muwogo omusale | |
| Laga abaguzi ab'enjawulo b'osuubira | • Abagula muwogo omubisi ne bamutwala e Kampala<br>• Ebyuma by'obuwunga; ono aba mutonoko<br>• Abakola obumpwankimpwanki; naye bakyali batono<br>• Okumutunda ebweru w'eggwanga naddala mu China | |
| Ku baguzi abo bonna, ekibiina kyo kitunuulidde baliwa? | Ebyuma by'obuwunga | |
| Lwaki mwesigamye ku byuma? | • Ebyuma ebitaano ebisinga mu kitundu kino birina ebikozesebwa ate bituukikako mangu.<br>• Waliwo obukakafu ku katale k'akawunga n'endagaano y'okumugula.<br>• Kampuni ezo era zisobola okutuwa ensimbi ne tukozesa ne tubalagana era zituwa obuyambi obulala | |
| Lwaki be musuubira okuguza beetaaga bye mukola? | • Tewali babatuusaako muwogo omusale.<br>• Ebyuma kati bifuna muwogo atamala (60%) | |
| Kyetaago ki ekyessimba ku Katale ke mutunuulidde kye Mujja okumalawo? | • Omutindo gwe bafuna kati tegumatiza.<br>• Owakati alimu amazzi mangi era si mulungi.<br>• Tujja kuteeka ku katale muwogo omulungi ataliimu biragalalagala.<br>• Kampuni z'emmere y'ebisolo zeeyongera. | |

| Column 1 | Column 2 | Column 3 |
|---|---|---|
| **Ekibuuzo ekirambika** | **Okugeza: ekibiina ky'abalimi ba muwogo** | **Ky'oddamu** |
| B'ani be muvuganya nabo? | • Abo abagula muwogo obutereevu okuva mu balimi n'abo abamwerimira ne bamwekozeseza.<br>• Tulima, tulongoosa, era ne tutunda bye yukungudde.<br>• Awo nno, ffe twefunira muwogo wadde nga faamu zirina owaazo, zeetaaga abalimi okuziguza. | |
| Muyinza mutya okuvuganya n'abalala? | • Abasnga bakungula omulundi gumu mu mwaka.<br>• Ffe mu ntegeka yaffe twagala kufulumya buli kiseera, omwaka gwonna.<br>• Abamukozesa tebateeka nsimbi mu tekinologiya. Muwogo waabwe omusale taba mulungi. Owaffe ajja kuba musuffu. | |
| Osuubira abaguzi baagala bungi ki ku byojja okufulumya? | Mu kitundu kino beetaaga obungi bwa Mt 200.000 buli mwaka. Kino kireka akatale keetaaga obungi bwa Mt 50.000 buli mwaka. | |
| Okusuubira ku katale Onaatwalako kitundu ki? | • Tusuubira okufulumya Mt 1.800 ng'ekibiina.<br>• Kino kiringa 1% ku oyo eyeetaagibwa.Ekibiina kijja kuteekawo nga 4% ku oyo eyeetaagibwa kati. | |
| Muyinza mutya okugaziya akatale kammwe gye bujja? | • Ba mmemba balina okwongera ku bikungulwa.<br>• Kati muwogo abala ebitundo 70% byokka. Twetaaga okwongeza amakungula n'omutindo tusobole okuvuganya.<br>• Era twetaaga okwongeza ku bungi bwa muwogo omusale. | |
| Akatale kammwe muka suubira okukula? Mu bunene ki? | Akatale ka muwogo omusale mu byuma kasuubirwa okukula olw'obulunzi obweyongera. Akatale kasuubirwa okulinnya n'ebitundu 5% buli mwaka okusinziira ku kunoonyereza okukoleddwa ku kitundu kino. | |

# Ekyokukola 4.4.2

## Entegeka y'akatale



**Obudde: eddakiika 40**

**Omulungamya:**

- Akulembere ekibiina mu kukola omulimu guno ng'abawa ebiragiro okukubaganya ebirowoozo era bagabane amakubo n'engeri ekibiina gye kijja okunoonya abaguzi nga kibamanyisa bye kikola.
- Bakozese ebifaananyi ebinnyonnyola ng'ebyokulabirako bibayambe okufuna abayinza okugula bye bakola oba obuweereza bwabwe.
- Alambike okukubaganya ebirowoozo bakkaanye ku ngeri ebyamaguzi gye bijja okutuuka ku baguzi.
- Alambike ng'akozesa okunnyonnyola ku ngeri ekibiina gye kijja okufuna emiwendo gy'ebintu oba obuweereza, nga bakolera wamu okuddamu ebibuuzo ebibalambika.

### Omulungamya

Muzudde akatale k'ebyamaguzi n'obuweereza bwaffe. Kikakafu nti obutale n'ebyamaguzi era obuweereza bye mulonze biyinza okuyamba okutuuka ku kigendererw kyammwe, mujja kunnyonnyola engeri gye mugenda okufuna abaguzi ba bye mukola/ obuweereza bwe muwa.

This is a group activity. Everybody should share their ideas and listen to each other.

## AMAKUBO

**Erisooka:** eddakiika 15

## a. Entegeka y'okutumbula akatale


Engeri abaguzi bammwe gye bajja okumanya ebyamaguzi byo oba obuweereza bw'owa.



*Okukyalira abasuubirwa okutugulako nga tukwetabyemu.*




*Okulanga ku bipande*




*Okulanga nga tukozesa obubaka n'emitimbagano.*

**Ekyokulabirako eky'entegeka y'okumanyisa abantu (Jjuzaamu ebyokuddamu)**


| Ekibuuzo ekirambika | Okugeza: Abalimi ba muwogo | Bye muddamu |
|---|---|---|
| Be musuubira okugula ebintu byammwe munaa bategeeza mutya? | • Tujja kubasisinkana tubalage bye tukola n'ebitufaako.<br>• Tujja kubayita batukyalire mu nnimiro ne mu byuma basobole okutwesiga. | |
| Bubaka ki obukulu bwe mujja okugamba abantu? | • Okukozesa muwogo waffe omusale ,kijja kuyamba ebyuma okutumbula omutindo gw'emmere.<br>• Tuyinza okuyamba ebyuma okusensera akatale k'emmere ennungi etetabuddwamu bintu birala.<br>• Nga tulina ba mmemba abawera 200 abalima muwogo ,abaguzi baffe balina obukakafu okufuna muwogo omwaka gwonna. | |

## b. Entegeka y'okusasaanya ebyamaguzi

By'onaafulumya onaabituusa otya ku baguzi?

| Ekibuuzo ekirambika | Ekyokulabirako:Ekibiina ky'abalima muwogo | Okuddamu kwo |
|---|---|---|
| • By'okola binaatuuka bitya ku katale?<br>• Nnyonyola engeri bye munaafulumya gye binaatundibwa. | • Bajja kutunda butereevu ku byuma ebisatu byonna biri mu buwa bwa milo 30 okuva we tusuubira okukolera.<br>• Tujja kupangisa loole etwale muwogo omusale ku katale. | |
| Waliwo nkolagana ki ng'endagaano wakati wammwe n'abaguzi? | • Tujja kuteeka omukono ku ndagaano y'akatale n'ebyuma bya muwogo<br>• Endagaano ekakasa emiwendo n'okutusasula ekitundu nga tetunnatwala muwogu ku katale wakti wa 20% ne 30%.<br>• Tujja kutwalangayo muwogo omusale omulundu gumu omwezi. | |

**Okusaasaanya obutereevu**




*Okusaasaanya obutereevu*

## c. Entegeka z'emiwendo

| Ensonga z'omunda | Ensonga z'ebweru |
|---|---|
| • Okufulumya (ebikozesebwa n'oku Kola)<br>• Entegeka<br>• Ebigendererwa mu katale<br>• Okuteesa ku miwendo n'abaguzi<br>• Omutindo n'obungi | • Okuvuganya mu biteekebwa/okugulibwa<br>• Endowooza z'abaguzi ku miwendo n'omutindo |

Entegeka y'emiwendo ebeeramu okusalawo ngeri ki gy'ojja okuteeka omuwendo ku bintu byo oba obuweereza. Mukolere wamu okuddamu ebibuuzo ebibalambika.

**Ekyokulabirako (ekibiina kijjuzeemu bye kizzeemu)**

| Ekibuuzo ekirambika | Ekyokulabirako: Ekibiina ky'abalima muwogo | Okuddamu kwo |
|---|---|---|
| Emiwemdo munaagige reka mutya? | • Tujja kuteesa n'abaguzi baffe ku muwendo omukakafu nga guzingiramu emisoso gyonna.<br>• Singa omuwendo gwa muwogo ku katale muneneko,ekibiina kijja kufu na omuwendo ogusingako.<br>• Ebyuma bigereka emiwendo gya muwogo okusunziira ku mutindo n'obungi n'amazzi agali mu muwogo.<br>• Okufuna ekisaana, ekibiina kijja kufulumya mu bungi okwongera okuganyulwa. Era tujja kukakasa nti tutwalaku katale muwogo ow'omutindo. | |
| Ogeraageranya otya emiwendo gyammwe n'akatale mu bintu ebifaanagana ne muwogo | • Kino kuffe tekikola. Ebyuma bye bigereka emiwendo okusinziira ku katale n'ebintu ebirala nga kasooli.<br>• Ffe okusigala nga tuli ba mugaso,tujja kufuba okuteeka ebintu byaffe ku katale obutasalako. Ate tufulumize ku muwendo omutono. | |

## Olutuula 4.5
# ENTEGEKA Y'EBINAAKOLEBWA



**Obudde: eddakiika 5**

## Okutunuulira olutuula

- Entegeka y'ebikolebwa ennyonnyola engeri gye mujja okukola emirimu oba obuweereza.
- Era eraga mu bujjuvu we musangibwa, bye mukozesa n'ebyuma bye mwetaaga okukola emirimu gyammwe.
- Era eraga engeri bizinensi gy'eneekuuma omutindo gw'ebintu oba obuweereza wamu n'obulamu bw'abakozi.
- Obubaka obusinga obwetaagibwa mu ntegeka eno busangibwa mu ssomo 3.

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggweera abeetabyeemu bajja:

- Okusobola okuzuula ebikozesebwa n'ebyuma ebyetaagisa ekibiina okukola emirimu.
- Okunnyonnyola amakubo ageetaagisa okukola emirimu n'okufulumya ebintu
- Okutegeka entegeka y'emirimu

## Ekyokukola 4.5.1

### Ebyetaagisa/Ebikozesebwa: ebyuma n'ebirala




**Obudde: eddakiika 25**

**Omukunganya yekkaanye**


Ebikozesebwa mulimu.ettaka, ebizimbe n'ebintu ebirala, ebyuma. Binobye bintu ebirabikako nga bikozesebwa mu kufulumya eby'amaguzi mu kibiina.

**OMUTENDERA 1:** eddakiika 10

### Ebisinga okwesigamizibwako okulonda ekifo




*Amasannyalaze*




*Amasannyalaze g'amaanyi g'enjuba n'empewo.*



*Okufuna amazzi.*



*Abaguzi n'abatunzi nga bali kumpi.*



*Eny'empuliziganya*

**Soma ebibuuzo ebirambika mu katundu akasooka n'ekyokulabirako mu katundu 2 owandiike okuddamu kwo mu katundu 3.**

| Ekibuuzo ekirambika | Ekyokulabirako:Ekibiina ky'abalima muwogo | Okuddamu kwo |
|---|---|---|
| Bizinensi eneesangibwa wa | Ejja kusangibwa (ekitundu) kubanga kye kisinga okufulumya muwogo mu kitundu kino. | |
| Ekifo ekyo kirimu birungi/ Bizibu ki? | Eikfo ekyo kiri kumpi n'abalimi ba muwogo n'abasuubirwa okumugula . Era ekifo kituukikako emmotoka, kirina amasannyalaze, amazzi amayonjo mangi, ekifo tekitera kulumbibwa mujjuzo era tewali kutya mu bakyala okutuuka ku kifo. Ekitundo kirina emirongooti gy'essimu. | |


**OMUTENDERA 2:** eddakiika 15

## Ebinaakozesebwa


**Ebyetaagisa okufulumya ekirime oba obuweereza**



*Ekifo we bakolera*



*Ekyuma ekisa obuwunga*



*Ebikozesebwa*



*Ebyuma n'ebintu*

Ojja kuzuula ebyuma n'ebintu ekibiina bye kyetaagana ngeri ki ekibiina gye kitegeka okubifuna. Mu kiseera kino, ekibiina kijja kuba kikakasizza entegeka y'okufuna ebyetaagisa mu ntegeka oba kisoboka. Jjukira,muyinza okukozesa ebintu ebiriwo mu ba mmemba okukendeeza ensaasaanya.

**Ekyokulabirako: Ekibiina ky'abalimi ba muwogo**

| Ebyuma/ Ebikozesebwa | Okunnyonnyola | Binaafunibwa bitya |
|---|---|---|
| Ettaka | Square mita 250 | Mmemba ajja kuwaayo ettaka lye |
| Okuzimba | • Sq mita 150:entegeka ejja kugoberera amateeka<br>• Sq mita nga 50: kusala muwogo n'emikono | Ba mmemba bajja kusonda |
| Ekifo aawakolerwa | | Kijja kuzimbibwa, bajja kuwaayo |
| Ekyuma ekisala | Ebyuma 2 | Kugula |
| Minzaani | Bbiri | Kugula |
| Ekipima amazzi | Kimu | Kugula |
| Ebifo ebitinde | Bya kukozesa mu kukaza | Bya kuzimbibwa, bajja kuwaayo |
| Ebikozesebwa mu kwoza | Ebintu | Kugula |
| Emmotoka | Kutambuza muwogo | Kupangisa |

**Jjuza omweso guno ku kibiina kyo**

| Ebyuma/Ebikozesebwa | Okunnyonnyola | Binaafunibwa bitya |
|---|---|---|
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |

## Ekyokukola 4.5.2

### Entegeka y'okukola n'enkola



**Obudde: eddakiika 40**

## Okutunuulira olutuula

Akatundu kano ak'entegeka y'ebinaakolebwa kannyonnyola engeri bizinensi gy'enetambuzibwa okuva ku kunoonya ebikozesebwa okutuuka ku luvannyuma lw'okutunda.Enkola ejja kukyuka okusinziira ku bizinensi yammwe.Era mujja kwetaaga okulaga engeri gye munaakola ebintu ebiri ku mutindo n'obuweereza wamu n'obulamu bw'abakozi.

### Ekyokukola mu kibiina

Mukolera wamu okujjuza bino wammanga. Mukozese ebyokulabirako n'okunnyonnyola mu kulambika okudamu ebibuuzo.

**Omulungamya:**


- Mu lutuula olw'awamu abeetabyemu bannyonnyole obuwonvu n'obugga obunaagobererwa okufulumya ekintu n'okukitunda.
- Agabanye ba mmemba mu bubinja abagamwe okufunza ebigenda mu maaso ku buli mutendera wamu n'omutindo n'obulamu ku buli mutendera.
- Nga bakozesa okunnyonnyola kuno wammanga, bafunze ebiri mu lutuula nga bagabana bye bakoze mu kubiraga.

| Ekibuuzo ekirambika | Ekyokulabirako:Ekibiina ky'abalima muwogo | Okuddamu kwo |
|---|---|---|
| Biki bye musinga okwetaaga? Ebikozesebwa buli mwezi Mwetaaga bungi ki? | Muwogo omubisi-buli mwezi mt 375 | |
| Ebyo munaabijja wa? | Ba mmemba n'abalala | |
| Munaakakasa mutya nti mufuna ebikozesebwa Ebimala? | • Bammemba bajja kuwaayo 60% mu kibiina.<br>• Ekibiina kijja kukolakaweefube okusikiriza abalimi babaguze era bafuuke ba mmemba. | |

| Ekibuuzo ekirambika | Ekyokulabirako:Ekibiina ky'abalima muwogo | Okuddamu kwo |
|---|---|---|
| | • Tujja kutumbula okulima nga tulabira ku balala, tutendeke abalimi bakungule muwogo mungi ate nga wa mutindo. | |
| Weetaaga bikulu ki okutuwanga ebintu? | • Nga totera kukozesa ddagala mu kulima muwogo. By'okozesa birina okubaako akalambe akalabika.<br>• Nga tokozesa baana bato ku nnimiro yo. | |
| Musasula mutya? | • Mmemba alina okufuna Shs 2000 buli kkiro.<br>• Singa omuwendo oguli ku katale gusingako awo, mmemba ajja kufuna omuwendo ogwo omunene. | |

**OMUTENDERA 3:** (eddakiika 15)

## Okugula ebyetaagisa/ebikozesebwamu kufulumya ekintu oba obuweereza



*Kaweefube w'okufuna abatuwa ebintu n'okubatendeka*



*Kaweefube w'okufuna abatuwa ebintu n'okubatendeka*



*Okupima n'okusasula*


**ERYOKUNA:** eddakiika 45

## Okufulumya/Enkola y'emirimu

Okuyonja n'okwoza muwogo → Okusala muwogo → Okumukaza → Okumukebera amazzi → okupakira n'okutereka muwogo → Okutuusa muwogo ku katale

Embaawo kwe batereka muwogo nga zitegekeddwa bulungi

## Ebikolebwa okukuuma omutindo n'obulamu bw'abakozi



- Okuyonja embaawo buli kiseera
- Abakozi bambala engoye ezibakuuma
- Okukozesa amazzi amayonjo
- Embaawo zitegekebwa bulungi

### Omulimu

**Omulimu gw'ekibiina ku kufulumya/okukola emirimu.**

Nga mukozesa olupapula olutegeke obulungi oba ebipande, lungamya okukubaganya ebirowoozo kun kola y'emirimu ng'ogoberera okulambikibwa kuno wammanga::

1. Mu katundu akasooka,wandiika olukalala lw'ebikolebwa mu kukola ebintu oba okutuusa obuweereza.
2. Mu katundu akaddako, laga bye mugenda okukola okukuuma omutindo n'obulamu bw'abakozi.
3. Mu katundu akokusatu, laga ebifa ku bantu abeetaagisa mu kukola emirimu.

**Ekyokulabirako: Ekibiina ky'abalimi ba muwogo nga kinnyonnyola enkola y'emirimu**


| Ekyokukola | Ebinaakolebwa okukuuma omutindo n'obulamu | Ebikifaako |
|---|---|---|
| Okuyonja n'okwoza muwogo | Amazzi amayonjo gajja kukozesebwa okwoza | Abooza |
| Okusala | • Obunene bw'ebiwaayi bijja kuba ¼ inch okukakasa nti temuba mpulunguse.<br>• Abasala bajja kukozesa obwambe obusala obutayonoona muwogo, kireme kuba kaluubiriza n'obutafuna bisago.<br>• Nga tannatandika kukozesa kyuma okusala muwogo, omukozi ajja kukakasa nti obwambe n'obuzindaalo bijja kuyonjebwa: obwambe nga butegekeddwa bulungi okukaka obunene obusaana obw'ebiwaayi; nga ne yingini eri mu mbeera nnungi.<br>• Okukebera n'okulabirira ekyuma buli mwezi. Buli kiseera omukozi oyo alina okwambala ebikozesebwa ebituufu.<br>• Okusala kujja kukolebwa mu kifo ekiyonjo era ekikalu era ekitaliimu biwuka ma bisolo.<br>• Okusala muwogo mu bitundu n'engalo bijja kukolebwa mu kifo ekiyisa empewo obulungi, nga Kisiige kikendeeze abakozi okussa muwogo mu mawuggwe. | Chippers |
| Okupima muwogo | Obulobo obuyonjo bujja kukozesebwa mu kupima. Akalobo nga tekasussa buzito bwa kiro 15 kikendeeze obuzito ku bwambe | Akulembera abakozi |
| Okukaza muwogo | • Ebiwaayi bijja kukazibwa mu kifo ekiyonjo awatali ttaka na nfuufu. Ajja kwanjalibwa bulungi nga kiro 12 mu buli mita.<br>• Ebiwaayi bijja kukyusibwa buli luvannyuma lwa ssaawa 2 bikalire wamu.<br>• Abakozi bajja kuweebwa ebitangira omusana | Abakozi |
| Okukebera amazzi | Ekiwaayi ekisinga obunene nga kikaze kijja kukeberebwa | Omukozi |
| Okupakira muwogo | • Ebiwaayi byokka ebiri wakati wa 12% ne 14% bye bijja okupakirwa.<br>• Bijja kupakirwa mu nsawo ennyonjo omutali bituli na kuyulika.<br>• Ensawo zijja kusibibwa okwewala ebiwuka. | Abakozi |
| Okupima | • Muwogo ajja kupimibwa ku minzaani.<br>• Buli nsawo ejja kubaamu kiro 50 eza muwogo.<br>• Bapime era balage omuwendo gw'ensawo nga kuliko ennaku z'omwezi.<br>• Bijja kuwandiikibwa mu kitabo ne ku nsawo. | Abakozi |

| Ekyokukola | Ebinaakolebwa okukuuma omutindo n'obulamu | Ebikifaako |
|---|---|---|
| Okutereka | • Ajja kuterekebwa mu kifo ekiyonjo ekitangaala. Ensawo zipangibwe ku mbaawo nga tezisemberedde bisenge.<br>• Zijja kupangibwa bulungi zireme kugwa, n'okufuna empewo obulungi.<br>• Ezisooka okuyingira ze zinaasooka okufuluma. | Abakozi |
| Okutwala muwogo ku katale | • Mmotoka eneekozesebwa ejja kukeberebwa oba nnyonjo.<br>• Mmotoka ezitambuza ebigimusa n'eddagala ly'ebiwuka ery'obutwa tezijja kukozesebwa mu kutambuza muwogo.<br>• Ebyuma bijja kukozesebwa mu kutikkula ensawo okukuuma abakozi n'ebintu | Bakozi |

Jjuza omweso nga guno ogw'ekibiina kyo .Okusobozesa okuzuula ebinaakolebwa okukuuma omutindo n'obulamu mu buli kikolebwa.

| Ekyokukola | Omutindo n'obulamu | Ekinaakolebwa okubikuuma | Ebikifaako |
|---|---|---|---|
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |

## Olutuula 4.6
# OKUTANGIRA EBIZIBU



**Obudde: eddakiika 5**

## Okutunuulira olutuula


- Ng'ebibiina ebikwata ebintu by'abantu, mwetaaga okukakasa ba mmemba nti ebintu byabwe bye bakolera mu bugubi bikuumibwa.
- Kino kiyinza okukolebwa ng'ebintu bikwatibwa bulungi awatali kutya mu kibiina.
- Okulemwa okutangira obuzibu obulungi kiteeka ekibiina mu buzibu ne balowooza nti ebigendererwa byabwe tebajja kubifuna.
- Obutatangira bizibu bulungi kiyinza okuvaako ba mmemba okwetamwa okuteekamu.

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno werunaggweera, abeetabyemu bajja:

- Kutegeera amakulu n'enkozesa y'ekigambo ebizibu mu bizinensi.
- Bazuule ebizibu ebiyinza okuba mu bizinensi n'engeri y'okubitangira.

## Ekyokukola 4.6.1
### Okuzuula ebizibu n'okubitangira



**Obudde: eddakiika 45**

### Omulungamya yekkaanye

- Ekizibu kitegeeza ekintu kyonna ekiyinza okuvaako bizinensi y'ekibiina okufiirizibwa.
- Ebizibu biyinza okuba ebweru w'ekibiina. Ebiva wabweru ekibiina kiba kirina kitono okubitangira (okugeza abaguzi okukyusa be baagala ,ebyobufuzi, n'ebirala)
- Waliwo ebizibu bingi ebiva mundamu kibiina (okugeza,ba mmemba obutakozesa buweereza bwa kibiina, obuteetaba mu ntuula za kibiina n'emirimu gyakyo, obukulembeze obubi, n'ebirala)
- Ekibiina kyetaaga okwanganga ebizibu bino,Kino kirimu okubitegeera n'okusala amagezi okulaba nti ebizibu bino tebikosa mirimu gya kibiina n'okukiremesa.

### EMITENDERA

**Ogusoooka:** ***Nge'kibiina mulowooze ku bintu byonna ebiyinza okubajja ku mulamwa.***

- Mubiwandiike mu katundu akasooka (eddakiika 20).
- Mwetegereze emikisa gy'ebizibu ebyo okubaawo (eddakiika 5).

**Ogwokibiri:** ***Ekiyinza okugwawo***

- Kiyinza okugwawo
- Tekisuubirwa kubgwawo
- Mwetegereze engeri gye kiyinza okukosa ekibiina (eddakiika 5)

**Ogwokusatu:** ***Kibi nnyo***

- Kibi
- Si kibi
- Muzuule kiki kye muyinza okukola okukitangira okubaawo oba singa kibaawo ,kiki kye muyinza okukola okukendeeza obulabe. (eddakiika 15)

## Okwekenneenya ebizibu n'okubyanganga

| Ekizibu | Kiyinza okubaawo | Ekinaavaamu | Okukitangira/ okukendeeza obulabe |
|---|---|---|---|
| Abaguzi | Kisoboka | kibi nnyo | • Enkola nti tewali muguzi n'omu kusussa bitundu 35% ku obutatugulaako by'atugulako.Tuleme kwesigama ku muguzi omu yekka kino kijja kukeneeza ekizibu ekyo.<br>• Ekibiina kijja kuteekawo enkolagana n'ebibiina ebirala tugabane obutale, tutundire wamu, era tuyambagane.<br>• Okubeera nga tuwuliziganya n'abaguzi tuteebereze ebifa mu katale.<br>• Okubeera nga tukulaakulanya bye tukola.<br>• Okufuna abaguzu ab'enjawulo n'okulanga bye tukola.<br>• Singa kibaawo:tukendeeze okufulumya mu bwangu okutuuka nga tufunye abaguzi abapya. Kino bwe kitasoboka tuzuule engeri y'okujjawo bye tukoze bwe biba bivunda. Oba twongere okubikuuma bwe kiba kisoboka. |

# OLUTUULA 4.7
# OKUFUNA ENTEGEKA Y'OBUKULEMBEZE


## Okutunuulira olutuula

Muno tulaga engeri ekibiina gye kitegekebwamu. Era kiraga abakozi abeetaagibwa n'obukugu obwetaagisa okutuukiriza ebyetaago by'abaguzi.

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggweera abeetabyemu bajja:


- Okunnyonnyola n'okulaga engeri ekibiina gye kinaategeka emirimu gyakyo
- Bazuule abakozi abayinza okwetaagisa n'obukugu bwebeetaaga obw'enjawulo
- Bannyonnyole emirimu gya buli mukozi mu kuddukanya emirimu gy'ekibiina



**Obudde: eddakika 5**

## Ekyokukola 4.7.1

### Okutegeka engeri ekibiina gye kinaatambuzibwamu




**Obudde: eddakika 15**

**Omulungamya:**

- Abuuze ekibiina naddala abakulembeze okunnyonnyola engeri obuyinza gye butambulamu wamu n'ebyempuliziganya mu kibiina n'okusingira ddala okutambuza emirimu.
- Ku kipande oba mu kitabo bakube engeri ekibiina gye kinaatambuzibwamu.
- Omulungamya akube ebifaananyi ebituufu aggalewo olutuula.

Ekifaananyi ky'enzirukanya y'ekibiina kiraga engeri gye kitegekebwa.Era kiraga mu bubokisi omutwe gw'omulimu n'obuvunaanyizibwa okulaga wa buli omu gy'awa obubaka. Kino kyandifaananye bwe kiti wammanga:

**Ekyokulabirako: Entegeka y'ekibiina ky'abalimi ba muwogo**



**Olukiiko olwa ba mmemba olwa wamu:**
Lukolebwa abo bonna abaasasula era abaawandiisibwa mu kibiina



**Akakiiko akafuzi:**
Abakulembeze abalonde batunuulire emirimu gy'ekibiina




**Akakiiko akatono n'abakozi:**
Abali mu kibiina bakole obukiiko okuwagira emirimu n'okulambula abakozi

**Omulimu gw'ekibiina**

1. Kati mukubire wamu ekifaananyi ky'enzirukanya y'ekibiina kyammwe.
2. Mwetegereze bye mugenda okufulumya n'entegeka y'emirimu biyinza okubayamba mu kino.
3. Nga mumaze okuzuula emirimu gye mwetaaga.musleewo ani akulira ani.

## Olutuula 4.8
# OKUFUNA ENTEGEKA Y'EBYENSIMBI

**Obudde: eddakiika 5**

## Okutunuulira olutuula

Entegeka y'ebyensimbi ey'ekibiina eraga engeri bizinensi gy'eneekolamu amagoba. Era kijja kwetaagisa okuteebereza n'okulaga nti bizinensi yo ejja kuyita mu mayengo g'okutandika okutuuka ng'ekola amagoba. Mu bufunze,mwetaaga okulaga nti bizinensi eno ejja kusobola okubaawo obulungi.

Era wano mwetaaga okulaga ensimbi ezeetaagisa okutandika bizinensi na ngeri ki gye mugenda okuzifuna.
Newandibadde kino twakiraba bba mu Ssomu eryokusatu, kikulu okukyetegereza nmu ntegeka ya bizinensi.

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggweera abeetabyemu bajja:

- Bekenneenye era basalewo oba bizinensi eneekola amagoba
- Bateebereze engeri bizinensi gy'eneeyita mu mayengo
- Bamanye ensimbi ezinaatandika ezeetaagisa nga bizinensi tennakola magoba era basalewo ntandikwa yenkana ki gye beetaaga.

## Ekyokukola 4.8.1
### Okutegeka ekiwandiiko ky'emirimu gyammwe

**Obudde: eddakiika 30**

**Omulungamya:**

- Abuuze abeetabyemu kiki kye bategeera mu kigambo olukalala lw'ennyingiza.
- Nga bakozesa ebyokulabirako mu kitundu omwo bannyonnyole olukalala lw'ennyingiza na biki ebirubeeramu.
- Bakoleyo ekyokulabirako kiweebwe abeetabyemu bayigireko.
- Bakolere wamu okufuna olukalala lw'ennyingiza olw'ekibiina.

Olukalala lw'ennyingiza oba olw'emirimu lulaga engeri ekibiina gye kiyigira oba gye kifiirwa mu kiseera ekigere.Lulaga ebisuubirwa okutundibwa, ebinaasaasanyizibwa ku bintu oba obuweereza, n'amagoba agasuubirwa mu kiseera kino.

Okutegeka olukalala lw'ebikolebwa, wetaaga okumanya engeri yokubalirira amagoba n'okufiirwa. Kino mwakiyiga dda mu ssomo kyokukola 4b n'essomu 2. MU kyokukola kino, mujja kwetaaga okutunuulira ebinaafulumizibwa era mubiwandiike mu lukalala lw'ebinaakolebwa.

## EMITENDERA

**Ogusooka :** *Ekyokulabirako eky'olukalala lw'ebinaakolebwa (eddakiika 10)*

**Olukalala lw'ebinaakolebwa ekibiina ky'abalimi ba muwogo mu kiseera January ne December 2019**

| Ebintu | Ekipimo | Obungi | Omuwendo (000) | Omugatte (000) |
|---|---|---|---|---|
| ENNYINGIZA: ensimbi | | | | |
| Ezisasulwa | Mt. tanni | 1,800 | 200 | 360,000 |
| **ENSAASAANYA** | | | | |
| **Zino z'ensimbi ezikozesebwa okufuna ze tuyingiza** | | | | |
| **Ebikozesebwa** | | | | |
| Muwogo omubisi | Mt. tanni | 4,500 | 50 | 225,000 |
| Ensawo | Omuwendo | 6,000 | 0.2 | 1,200 |
| **Emisaala** | | | | |
| Asala | Mt. tanni | 1,500 | 4 | 6,000 |
| Akozesa ekyuma | Omuntu n'omwezi | 12 | 375 | 4,500 |
| Ayoza | Omuntu n'omwezi | 12 | 200 | 2,400 |
| Abakaza(5) | Omuntu n'omwezi | 60 | 200 | 12,000 |
| Nnampala | Omuntu n'omwezi | 12 | 375 | 4,500 |
| Afuna ebintu | Omuntu n'omwezi | 12 | 200 | 2,400 |
| Abala ebitabo | Omuntu n'omwezi | 12 | 200 | 2,400 |
| Asasula | Omuntu n'omwezi | 12 | 350 | 4,200 |
| Meneja | Omuntu n'omwezi | 12 | 500 | 6,000 |
| Emiganyulo | Omuntu n'omwezi | 12 | 500 | 6,000 |
| **Ebikozesebwa/Ensaasaanya endala** | | | | |
| Amasannyalaze | Omwezi | 12 | 50 | 600 |
| Amazzi | Omwezi | 12 | 25 | 300 |
| Entambula | Olugendo | 12 | 200 | 2,400 |
| Ebirala | Omwezi | 12 | 100 | 1,200 |
| **Omugatte ku nsaasaanya** | | | | **281,100** |
| Ennyingiza yonna - ensaasaanya | | | | **78,900** |
| Emisolo<br>Amagoba ng'otoddeko emisolo | | | | Gross income less taxes |

# Olutuula 4.9
# OKUTEGEKA ENTEEBEREZA Y'ENNYINGIZA YAMMWE

**Obudde: eddakiika 40**

## Okutunuulira olutuula

Enteebereza y'ennyingiza eraga ensimbi z'osuubira okuyingiza mu bizinensi yo n'ezo z'osuubira okufulumya.Enteebereza eyo ya mugaso mu kusalawo obusobozi bw'ekibiina naddala obusobozi mu kusasula bye mukozesa nga byetaagisa okutambuza bizinensi wamu n'enkola y'emirimu mu bizinensi yammwe.Entegeka eno etunuulira ennyingiza ya buli bbana eggere (omwaka,emyezi ena,omwezi) era eraga nsimbi mmeka ze mulinawo mu kiseera ekyo.Era ebalaga oba nga ennyimirira yammwe mu by'ensimbi erongoose kyenkana ki mu kiseera ekigere.(okugeza ku ntandikwa ya bizinensi n'oluvannyuma lw'omwaka nga mutambuza emirimu)

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggwera, abeetabyemu bajja;

- Kutegeera amakulu g'ekigambo enteebereza y'ennyingiza.
- Bazuule ebintu ibibaamu okugeza nga biva mu bizinensi yabwe ey'obulimi.
- Bayige obukulu bw'entegeka y'ennyingiza mu kufulumya ebintu okusobola okukola entegeka ennungi.
- Okukola n'okukozesa empapula z'enteka y'ennyingiza mu kukola emirimu gya bizinensi.

**Omulungamya:**

- Asoosootole ekyokukola, annyonnyole ekigambo ng'akozesa eby'okulabirako nga mu kulima kasooli okuva ku kutegeka ennimiro okutuuka ku kutunda ng'ebikolebwabyonna ng'okutunda tekunnabaawo biraga nfulumya ate okutunda n'okufuna ensimbi mu mpeke eba nnyingiza.Okuva mu kufulumya, ebyokulabirako bbikkaatiriza nti abalimmi beetaaga okumanya kiki ekineetaagisa ssente na ddi. Okugeza okutegeka ettaka, ensigo okukoola okukungula . Ebyo byonna byetaaga ntegeka.
- Abuuze abeetabyemu ku ddi lwe bandikoze entegeka eno na biki ebyandibadde mu ntegeka.
- Nga beefumintiriza ku bizinensi y'ekibiina,nga bakozesa ebipande bakube era balambikibwe ku ngeri y'okujjuza entegeka y'ennyingiza ya ssente.

- Awumbewumbe olutuula nga bakubanya ebirowoozo ku bukulu n'omugaso gw'entegeka y'ennyingiza eri ekibbina n'omuntu ssekinnoomu.

## Ekyokukola 4.9.1

**Okunnyonnyola entegeka y'ennyingiza ya ssente mu kibiina.**

### ENNYINGIZA

Ensimbi ziyingira zitya mu bizinensi yammwe?



*Nga tufulumya n'okutunda*



*Nga tuwa obuweereza*




*Nga twewola*




*Nga tufuna obuyambi*

### ENSASAANYA

Ensimbi zifuluma zitya mu bizinensi yammwe?



*Nga tugula ebikozesebwa*



*Nga tusasula emisaala gy'abakozi*



*Nga tusasuls entambula n'ebikozesebwa ebirala*



*Nga tupangisa omudaala*

**Kino kya kukola kya kibiina awamu. Mukikole mu mitendera nga buli gumu gubasomerwa.**

## EKIBIINA KY'ABALIMI BA MUWOGO

### Okuteebereza ennyingiza mu kiseera January okutuuka Dec 2019

| Ebintu | | Jan | Feb | Mar | Apr | May | June | July | Aug | Sept | Oct | Nov | Dec |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| **Ensimbi ezitandika;** Koppa ensimbi ezaakomekkereza Omwezi oguyise | | | 1,675 | 8,350 | 14,725 | 21,400 | 28,075 | 31,750 | 38,425 | 45,100 | 55,450 | 62,125 | |
| Ensimbi mu mpeke | Zasondebwa ba mmemba | 20,000 | | | | | | | | | | | |
| | Zaatuweebwa | 15,000 | | | | | | | | | | | |
| | Twatunda muwogo omusale | | 30,000 | 30,000 | 30,000 | 30,000 | 30,000 | 30,000 | 30,000 | 30,000 | 30,000 | 30,000 | 30,000 |
| **Omugatte awamu** | | **35,000** | **31,675** | **38,350** | **44,725** | **51,400** | **58,075** | **61,750** | **68,425** | **75,100** | **78,775** | **85,450** | **92,125** |
| Ezaafuluma. Ze tusuubira okufulumya | Ebikozesebwa | 18,850 | 18,850 | 18,850 | 18,850 | 18,850 | 18,850 | 18,850 | 18,850 | 18,850 | 18,850 | 18,850 | 18,850 |
| | Emisaala | 4,200 | 4,200 | 4,200 | 4,200 | 4,200 | 4,200 | 4,200 | 4,200 | 4,200 | 4,200 | 4,200 | 4,200 |
| | Utilities | 275 | 275 | 275 | 275 | 275 | 275 | 275 | 275 | 275 | 275 | 275 | 275 |
| | Okuddaabiriza | | | 300 | | | 300 | | | 300 | | | |
| | Ebyuma | 6,000 | | | | | | | | | | | |
| | Okuzimba | 4,000 | | | | | | | | | | | |
| | | | | | | | | | | | | | |
| **Omugatte mu nsaasaanya** | | **33,325** | **23,325** | **23,325** | **23,325** | **23,325** | **23,325** | **23,325** | **23,325** | **23,325** | **23,325** | **23,325** | **23,325** |
| Omugatte gw'ennyingiza | | 1,675 | 8,350 | 14,725 | 21,400 | 28,075 | 31,750 | 38,425 | 45,100 | 48,775 | 55,450 | 62,125 | 68,800 |

**Developing group business: Cashflow projections for the period January to December 2019**

| Ebintu | | Jan | Feb | Mar | Apr | May | June | July | Aug | Sept | Oct | Nov | Dec |
|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|---|
| **Ensimbi ezitandika;** Koppa ensimbi ezaakomekkereza omwezi | | | | | | | | | | | | | |
| Ensimbi ezaayingira | Zaasondebwa ba mmemba | | | | | | | | | | | | |
| | Zaatuweebwa | | | | | | | | | | | | |
| | Twatunda muwogo | | | | | | | | | | | | |
| **Omugatte** | | | | | | | | | | | | | |
| Ze tusuubira okufulumya List projected expenses Refer to expenses in income statement | Ebikozesebwa | | | | | | | | | | | | |
| | Emisala | | | | | | | | | | | | |
| | Utilities | | | | | | | | | | | | |
| | Okuddaabiriza | | | | | | | | | | | | |
| | Ebyuma | | | | | | | | | | | | |
| | Okuzimba | | | | | | | | | | | | |
| | | | | | | | | | | | | | |
| **Omugatte mu nsaasaanya** | | | | | | | | | | | | | |
| Omugatte gw'ennyingiza | | | | | | | | | | | | | |

## Ekyokukola 4.9.2

### Okutegeka olupapula lw'ebyensimbi

## Ebigendererwa

Olutuula luno we lunaggwera ebeetabyemu bajja:

- Kutegeera amakulu n'okunnyonnyola olupapula lw'ebyensimbi.
- Bazuule n'okwawula ebintu ebibeera ku lupapula luno
- Bakolere wamu olupapula luno



**Obudde: eddakiika 30**

**Omulungamya:**

- Ayanjule ekyokukola ng'abuuza abeetabyeemu eyali awulidde ku kigambo olupapula lw'ebyensimbi.
- Annyonnyoe era ageraageranye ebigambo n'ebyokulabirako ebya bulijjo
- Alambike ekibiina ebyokulabirako ebyenjawulo ebyebintu ebikulu ebibeera ku lupapula luno era abalage ensengeka
- Nga mukozesa ekyokulabirako mukole olupapula lw'ebyensimbi
- Balage era basobozesa okukola olupapula lw'ebyensimbi.

## Omulungamya yekkaanye

Wadde ng'olupapula lw'ennyingiza lulaga enfuna,luno lwo lulaga omugatte gw'ekibiina nga bwe kiba kiyimiridde.Olupapula lw'ebyensimbi lugatta buli kimu ekibiina kye kirina,ne kutoolwako buli kimu ekibanjibwa ekibiina,era ne lulaga ekibiina bwe kiyimiridde mu by'ensimbi. Kino kikolebwa buli luvannyuma lwa bbanga eggere (okugeza omwaka nga guggwako).

### Olupapula lw'ebyensimbi

| BYE TULINA | Biwera | BYE BATUBANJA | Gattako | KYENKANANKANA |
|---|---|---|---|---|
| Ekintu eky'omuwendo | | Ebyo ebibanjibwa ekibiina abalala oba bizinensi endala | | Ba mmemba/ banna nnyini (emigabo) |
| Ekibiina kye kirina Ensimbi eziriwo/mu Bbanka. Z'ossubirwa okusasulwa | | Ensimbi ezibanjibwa ekibiina | | Entandikwa okuva mu ba mmemba, ze batuwa |
| Ebiriwo n'ebikozesebwa, Ebizimbe ebidduka, Ebyuma | | Ezifikkawo mu mabanja | | Amagoba gonna |

## EMITENDERA

**Ogusooka:** ***Musome ekyokulabirako kino (eddakiika 10 )***


### EKIBIINA KY'ABALIMI BA MUWOGO

| **Bye tulina:** Wandiika byonna ekibiina bye kirina n'omuwendo gwabyo okutuuka nga 31 Dec 2019 | | **Ebibanjibwa** Ebitubanjibwa: Wandiika amabanja gonna okutuuka nga 31-Dec-2019 | |
|---|---|---|---|
| Ensimbi mu mpeke | 73,900 | Bye tulina okusasula | |
| Ebyuma n'ebikozesebwa | 10,000 | Amabanja | - |
| Okusasulwa bye twatunda mu Dec | 30,000 | | - |
| | | **Omugatte gwa ebitubanjibwa** | 0 |
| | | Entandikwa y aba mmemba nga 31-Dec 2019 | |
| | | Entandikwa: Ze twasonda n'ezaatuweebwa | 35,000 |
| | | Enfissi mu 2018 | 78,900 |
| **Omugatte gwa bye tulina** | | **Omugatte** | **113,900** |

**Ogwokubiri:** ***Okutegeka olupapula lw'ebyensimbi olw'ekibiina (eddakiika 20)***

| **Bye tulina:** Wandiika byonna ekibiina bye kirina nemiwendo gyabyo okutuuka nga 31-Dec 2019 | | **Ebitubanjibwa** Ebitubanjibwa: Wandiika byonna ekibiina bye kibanjibwa okutuuka nga 31-Dec-2019 | |
|---|---|---|---|
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | **Omugatte gwa ebitubanjibwa** | |
| | | Equity: | |
| | | | |
| | | | |
| **Omugatte gwa bye tulina** | | **Omugatte** | |

# Olutuula 4.10
# MU BUFUNZE




**Obudde: eddakiika 5**

## Session Overview

Wano tufunza buli katundu mu ntegeka ya bizinensi. Bga bwe kiragiddwa mu lutuula 1, kino kye kitundu ekisooka mu ntegeka ya bizinensi, naye kino osobola okukikola ng'ebitundu byonna biwedde okutegekebwa. Kalina okulaga mu bufunze naye nga kategeerekeka era nga koogera ku kibiina ne kasikiriza omusomi okuyiga ebisingawo.

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggweera ,abeetabyemu bajja:

- Okumenya entuula enkulu mu ntegeka ya bizinensi ebirina okulabikira mu kufunza
- Bafume obubaka obunaabaamu okuva mu ntegeka ya bizinensi okufuna obufunze
- Bakole obufunze obw'ekibiina kyabwe

## Ekyokukola 4.10.1

### Okuwandiika okufunza



**Obudde: eddakiika 30**

**Omulungamya:**

- Ayanjule ekyokuyiga ng'abuuza abeetabyemu kye bamanyi oba kye basomye ku kigambo obufunze
- Afune okuddamu kw'abantu kye bategeera ku kufunza n'enkozesa yayo
- Ayise abeetabyemu mu mutendera ogusooka ,ogwokukola obufunze buno nga beesigama ku ntegeka ya bizinensi
- Agabanye abeetabyemu mu bibinja babiri oba basatu oba bana bakubaganye ebirowoozo ate bamalirize omulimu nga balaga obufunze bw'entegeka ya bizinensi.

**Omulungamya yekkaanye**

Engeri esinga obwangu mu kuwandiika obufunze kwe kutunuulira entegeka ya bizinensi n'owandiikako ssentensi emu oba bbiri ku buli katundu.

### AMAKUBO

**Erisooka:** ***Soma era weetegereze ekyokulabirako(eddakiika 10)***

## Ekyokulabirako ky'ekifunze

**Erinnya ly'ekibiina:** Ekibiina ky'abalimi ba muwogo

**Ekibiina ky'abalimi ba muwogo:**
Ekibiina kyaffe kisangibwa(laga), ekitundu ekisinga okulima muwogo mu ggwanga.

**Ba mmemba:**
Tulina bammemba nga 200 abalima muwogo nga balaze obwetaavu okutwegattako. Kino kikola ebitundu 40% ku muwendo gwonna ogwabalima muwogo mu kitundu kino. Tusuubira omuwendo guno okulinnya n'ebitundu 5% buli mwaka.

**Ekirime/ obuweereza n'emigaso:**
Ekibiina kyaffe kijja kulongoosa muwogo okuva mu ba mmemba afune omutindo era akolebwemu emmere. Muwogo omuwaate ajja kutundibwa mu mwaka ogwokubiri kituwe omukisa okufuna ekyuma ekisusa.

**Obusobozi bw'okufulumya:**
Mu mwaka ogusooka,tuluubirira okufulumya muwogo awera mt 1800 nga musale. Tutegeka okwongerako n'ebitundu 5% buli mwaka.

**Engeri y'okufulumya:**
Tujja kukubiriza abantu okulima mu bufo obutono ate n'awanene mu ba mmemba baffe tusobole okufuna muwogo buli kiseera omwaka gwonna. Tusuubira okukozesa ebyuma awamu.Ekyuma kyaffe kijja kugoberera amateeka era kitunuulire obulamu bw'abakozi.

**Abaguzi:**
Ekibiina kijja kukola endagaano y'okutunda n'ebyuma bisatu mu kitundu. Tusuubira obwetaavu bwa muwogo okuba obwa mt 200,000 buli mwaka. Kino kirekawo omuwaatwa gwa mt 50,000 buli mwaka.

**Obukulembeze/ Abakozi:**
Olukiiko olukulembeze lujjanga kutunuulira entambuza y'emirimu ku kyuma.Tujja kufuna maneja okulabirira emirimu ejja buli lunaku. Abakozi baffe bajja kutendekebwa mu nkola y'emirimu entuufu n'obulamu bwabe nga bali ku mirimu.

**Enteebereza y'ensimbi:**
Tujja kwetaaga ensimbi 35,000/- okutandika emirimu. Tusuubira okusonda okuva mu ba mmemba obuweza ensimbi 20,000/-. Tusuubira okunoonya ezisigadde 15,000/-. Ennyingiza eya buli mwaka eteeberezebwa okuba ensimbi 360,000 nga tusaasaanyizza omugatte gwe 282,500/-, amagoba ge tusuubira buli mwaka gali 77,500/- nga tetunnatoolako misolo.

**Ogwokubiri:**

Tegeka obufunze bwa bizinensi yammwe. Tukusaba weesigame ku bye mwafulumya omwaka oguwedde okuva mu butundu obuyise okujjuza okulambika kuno wammanga. Buli katundu kateekeko ba mmemba babiri oba basatu okukakolako. (eddakiika 20).

### Ekyokulabirako eky'ekifunze

| |
|---|
| **Erinnya ly'ekibiina** |
| |
| **Gye kisangibwa** |
| |
| **Ba mmemba** |
| |

| Kye tukola/Obuweereza n'emigaso |
| --- |
| |
| **Obungi bwe tusuubira okufulumya** |
| |
| **Engeri y'okufulumya** |
| |
| **Abaguzi baffe** |
| |
| **Obukulembeze/Abakozi** |
| |
| **Enteebereza y'ebyensimbi** |
| |

# Eby'okuddamu:

## Ekyokukola 4.11.1

**Ekifaananyi 1:** Ebifa ku bizinensi

**Ekifaananyi 2:** Entegeka y'ebyensimbi

**Ekifaananyi 3:** Entegeka y'akatale

**Ekifaananyi 4:** Entegeka y'emirimu

**Ekifaananyi 5:** Entegeka y'obukulembeze

**Ekifaananyi 6:** Okutangira ebizibu




## ESSOMO 5

# ENTEGEKA Y’EKIBIINA

## Okutunuulira essomo

- Mu ssomo lino ,abeetabyemu bajja kuyiga engeri ekibiina gye kitegekebwamu n'okukulemberwa okusobola okutuukiriza entegeka ya bizinensi.
- Era bajja kwongera okunnyonnyola ekipande ekiraga obukulembeze kye bakoze mu ntegeka y'obukulembeze obwa bizinensi.
- Bajja kubaga amateeka ageetaagibwa okutambuza ekibiina obulungi wamu ne ba mmemba.

# Olutuula 5.1
# ENTEGEKA Y'EKIBIINO KY'ABALIMI



**Obudde: eddakiika 5**

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggwera, abeetabyemu bajja kutegeera:

- Ebitongole ebikulu mu kibiina ky'abalimi
- Obukulu bw'okuba n'ebitongole eby'enjawulo mu kibiina.

## Obubaka obw'enkizo

- Ekibiina ekisimbye emirandira kiteekwa okuba n'obukiiko obwenjawulo nga bulina emirimu n'obuvunaanyizibwa ebitegeerekeka.
- Okusobola okutuukiriza obuvunaanyizibwa bw'ekibiina, buli kitongole kirina okutegeera n'okukola obuvunaanyizibwa bwako.

## Ekyokukola 5.1.1

### Ebitongole eby'enkizo mu kibiina ky'abalimi



**Obudde: eddakiika 30**

**Omutendera ogusooka: *Buuza abeetabyemu***

- TOkumenya ebitongole eby'enjawulo ekibiina bye kirina okuba nakyo okusobola okukola obulungi
- .Okunnyonnyola obukulu bw'okuba n'ebitongole ebyawufu mu kibiina ky'abalimi.

## Omulungamya yekkaanye


Ebitongole ebikulu mu kibiina ky'abalimi bye:

a. Olukiiko lwa ba mmemba olwa wamu,
b. Olukiiko olufuzi n'obukiiko



*Olukiiko lwa ba mmemba olwa wamu*

- Olukiiko lwa ba mmemba olwa wamu, lubeerako ba mmemba abasasudde obulungi emitemwa gyabwe.
- Bano era bayitibwa mu biseera ebitongole okubaako bye basalawo ebikulu okugeza okulonda abakulembeze, okuyingiza ba mmemba abapya, okuyisa entegeka ya bizinensi n'amateeka era n'okukkiriza entegeka z'emirimu.
- Ng'abalina obwannannyini ku bizinensi, ba mmemba be basalawo.Ebisalibwawo bikolebwa mu nkiiko ez'awamu.
- Ba mmemba bakuuma ekibiina kyabwe nga bayita mu lukiiko olufuzi lwe beerondamu bo bennyini.



*Olukiiko olufuzi n'akakiiko*

- Akakiiko kabaga enkola naye nga zirina okukkirizibwa ba mmemba mu lukiiko olwa wamu.
- Olukiiko olufuzi lutondawo obukiiko obuyinza okukulemberwa ba mmemba abali ku lukiiko olufuzi oba okulonda ba mmemba abalala mu kibiina okubukulembera.
- Ba mmemba abalala batera okuteekebwa ku bukiiko buno.
- Ekibiina okukola obulungi emirimu kisinziira ku nkolagana y aba mmemba n'olukiiko olufuzi ate n'obukiiko.

## Omulungamya yekkaanye

### Obukulu bw'okuba n'obukiiko obw'enjawulo mu kibiina

- Okwawulamu obuvunaanyizibwa n'emirimu: buli kitongole kirina emirimu emyawufu wamu n'obuvunaanyiziba ebiyamba mu kutuusa ekibbina ku buwanguzi.
- Okukozesa obulungi ebintu; Olukiiko olufuzi luvunaanyizibwa ku kunoonya ebikozesebwa era lulina okulaga bye lukola mu lukiiko olwa wamu. Ng'ojjeeko ebyo, kikendeeza okukola emirimu egifaanagana. Buli kakiiko kakola emirimu nga bwe kaweebwa obuvunaanyizibwa.
- Okubaako bye katangira: Obukiiko obw'enjawulo bulina obuyinza okulondoola emirimu gy'akakiiko akalala okutangira ebikolwa ebitayamba kibiina/ ebitagoberera mateeka ga kibiina.
- Okugumya banna kibiina: Ng aba mmemba bafuulibwa kitundu ku bukiiko obw'enjawulo , ba mmemba bawulira obwa nnannyini ku kibiina kyabwe,kino ne kibaleetera okwagala ekibiina kya bwe.
- Okukendeeza obukuubagano mu ba mmemba kubanga obukiiko obw'enjawulo buba n'obuvunaanyizibwa obw'enjawulo.
- Kitangira obwannakigwanyizi: Buli kitongole kirina emirimu myawufu egiragibwa ssemateeka.Kino kikendeeza obwa nnakigwanyizi n'okulya mu lulime ne mu luzise.
- Kireeta okwenyigiramu n'okutuusa obuweereza obulungi mu banna kibiina. Kubanga buli mmemba mu kibiina alina obuvunaanyizibwa obwawufu bw'alina okutuukiriza. Baba bayina okufuba okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe.
- Kitumbula obweru fu kubanga ebitongole eby'enjawulo bisuubira okulaga bye bikola mu bukiiko obulala, okugeza Olukiiko olufuzi lulaga bye lukola mu lukiiko olwa bonna ate obukiiko bulaga bye bukola mu lukiiko olufuzi kino kireetawo obwerufu ku buli ludda.

## Ekyokukola 5.1.2


### Okukola ekipande ky'obukulembeze




*Okukola ekipande ky'obukulembeze*

## Ekipande ky'obukulembeze eky'abalimi

### Olukiiko lwa ba mmemba olwa wamu



**Ba nnannyini kibiina:**
Wa ekibiina obuwagizi nga basiga entandikwa. Olukiiko olwa waggulu mu kibiina n'obuyinza obw'enkomeredde mu kusalawo enkola n'entegeka y'ekibiina

### Olukiiko olufuzi



**Lulondebwa mu ba mmemba era be balulonda:**
Lubaga enkola egobererwa mu kibiina era luteeka ba mmemba ebe'enjawulo Okulabirira entegeka y'ebyensimbi. Lukulembera ekibiina okutuukiriza ebigendererwa byakyo.

### Obukiiko obutonotono





**Bulondebwa oba buyingizibwa Olukiiko olufuzi:**
Buvunaanyizibwa ku mirimu egy'enjawulo egibuweebwa olukiiko olufuzi era buvunaanyizibwa okutuukiriza emirimu gya buli lunaku mu kibiina nga bwesigama ku bukugu.

**Olukiiko lwa ba mmemba olwa wamu** ⇄ **Olukiiko olufuzi n'obukiiko** ⇄ **Obukulembeze n'abakozi b'ekibiina**

## Olutuula 5.2

# BA MMEMBA N'OLUKIIKO OLWA WAMU

Obudde: eddakiika 5

## Okutunuulira olutuula

- Nga bwe mulabye mu lutuula 5.1, olukiiko olwa wau lwe lusinga obukulu mu kusalawo ku nsonga z'ekibiina era lulina obuyinza obw'enkomeredde mu kuddukanya ekibiina.
- Olukiiko lwa ba mmemba olwa wamu lukolebwa ba mmemba abayimiridde obulungi mu nsonga z'ekibiina n'endowooza entuufu.

- Okuba nga bayimiridde bulungi,mmemba alina okutuukiriza obuvunaanyizibwa n'emirimu gyabwe nga bwe biragiddwa mu ssemateeka w'ekibiina. Mu lutuula luno, eddembe n'emirimu gya ba mmemba giragibwa bulungi. Ebiva mu kino bye bivaamu amateeka g'ekibiina oba ssemateeka.

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggweera ,abeetabyemu bajja:

- Kutegeera eddembe lya ba mmemba
- Okunnyonnyola obuvunaanyizibwa bwa ba mmemba.
- Okukubaganya ebirowoozo ku mirimu gy'olukiiko olwa ba mmemba olwa wamu

### Obubaka obw'enkizo

a. Eddembe lifunibwa nga mmemba ayingiziddwa mu kibiina awatali kusosola.
b. Eddembelyabammembakitegeezaamateekaag'enkukunalaagalagaebikkirizibwa oba ebiweebwa ba mmemba okuva mu ssemateeka w'ekibiina.
c. Mu kyokukola kino, mujja kutunuulira eddembe erisookerwako ba mmemba okufuna ebirowoozo ku biki ebirina okuteekebwamu ssemateeka wammwe.

## Ekyokukola 5.2.1

### Okuzuula eddembe lya ba mmemba



**Obudde: eddakiika 25**

### EMITENDERA

**Ogosooka**

Abuuze abeetabyemu okumenya eddembe lyabwe mu kibiina, bawandiike bye bazzeemu era babigeraageranye n'ebyomulungamya bino.




*Omulungamya ng'abuuza abalimi eddembe lyabwe*

### Omulungamya yekkaanye

**Erimu ku ddembe lya ba mmemba**

1. Eddembe okuteesa ku nsonga z'ekibiina n'okukubaganya/ okwetaba mu nkiiko
2. Eddembe okufuna amawulire ku nsonga z'ekibiina
3. Eddembe okulonda
4. Eddembe okuva mu kibiina ku kyeyagalire
5. Eddembe okulondebwa okuweereza ku lukiiko olufuzi oba ku bukiiko
6. Eddembe okuko zesa ebintu by'ekibiina wamu n'obuweereza
7. Eddembe okukyusa mu ssemateeka
8. Eddembe okuddizibwa ensimbi ze ng'avuddemu.



*Eddembe okuteesa ku nsonga n'okwetaba mu nkiiko*

## Ekyokukola 5.2.2

### Okuzuula obuvunaanyizibwa bwa ba mmemba



**Obudde: eddakiika 20**

### Obubaka obw'enkizo

- Okugatta ku ddembe, ba mmemba era balina obuvunaanyizibwa n'emirimu ng aba ssekinnoomu ate ne mu lukiiko olwa wamu.
- Obuvunaanyizibwa buno n'emirimu era biragibwa mu ssemateeka w'ekibiina.
- Mu kyokukola kino emirimu gya ba mmemba emikulu gijja kuzuulwa.

**Ogwokubiri**

1. Abuuze buli yeetabyemu okuwandiika waakiri emirimu ebiri n'obuvunaanyizibwa bwa ba mmemba bwe bandyagadde okulowoozebwako nga bakola ssemateeka w'ekibiina .(eddakiika)
2. Akkirize buli yeetabyemu okusoma by'awandiise era afunze okuddamu kw'ekibiina era babigeraageranye n'ebiri mu kwekkaanya kw'omulungamya.

### Omulungamya yekkaanye

**Egimu ku mirimu gya ba mmemba ng aba ssekinnoomu**

- Okukozesa obuweereza n'ebintu by'ekibiina okugeza, okufuna ebikozesebwa nga bayita mu kibiina n'okutundira awamu.
- Okusasula emisoso gy'ekibiina gyonna
- Okwetaba mu nkiiko
- Okwetaba mu kwekenneenya n'okulonda obukiiko bwa ba mmemba / Okutuukiriza eddembe ly'okulonda
- Okugoberera ebyetaago mu kufulumya ebyamaguzi okusinziira ku ndagaano (obungi n'omutido) N'emirimu gya ba mmemba mu lukiiko olwa wamu
- Okuyisa ebiba byateesebwako mu lukiiko oluyise, entegeka ya bizinensi,alipoota z'ebyensimbi, embalirira,ebinaakolebwa n'enkola z'ekibiina ezibagibwa olukiiko olufuzi.
- Okulonda olukiiko olufuzi.
- Okukkiriza/ okugaana ba mmemba abapya.

**Ogwokusatu**

Abuuze abeetabyemu okumenya emirimu emirala bye basuubira nti byanditeekeddwa mu ssemateeka w'ekibiina? (eddakiika 10)

- Bawandiike okuddamu kwabwe

## Olutuula 5.3
# OBUKULEMBEZE N'OKUTAMBUZA EKIBIINA OBULUNGI



**Obudde: eddakiika 5**

## Okutunuulira olutuula

- Abakulembeze bavuga emirimu gy'ekibiina ku lwa ba mmemba.
- Ba mmemba bateeka okukkiriza mu lukiiko, ebyetaago byabwe,n'obuyinza mu bakulembeze be baba balonze.
- Ba mmemba b'olukiiko olufuzi balondebwa mu ba mmemba era be babalonda.
- Mu lutuula luno,emirimu n'obuvunaanyizibwa bw'olukiiko olufuzi n'obukiiko bijja kubagibwa.
- Ebinaava mu lutuula luno era bijja kukola empangi okukola ssemateeka oba amateeka ekibiina kwe kitambulira.

### Obubaka obw'enkizo

- Obuvunaanyizibwa gy'emirimu emikakafu olukiiko olufuzi oba obukiiko gye busuubirwa okukola ku lw'ekibiina.
- Obuyinza okukola ku lw'ekibiina buweebwa olukiiko olufuzi wamu so si mmemba omu ku lukiiko.
- Basuubirwa okukola buli kimu ku lw'obulungi bw'ekibiina.
- Okunnyonnyola obulungi obuvunaanyizibwa kikulu nnyo ku kutuukiriza emirimu gy'olukiiko olufuzi wamu n'obukiiko.

## Ekyokukola 5.3.1
### Ebitandikirwako mu bukulembeze obulungi mu bibiina by'abalimi



**Obudde: eddakiika 40**

## EMITENDERA


1. Amakulu g'obukulembeze
2. Okutunuulira ebiraga obukulembeze obulungi

### Obubaka obw'enkizo

- Obukulembeze buvunaanyizibwa bwa bakulembeze
- Ssemateeka kye kiwandiiko ekirambika era ekikakasa obukulembeze obulungi
- Ba mmemba aba bulijjo balina okutegeera obuvunaanyizibwa bw'abakulembeze era babafuule abavunaanyizibwa.

**Ogusooka**

Abuuze abeetabyemu:
- Okunnyonnyola amakulu g'obukulembeze.
- Okunnyonnyola kye bategeera mu kifaananyi




*Obukulembeze obulungu nga bugeraageranyizibwa n'obukulembeze obubi*

Funza abeetabyemu bye bazzeemu obigeraageranye n'ebyo ebiragiddwa mu kwekkaanya kw'omulungamya wammanga.

## Ebiraga obukulembeze obulungi

Obukulembeze buba bulungi nga bukakasa nti ebisalibwawo n'enzirukanya y'ekibiina bisinziira ku kusalirawo awamu mu lukiiko oba mu bukiiko, era endowooza za bonna nga ziwulirwa mu kusalawo ku nsonga enkulu.

## Ebiraga obukulembeze obulungi

1. **Okuwa ebirowoozo by aba mmemba bonna ekitiibwa n'eddembe:** Ba mmemba bonna bateekwa okuweebwa omukisa okuwulirizibwa nga bawaayo endowooza zabwe.



2. **Okukkirizibwa okwetabamu obutereevu.** Mu lukiiko lwa ba mmemba olwa amu, Ssentebe alina okukubiriza ba mmemba bonna okuteesa ku nsonga nga zikubaganyizibwako ebirowoozo.



3. **Obwerufu.** Mu kukola ku nsonga z'ekibiina, ebintu biteekwa okukolebwa mu bwerufu awatali kuleetawo kwekengera okuteetaagisa. Ekirala,walina okubaawo enkola entuufu era ekkirizibwa mu kukozesa ebintu by'ekibiina era n'okwanjulira ba mmemba ebivaamu mu ngeri esinga okusaana nga yesigamizibwaku mateeka n'enkola ezaateekebwawo.



4. **Okunoonya olukusa n'okukkaanya okwa wamu.** Nga temunnasalawo ku nsonga nkulu,Mulina okwebuuza mu ngeri esaana era okuddamu okw'abasinga obungi kwe kulina okussibwamu ekitiibwa.

**Okwongera amaanyi mu bantu.** Balambike okukola emirimu gyabwe era bawe omukisa okubola ekyo nga tebataataganyiziddwa.

**Okukola obulungi nga bwe kisaana.** Maliriza ekyokukola /kye mwagala mu budde ate nga mukozesa ensaasaanya ntono awatali kutaataaganya mutindo olwa kino.



**Obukulembeze obulengerera ewala.** Obukulembeze obulengerera ewala okusinga ekibiina era ne bakola entegeka okusinziira ku ekyo.

**Obwenkanya** (Eri bonna). Amakubo, enkola na byonna ebikozesebwa birina okuyisa ba mmemba bonna mu ngeri etekosa bye bakola mu kibiina. Okugeza obusiimo obugabibwa okusinziira ku ba mmemba bye bakolera ekibiina..



5. **Amagezi n'obukugu mu bukulembeze.** Obukulembeze obulina obumanyirivu mu kukola bizinensi y'ekibiina era n'obukugu ate n'okwewaayo okukulembera ba mmemba.

**Obukulembeze obulina obusobozi n'okwewaayo nga buli kitole.** Ekibinja ekitendeke nga kiri wamu okutuuka ku bigendererwa by'ekibiina mu kukola emirimu gyabwe.




## Obukulembeze obulungi obusookerwako

Wammanga bye bimu ku biraga obukulembeze obulungi obusookerwako

1. **Okulonda okutegekebwa mu budde, buli kiseera nga bwetengeredde.** Ba mmemba oluvannyuma lwa buli kiseera balonda abakulu okukulembera ekibiina kyabwe.



2. **Ebisanja.** Bino bikugira ebbanga omuntu ly'ayinza okuweereza mu wofiisi emu okusinziira ku ssemateeka.



3. **Obweruful.** Obubaka bwonna bulina okubeerawo eri ba mmemba bonna awatali kubusasulira. Okugeza, enkiiko z'ekibiina nga zirimu ba mmemba bonna, ebiwandiiko ebikwata ku nsimbi bisobola okwetegerezebwa mmemba yenna. Amateeka n'ebisalibwawo bisobola okukubaganyizibwako ebirowoozo. Ebisalibwawo n'emirimu bwe biba ebyerufu, kifuuka kizibu abantu ba ssekinnoomu okukozesa omukisa okutwala endowooza zaabwe ng'abantu mu maaso.



4. **ASsemateka.** Ekibiina kiteekwa okuba ne ssemateeka alaga bye baagala okutuukako ng'ekibiina,emigaso n'amateeka agasookerwako.



5. **Okukuuma ebitabo.** Ebitabo ebirungi biyamba ekibiina okulondoola engeri ekibiina gye kikolamu, okwetegereza ebikubaganyizibwako ebirowoozo n'endagaano,okulondoola ensaasaanya n'ennyingiza era n'okutegeka alipoota z'ebyensimbi.



6. **Empuliziganya ennungi.** Empuliziganya ennungi mu banna kibiina ebayamba okwetaba mu mirimu gy'ekibiina era ne mu kusalawo.



# Ekyokukola 5.3.2

## Obukulembeze bw'ekibiina ky'abalimi



**Obudde: eddakiika 40**

## Ebikozesebwa

a. Eggiraasi nnya nga zirimu amazzi ag'ekitundu buli emu
b. Ebiwuka
c. Egiraasi y'amazzi
d. Sukaali
e. Ebitoomi

### Obubaka obw'enkizo

- Abakulembeze abalungi bateeka ebyetaago by'ekibiina mu maaso g'ebyabwe eby'obuntu era bakolera okuganyulwa kwekibiina kyonna.
- Abakulembeze balambikibwa ssemateeka w'ekibiina era bakola entegeka y'enkulaakulana n'okubaawo kw'ekibiina.
- Bafuba okulaba ng'ekibiina kikula era ba mmemba bangi nga basikirizibwa okukyegattako.

## Okutegeera omuwendo abakulembeze gwe bagatta ku kibiina

### EMITENDERA

1. Teeka eggiraasi nnya ezitangaala nga zirimu amazzi ag'ekitundu . Buuza abeetabyemu bana okujjuza ebiwuka mu ggiraasi esooka: mu y'okubiri bateekemu amazzi: mu y'okusatu ebitoomi ate mu y'ukuna bajjuzeemu sukaali.
2. Buli eyeetabyemu atunuulire ekituuka ku mazzi mu buli ggiraasi ng'ebitekeddwamu bigattibwamu.

## Tandikawo okukubaganya ebirowoozo nga mwesigama ku bibuuzo bino:

a. Ku ggiraasi zonna eruwa egattiddwako omutindo?
b. Ggiraasi ki gye wandyagadde okulonda oluvannyuma lw'okugattamu ebintu ?
c. Lwaki wandyagadde ggiraasi eno?
d. Olowooza biki ebiyigirwa mu kyokukola kino ebyekuusa ku bukulembeze?

# Nnyonyola abeetabyemu nga wesigama ki bino wammanga

## Omulungamya

**Kikulu okwekkaanya bino:**

- Obukulembeze bulimu emitendera
- Obukulembeze bubeeramu ekigendererwa eky'awamu
- Obukulembeze bulimu okwukkurizisa abantu
- Obukulembeze buyinza okuyigibwa
- Obukulembeze bubeeramu obuyiiya, okukola n'okutetenkanya

1. Mu mulimu ogwo, bino biyinza okutunuulirwa:
2. Ebintu ebina bye tuyiye mu mazzi biraga abakulembeze ab'enjawulo ne kye batuusa ku bibiina by'abalimi.
3. Mu ggiraasi esooka,ng'ebiwuka bwe bitaasobola kwetabula na mazzi, omukulembeze tasobola kwetabula na kibiina. Akola buli kimu nga bw'ayagala okusunziira ku by'ayagala. Omukulembeze bw'atyo abuutikira abantu era teyebuuza ku ba mmemba balala.
4. Mu ggiraasi eyokubiri,amazzi gabulira mu mazzi agasangiddwa mu ggiraasi. Amazzi gano tegalina kinene kye gakyusa nnyo mu ggiraasi. Nga bw'olaba amazzi ago bwe gabulira mu ggiraasi, omukulembeze ng'oyo tabaako ky'akola. Talina nkyukakyuka gy'aleeta mu kibiina. Abo baba bakulembeze mu linnya so si mu buvunaanyizibwa.
5. Mu ggiraasi ey'okusatu, amazzi gajjula ettosi . Mu kusooka amazzi agabadde gasobola okunywebwa katu gaddugadde. Nga bw'olaba ettosi bwe ly'onoona amazzi agali mu ggiraasi, n'omukulembeze ono ayonoona ekibiina kyonna. Omukulembeze aleeta obuzibu bungi n'entalo mu kibiina. Omukulembeze bwatyo aba wa mutawaana.
6. Mu ggiraasi ey'okuna amazzi gafuna obuwoomi kubanga gagattiddwamu ssukaali. Amazzi galinnya omutindo nga gafuna obuwoomi. Ssukaali atabulwa mu mazzi agawa omutindo. Nga ssukaali bw'alinnyisa omutindo gw'amazzi, ng'agawa obuwoomi, omukulembeze ono agatta omutindo ku kibiina ng'akolagana ne banne bulungi ekiviiramu ekibiina okukola obulungi.

## ENGERI Z'OBUKULEMBEZE

Abakulembeze bakozesa engeri za njawulo okugatta omutindo ku bibiina by'abalimi. Ezimu ku ngeri zino zisinga ku ndala mu mbeera ezimu. Endala zikola bulungi mu biseera ebimu naye si buli wamu. Wammanga tukulaze ssatu ku ngeri z'obukulembeze..




*Engeri z'obukulembeze*

**Abakulembeze abalagira/ ba nnakyemalira.** Basalirawo ekibiina,era tebatera kuwa ba mmemba mukisa kukubaganya birowoozo. (kino kyefaananyiriza ku ggiraasi eyatabuddwamu ebiwuka waggulu) Kino oluusi kiyinza okwetaagisa mu kibiina singa wabaawo obuzibu, naye ekibi , abakulembeze abo tebawa ba mmemba kwekkiririzaamu n'okufuna obukugu.

**Abakulembeze abeebuuza.** Bano baagazisa abantu okukubaganya ebirowoozo, era ne basalirawo wamu ng'ekibiina. Bano bageraageranyizibwa ku ggiraasi eyateekeddwamu amazzi mu kyokulabirako waggulu, beegatta bulungi ne be bakulembera naye tebalina kenene kya nnyo kye bagatta ku mutindo gwa kibiina.

**Abakulembeze abasobozesa be bakulembera.** Bano bateekawo okukugira okumu, naye basobozesa abalala okukubaganya ebirowoozo naye nga waliwo okukugirwa. Kino kifaananako eggiraasi eyagattiddwamu ssukaali waggulu kubanga amazzi gaafunye obuwoomi. Obukulembeze buno era buyitibwa obw'awamu n'okwetabamu.

**Abakulembeze abalagira/ ba nnakigwanyizi.** Tebagoberera nkola za kibiina,be basalawo biki ebirina okutuukirizibwa, balagira era bakugira eyokukola awatali kuwa nnyo balala mukisa kwetaba mu kusalirawo wamu. Kino kifaananako eggiraasi eyagattiddwamu ettosi waggulu ekyaleetedde amazzi okukyafuwala era kireetera ba mmemba okwetamwa ekibiina. Omukulembeze oyo akugira ekibiina ,n'akiwa eddembe ttono era n'akyonoona.

Obukulembeze bw'okwenyigiramu si bulungi buli keseera mu bibiina byonna,naye kikulu okukola n'ebitundu era n'ebibiina by'abalimi entonotono.

## Ekyokukola 5.3.3

### Ebisaanyizo by'abakulembeze b'ebibiina



**Obudde: eddakiika 40**

#### Omutendera ogusooka

- Abuulire abeetabyemu nti bagenda kuwandiika ebimu ku bisaanyizo by'abakulembeze abalungi.
- Agabanye abeetabyemu mu bibiina ebitono abya bantu nga bana oba bataano okukakasa nti tulina ebibiina ng bina omuli omuwendo ogwenkanankana.
- Asabe ekitundu ku bibiina ebitono (okugeza ebibiina ebitono bibiri) okwebuulirira ku bukulembeze obulungi mu bibiina byabwe era bafune olukalala lw'ebintu omuntu by'alina okuba nabyo okuyitibwa omukulembeze omulungi.
- Mu ngeri y'emu, ekitundu ekisigadde ku bibiina ebitono( okugeza ebirala bibirio bijja kwebuulirira ku bukulembeze obubi mu bibiina byabwe ,era bawandiike olukalala lw'ebintu omuntu by'aba nabyo okumuyita omukulembeze omubi.
- Ebibiina biwe akadde okulaga bye bafunye
- Mukubagannye ebirowoozo ku byombi nga mwesigama ku bibuuzo bino:
- Babuuze oba balabye ebintu ebisoomooza era n'ebyangu.
- Longoosaamu bwe wabaawo ebibuzaabuza.
- Mukubaganye ebirowoozo ku bintu ebiyinza okukozesebwa mu bakulembeze b'ebibiina by'abalimi
- Kozesa okwekkaanya kw'omulungamya wammanga;

### Omulungamya yekkaanye

**Abakulembeze abalungi balina ebintu bingi ebibafuula abalungi. Muno mulimu:**

- **Okuba ekyokulabirako.** Omukulembeze ateekwa okuba omwerufu era nga teyeekubiira era ng'abantu bamukkiririzaamu ate n'okumuwa ekitiibwa. Bakkiriza nti omukulembeze atwla obuvunaanyizibwa ku lw'ekibiina.
- **Ng'alengera wala.** Kino kiwa ekibiina ekkubo ly'okukwata era ne kireeta obumu mu kibiina. Abantu bakkiriiza mu mukulembeze amanyi gye balaga na ngeri ki ey'okutuukayo.
- **Ow'amaanyi.** Abakulemeze balina okusitula abalala mu kibiinaera balina okumatiza abatali mu kibiina ku biki bye bakola..
- **Nga bakolera wamu.** Mu ngeri y'emu, abakulembeze balina okuba ekitundu ku kibiina era nga bakolerera ebigendererwa by'ekibiina. Abakulembeze abalungi bakola n'abalala era baba kya kulabirako.
- **Mugumu ate elina ebigendererwa.** Abantu batunuulira omukulembeze abawe obukulembeze.Kino kitegeeza okuba n'obusobozi okusalawo,obusobozi okusitula abalala n'ekitone okufune ekisinga mu bantu bonna ng'ekibiina okutwala emirimu mu maaso.
- **Okumalawo obukuubagano.** Omukulembeze omulungi akimanya nti ekibiina ekiri awamu nga kitole kiba kya maanyi ate kituuka ku buwanguzi. Awo nno ayamba okumalawo obukuubagano mu banna kibiina era alambika amaanyi gabwe mu makubo amatyyfu.



- **Ng'awuliziganya bulungi n'abalala.** Abakulembeze bateekwa okuwuliziganya obulungi ne ba mmemba b'ekibiina. Bawuliliza buli omu ky'agamba (so si abalondemu) era ne bannyonnyola bulungi ebyetaagisa.Bakubiriza ba mmemba okukolagana obulungi ne bannaabwe ate n'abatali ba mmemba.
- **Bakakkamu ate beekenneenya.** Abakulembeze abalungi mu biseera ebizibu basigala bakkakkamu era tebava ku kigendererwa kya kibiina. Ebyokukoola babitemamu ebitundu ebisoboka okubifuula ebyangu.
- **Nga bamanyi.** Abakulembeze abalungu tebeetaaga kuba bakugu. Naye bateekwa okumanya ebizibu mu kibiinaera nga balina endowooza ku ngeri ki ey'okubyanganga. Batendeka ba mmemba era ne balabira ku balala obukugu obw'enjawulo obwetaagisa okumalawo ekizibu.
- **Okuwagira okwetabamu.** Okukulembera ekibiina ky'abalimi, omukulembeze ateekwa okusobozesa ba mmemba bbonna okuwaayo amaloboozi gabwe era ne bagatta ku bigendererwa by'ekibiina.

**Ogwokubiri**

Buuza abeetabyemu kinnoomu, soma eraweetegereze ebisaanyizo ebiwandiikiddwa mu katundu akasooka era ng'ogolola londa ko 5 bye balowooza ba mmemba bye balina okuba nabyookusaanira obukulembeze bw'ekibiina.

## Ebisaanyizo by'omukulembeze

- Obweru fu n'obuteekubiira
- Okukkirizibwa ba mmemba nti opima bulungi ebifa ku bizinensi
- Akkiririza mu kibiina
- Mukulembeze wa kitundu kyonna era alina obusobozi okukola n'abalala
- Muwanguzi mu mirimu gye
- Ebigendererwa bye tebikuubagana na bya kibiina
- Alina okumanya ku byabizinensi y'ekibiina era awuliriza abalala
- Nga mwetegefu okwetaba mu nkiiko ezitegekebwa ate n'ezo ez'enjawulo mu bukiiko ate ne mu kutendekebwa
- Obumanyirivu mu bizinensi y'ekibiina
- Nga yeetaba butereevu mu mirimu g'ekibiina nga mmemba
- Obumanyirivu ku bukiiko obulala wamu n'okukola n'ebibiina ebirala eby'ekitundu
- Okumanya n'okutegeera eby'ensimbi ate n'obusobozi okusoma lipoota z'ebyensimbi
- Nga tasosola mu bantu okusinziira ku kikula kyabwe era ng'akubiriza omwenkanonkano.

**Ogwokusatu**

Gamba ba mmemba okuwandiika ebisaanyizo ebitali ku lukalala olwo bye balowooza mti bikulu nnyo mu ba mmemba b'obukiiko. (eddakiika 10)

**Ogwokuna**

Mugabane era mukubaganye bye mufunye n'abeetabyemu. Mufune okukkaanya ku bisaanyizo asana okuba mmemba ku kakiiko bye yandibadde nabyo. (eddakiika 10)

## Ekyokukola 5.3.4

### Okulonda abakulembeze b'ekibiina



**Obudde: eddakiika 20**

Buuza oba waliwo eyali yeetabye mu kulonda abakulembeze ku mutendera gw'ekibiina. Saba ku beetabyemu babiri oba basatu okunnyonnyolaengeri y'okulonda. Muwandiike ensonga era muzigeraageranye n'ezomulungamya wammana:

### Omulungamya yekkaanye

Omuwendo gwa ba mmemba ku kakiiko gusinziira ku ssemateeka we kibiina ko n'emirimu egikolebwa mu kibiina. Ba mmemba b'akakiiko balina oteekawo obwenkanya era kubeeko abakyala n'abaami. Okulonda ba mmemba ku bukiiko kutera okubeeramu emitendera gino:

- Mmemba omu alina okuleeta erinnya ly'omuntu ku kifo.
- Oyo aleeteddwa alina okulaga oba yeetegese okuweereza mu kifo ekyo.
- Olukiiko olw'awamu lulina okulonda omuntu mu kifo.
- Obuwanguzi bw'ekibiina bwesigama nnyo, ku bisaanyizo by'abakulembeze bakyo.
- N'olwekyo, kikulu nnyo okulonda ba mmemba ku bukiiko n'obwegendereza.

## Ekyokukola 5.3.5

### Obuvunaanyizibwa bwa ba mmemba b'olukiiko olufuzi wamu n'obukiiko



**Obudde: eddakiika 30**

Tulabye ebisaanyizo by'abakulembeze n'ebiyitibwamu okulonda. Mu katundu kano, obuvunaanyizibwa bw'olukiiko olufuzi, obukiiko ne ba mmemba ab'enkizo mu likiiko olufuzi bijja kukubaganyizibwako ebirowoozo. Ng'ojjeeko olukiiko olufuzi, ekibiina ky'abalimi kiyinza okuba n'obukiiko obulondebwa olukiiko olufuzi okukola emirimu emitongole mu kibiina. Obumu ku bukiiko mu bibiina by'abalimi kuliko; obulondoola ensimbi n'okukola obwa nnampala, obufulumya n'okutanda ebintu, obwebyensimbi n'obutali bumativu, obusaggula n'okusomesa.

## EMITENDERA

### Ogusooka

Gabanya ekibiina mu bubiina obutono , obabuuze bakubaganye eborowoozo era bawandiike emirimu gy'obukiiko.

Buli kabiina kalage bye kafunye, bawandiike era bageraageranye bye bafunye n'ebyomulungamya wammanga:

**Omulungamya yekkaanye**

- Obuvunaanyizibwa bw'olukiiko olufuzi obw'enkizo
- Okulabirira n'okukuuma ebintu by'ekibiina
- Okutegeeza ba mmemba
- Okukuuma ekibiina n'ebintu byakyo
- Okuteekawo enkola z'ekibiina
- Okulonda n'okuteeka ba mmemba b'obukiiko obw'enjawulo
- Okukiikirira ba mmemba
- Okwekenneenya engeri ekibiina gye kikolamu

## Obuvunaanyizibwa bw'okulondoola obukiiko

- Okukakasa ebitabo nga bitegekebwa bulungi ate mu budde.
- Okukakasa engeri y'okukugira ebikolebwa mu kibiina,gye kubeeramu, okukiteeka mu nkola, n'obutabikyusakyusa okusinziira kun kola z'ekibiina wamu n'ebigobererwa.
- Okukuuma ebyama mu kukola ku nsonga z aba mmemba okusinziira kun kola y'emirimu mu kibiina ,ate n'okutuuka ku kusalawo okusaana.
- Okuwaayo alipoota z'obukiiko n'emirimu gyabwo mu lukiiko olwa wamu.
- Okulondoola emirimu gy'olukiiko olufuzi nga bayita mu kwekenneenya okwa buli kiseera okw'ebiteesebwa.
- Okuyita enkiiko ez'enjawulo eza ba mmemba nga bwe kyetaagisa okusinziira ku mateeka.

## Obuvunaanyizibwa bw'akakiiko akalondoola n'okunoonya akatale

- Kakola enteebereza ku bifulumizibwa.
- Okusalawo ebyetaagisa okukola emirimu n'okubifuna.
- Kawa amawulire ku katale.
- Kavunaanyizibwa ku mutindo
- Kanoonya akatale k'ebintu by aba mmemba
- Kavunaanyizibwa ku kutereka ebintu by'ekibiina.

## Obuvunaanyizibwa bw'akakiiko k'ebyensimbi

- Kalaga ennyimirira mu by'ensimbi mu kibiina
- Okunoonya ebikozesebwa (okuva munda n'ebweru)
- Okukola entegeka y'ensimbi n'okukola embalirira
- Okuwa alipoota z'ebyensimbi
- Okutwala ssente mu bbanka, okubala ebitabo n'okubikuuma
- Okulabirira ebintu by'ekibiina ng'ebizimbe.

## Obuvunaanyizibwa bwakakiiko aka'obutali bumativu

- Okufuna okwemulugunya okuva mu ba mmemba abatali bamativu
- Basalawo obudde, n'ennaku z'omwezi wamu n'ekifo aw'okuwulirira obutali bumativu
- Okuwuliriza mu bwenkanya ebiwaayi byonna
- Okumalawo obutali bumativu mu biwaayi eby'enjawulo
- Kayinza okujuliza ensonga ezimu mu bakulu abasingako singa kaba kalemereddwa okumalawo obutali bumativu.

## Obuvunaanyizibwa bw'akakiiko akanoonya n'okusomesa

- Kateekateeka ne kanoonya ba mmemba n'okuyingiza abantu mu kibiina
- Kazuula obwetaavu bw'okutendeka ba mmemba era ne kategeka okubatendeka
- kategeka okutumbula akatale k'ekibiina
- Kawa alipoota mu lukiiko olufuzi

**Ogwokubiri**

Abuuze abeetabyemu okuwandiika emirimu gye balowooza nti bikulu nnyo era nga biteekwa okulowoozebwako mu kutegeka ssemateeka. (eddakiika10)

## Ekyokukola 5.3.6

### Ba mmemba ab'enkizo ku lukiiko/ abakulu ku lukiiko



**Obudde: eddakiika 30**

Okusinziira ku ssemateeka w'ekibiina, ba mmemba b'olukiiko olufuzi bayinza okubaako; Ssentebe, omumyuka wa ssentebe, omuwandiisi n'omuwanika. Buli omu ku abo alina emirimu emitongole nga bwe biragibwa amateeka g'ekibiina.

**Ogwokusatu**

Okufuna okutegeera obulungi emirimu gya buli omuku bakulu bano ab'enkizo mu kibiina buuza abeetabyemu okuddamu ebibuuzo bino wammanga; nga buli kibuuzo kisomebwa,teeka akalambe ku kuddamu kwo nga ssekinnoomu era obabane by'ozzemu ne ba mmemba abalala. Balina okutuuka ku kukkaanya ku kyokuddamu nga temunagenda ku kibuuzo kiddako.

1. Ani akola obuvunaanyizibwa bwa ssentebe bw'aba taliiwo oba nga tasobola kubutuukiriza?
   a. Maneja
   b. Omumyuka wa ssentebe
   c. Omuwandiisi
   d. Omuwanika

2. Ani atereka olukalala olujjuvu olwa ba mmemba n'ebiwandiiko by'enkiiko z'obukiiko wamu n'enkiiko eza wamu?
   a. Ssentebe
   b. Omumyuka wa ssentebe
   c. Omuwandiisi
   d. Omuwanika

3. Ani asasula ssente zonna ku bikolebwa mu bizinensi ku kusembebwa kw'olukiikko olufuzi, era n'akakasa obutuufubw'ennyimirira mu by'ensimbi mu kibiina mu by'ensimbi n'awa alipoota mu lukiiko olufuzi?
   a. Ssentebe
   b. Omumyuka wa ssentebe
   c. Omuwandiisi
   d. Omuwanika

4. Ani ategeka notisi n'ebiteesebwa mu nkiiko?
   a. Ssentebe
   b. Omumyuka wa ssentebe
   c. Omuwandiisi
   d. Omuwanika

5. Ani akubiriza enkiiko era n'akakasa nti enkola zonna, amateeka n'ebigobererwa ebirala bigobererwa?
   a. Ssentebe
   b. Omumyuka wa ssentebe
   c. Omuwandiisi
   d. Omuwanika

6. Ani akuuma ssente z'ekibiina zonna n'ebiwandiiko by'ensimbi z'ekibiina?
   a. Ssentebe
   b. Omumyuka wa ssentebe
   c. Omuwandiisi
   d. Omuwanika

7. Ani atereka ssemsteeka w'ekibiina, ebifa ku ba mmemba n'ebiwandiiko ebirala ebitongole?
   a. Ssentebe
   b. Omumyuka wa ssentebe
   c. Omuwandiisi
   d. Omuwanika

**Ogwosatu**

i. Buuza ba mmemba okumenya emirimu gya ba mmemba ab'enkizo ku lukiiko olufuzi.
ii. Bawandiike bye baddamu era babigeraageranye n'ebyomulungamya bino wammanga.

## Omulungamya yekkaanye

### Emirimu gya ssentebe

Ssentebe akulembera, akwanaganya era akiikirira ekibiina ky'abalimi. ng'akola bino:

- Ssentebe akulembera, akwanaganya era akiikirira ekibiina ky'abalimi. ng'akola bino:
- Akwanaganya emirimu gy'ekibiina ky'abalimi
- Ategeka era atuuza enkiiko n'entuula ezeetegereza ensonga
- Akubiriza abantu okwetaba mu kukubaganya ebirowoozo, mu kusalawo era n'okukola
- Akakasa nti ssemateeka w'ekibiina agobererwa
- Akakasa nti omuwandiisi n'omuwanika bakola emirimu gyabwe
- Akakasa nti ba mmemba basasula emigabo gyabwe nga bwe kyakkirizibwa
- Atuma abantu okukola emirimu ku lulwe era n'abawa ebyokukola
- Akakasa nti entegeka y'emirimu egobererwa
- Akuuma emirembe mu kibiina era yeetegereza enjawukana eziba zizze mu kibiina
- Akiikirira ekibiina mu nkiiko ne banna mikago
- Awa olukusa okufulumya ebintu by'ekibiina okugeza ensimbi n'ebyuma

# Emirimu gy'omuwandiisi

**Omuwandiisi akuuma eby'empuliziganya mu kibiina ky'abalimi era y'atereka ebiwandiiko by'ekibiina. Akola bino:**


a. Awandiika olukalala lw'ebinaateesebwako era n'ebiteeso, era atereka enkalala z'abetaba mu nkiiko
b. Akuuma olukalala lwa ba mmemba, ssemateeka, amateeka amalala, entegeka ya bizinensi, n'ebiwandiiko ebirala ebikulu
c. Asoma mu mwanguka ebiteesebwako mu nkiiko
d. Akwasaganya eby'empuliziganya mu kibiina ne wabweru waakyo
e. Ayambako ssentebe

## Emirimu gy'omuwanika

**Omuwanika akuuma ensimbi z'ekibiina. Akola bino:**

a. Akuuma butiribiri ensimbi z'abalimi
b. Akuuma ebiwandiiko by'ebyensimbi z'abalimi
c. Awa alipoota mu ba mmemba ensaasaanya n'ennyingiza,wamu n'eznsimbi ezibaawo mu mpeke oba mu bbanka
d. Afuna ensimbi ku lw'ekibiina,era ensimbi ezo azikolera alisiiti
e. Atereka ekitabo ekiraga eby'ensimbi ku bigulibwa, ebitundibwa n'ensimbi eziyingira mu kibiina
f. Abala ensimbi ezireetebwa ba mmemba nga bonna balaba
g. Ategeka alipoota z'ebyensimbi nga bwe kiba kyetaagisizza ebibiina bya wabweru, ng'abagabi b'obuyambi,bbanka ne gavumenti.

## Olutuula 5.4
# OBUKULU N'EBIBEERA MU SSEMATEEKA W'EKIBIINA



**obudde:eddakiika 5**

## Okutunuulira olutuula

- Tulabye emirimu n'obuvunaanyizibwa bw'ebitongole eby'enjawulo mu kibiina
- Okutuukiriza obuvunaanyizibwa bwabwe obulungi, ekibiina kirina okuba ne ssemateeka eteekwa okugobererwa buli mmemba mu kibiina era na buli kitongole.
- Ssemateeka ebaamu amateeka amakulu ag'ekibiina era agasalawo obuyinza n'emirimu gy'ebitongole,eddembe ly'abammemba mu kibiina.
- Mu lutuula luno, ebibeeramu n'obukulu bwa ssemateeka bijja kukubaganyizibwako ebirowoozo.



**Obudde: eddakiika 155**

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggwera, abeetabyemu bajja:

- kutegeera ebikulu ebibeera mu ssemateeka w'ekibiina ky'abalimi
- Kusobola okunnyonnyola obukulu bwa ssemateeka
- Okuba ne ssemateeka mu bubage


### Obubaka obw'enkizo

- Ssemateeka attotola ebigendererwa, amateeka g'ebibiina by'abalimi mu kutambuza ebibiina ebyo
- Buli kibiina ky'abalimi kyetaaga okuba ne ssemateeka waakyo akakasiddwa era ategeerwa ba mmemba okutambuza obulungi emirimu gyakyo

## EMITENDERA

### Ekyokukola 5.4.1
**Obukulu n'ebibeera mu ssemateeka**
**(Mu bbaasi- eddakiika 20)**

Laga ekipande abeetabyemu era bagambe okukitunuulira mu ddakiika ssatu.




*Obukulu bwa ssemateeka*

Kati baleke nakubaganye ebirowoozo ku kifaananyi okumala eddakiika ttaano nga beesigala ku kiragiddwa mu kifaananyi na kiki ekifaananyi kye kitegeeza

## Tukusaba wekkaanye:

Singa abeetabyemu basanga obuzizu mu kutaputa ekipande, balambike okutegeera nti "buli ali mu bbaasi ayagala bbaasi emutwale ye gy'ayagala ekintu ekitasoboka"

## Omulungamya

**Mu ddakiika 15 eziddako, lamdika abantu mu lutuula olwa wamu okwanganga ebibuuzo bino;**

1. Lwaki buli ali mu bbaasi y'emu asuubirwa okukwata ekkubo ly'ayagala?
2. Waliwo embeera eringa eyo mu bbaasi erabikira mu bibiina by'abalimi?
3. Oba yee, lwaki embeera eringa eyo ebaawo era ekosa etya ebibiina by'abalimi?
4. Tuyinza kukola ki okulaba ng'ebintu ebiringa ebyo tebibeerawo mu bibiina byaffe eby'abalimi?

### Tukusaba wekkaanye:

Ku kibuuzo ekisembayo, abeetabyemu balina okulaga obwetaavu; ekibiina okuteekawo ebigendererwa ebilungi okuviira ddala ku ntandikwa, amateeka agalambika ani alina okufuuka mmemba na biki bye balina okusuubira (wag ye tulaga, eddembe n'obuvunaanyizibwa).

## Buuza olukiiko

- Biki ebirina okuba mu ssemateeka era lwaki?
- Ssemateeka akolebwa atya? Ssemateeka owabwe yakolebwa atya?
- Mirimu ki (a)abakulembeze (b) ba mmemba abalala gye bakola mu kukola ssemateeka?




*Ebibeera mu ssemateeka*

Leka abeetabyemu okukubaganya ebirowoozo era bagabane ebirowoozo byabwe. Bafunze era battaanye ebirowoozo ebyo nga bakozesa okwekkaanya kw'omulungamya wammanga;

## Omulungamya yekkaanye

**Obukulu bwa ssemateeka**

- Ssemateeka yeetaagisa mu bino;
- Eteekawo okulambika okutuufu era okutegeerekeka
- Ennyonnyola eddembe lya buli mmemba wamu n'obuvunaanyizibwa bwabwe mu kibiina
- Eraga emiganyulo n'enkozesa y'ebintu mu ba mmemba b'ekibiina.
- Kye kimu ku byetaagisa ekibiina okuwandiisibwa mu gavumenti oba mu kuggulawo account mu bbanka
- Ab'emikago okusobola okukolagana n'ekibiina,beetaaga okusooka okulaba ku ssemateeka.

Ssemateeka alina okukolebwa okusinziira ku mitenderaera nga yeesigamizibwa ku by'etaago by'ekibiina. Ebibiika bitera okweyazika ebirowoozo mu ssemateeka endala era waliwo entegeka nnyingi eza ssemateeka w'ebibiina eziyinza okukoppebwa. Wadde nga ziyamba okuteekawo entandikwa,ba mmemba bakakasa nti bafunamu amateeka ago agatuukiriza ebyetaago byabwe.

## Ebibeera mu ssemateeka

- Obubaka obufa ku kibiina ky'abalimi
- Okufuuka mmemba
- Ababeera ku lukiiko olufuzi
- Ebigobererwa mu kulonda
- Okujjako abakulembeze ng'okulonda tekunnatuuka
- Enkiiko
- Okufuuka mmemba n'okuva mu kibiina
- Enkola mu kutereka
- Enkola mu kuwola
- Enkola mu kwetegekera obukadde
- Engassi
- Okubala ebitabo
- Obuvunaanyizibwa obw'enkizo
- Okuyingira mu butakkaanya
- Okukyusa ssemateeka

### Ekyokulabirako kya ssemateeka w'ekibiina ky'abalimi

**1. OBUBAKA OBUFA KU KIBIINA KY'ABALIMI**

Erinnya ly'ekibiina ..........

Endagiriro/ Gye kisangibwa /essimu ..........

..........

Ekibiina kyateekebwawo nga (ennaku ba mmemba kwe baakiwaniisiza):

..........

..........

Bizinensi enkulu ekibiina gye kikola- bye kifulumya n'emirimu gyakyo

..........

..........

Ensonga lwaki ekibiina weekiri

..........

..........

**2. OKUFUUKA MMEMBA**

Emyaka egisinga obutono .......... Egisinga obungi ..........

Ekikula ..........

Gy'abeera ..........

Ebirala ebigobererwa ..........

**3. ABABEERA KU LUKIIKO OLUFUZI**

Ssentebe ..........

Omumyuka wa ssentebe ..........

Omuwandiisi ..........

Omuwanika ..........

Mmemba ku lukiiko ..........

Mmemba ku lukiiko ..........

Mmemba ku lukiiko ..........

**4. EBIGOBERERWA MU KULONDA**

a) Omuwendo ogusinga obutono ogwa ba mmemba ogulina okubaawo (mukifo) okusobola okuba n'okulonda guli:

b) Okulonda kubaawo buli luvannyuma lwa:..........

c) Omuwendo ogusinga obungi ogw'ebisanja mmemba gw'ayinza okuweereza mu kifo ekimu:

- Erinnya lya mmemba lilina okuleetebwa ne liwagirwa mmemba omulala nga terinnateekebwa mu abo abagenda okulondebwa.
- Waakiri ku buli kifo kulina okubaako amannya abiri naye singa mmemba aba tavuganyiziddwa, alina okukakasibwa ba mmemba abasing obungi.
- Okulonda kulina okugeberera enkola entuufi okugeza okulonda mu kyama oba okuwanika emikono okulonda.

## 5. OKUJJAKO ABAKULEMBEZE NG'OKULONDA TEKUNNATUUKA

Mmemba yenna mu lukiiko lwa wamu asobola okusaba okujja obwesige mu mmemba w'olukiiko olufuzi. Akalulu kayinza okubaawo nga basinziira ku muwendo ogusinga obutono nga bwe kiragiddwa mu katundu 4 ,abalina okubaawo. Singa akalulu kayisibwa abasing obungi ku ba mmemba, mmemba gwe bajjeemu obwesige ava mu kifo ekyo ku lukiiko era asikizibwa omulala.

## 6. ENKIIKO

- Ba mmemba balina okwetaba mu nkiiko zonna. Ensonga ezikkirizika zirina okuweebwa olw'obuteetaba mu lukiiko awatali kuweebwa ngassi ze:
- Singa ekibiina kitereka ensimbi,enkiiko z'okutereka zirina okutuula buli wiiki. Walina okubaawo enkiiko endala ku nsonga endala
- Ekibiina kigabana ebintu byakyo mu (omwezi n'omwaka:..........................................................................

## 7. OKUFUUKA MMEMBA N'OKUVA MU KIBIINA

Mmemba bw'aba ayingira ekibiina,ateekwa okutuukiriza ebisaanyizo by'okuba mmemba, Omuli bino wammanga;

- Okuba ng'abeera mu kitundu ekyo
- Asasule obwa mmemba n'emisoso emirala
- Abe n'ekimugatta ku kibiina ky'afaananya banna kibiina
- Nga mwetegefu okugoberera ssemateeka w'ekibiina
- Alina okuba mu myaka egikkirizibwa ssemateeka

Singa mmemba ava mu kubiina kubanga tebalina kya kukola (okugeza ng'afumbiddwa n'ava mu kitundu) ekibiina kijja kubalirira ensimbi z'alina okufuna nga twesigama kun nkola eno:

..........................................................................................................................................................................................

..........................................................................................................................................................................................

Singa mmemba ava mu kibiina ng'ekiseera ky'okugabana tekinnatuuka awatali nsinga ya ssimba,okujjako nga yeeyagalidde okuvaamu, ekibiina kijja kubalirira ensimbi z'alina okufuna nga twesigama ku nkola eno:

..........................................................................................................................................................................................

..........................................................................................................................................................................................

**Ensonga eziyinza okuviirako omuntu okugobwa mu kibiina ze zino:**

Singa mmemba agobwa mu kibiina ,ekibiina kijja kubalirira ensimbi z'alina okufuna nga twesigama kun kola eno:

..........................................................................................................................................................................................

..........................................................................................................................................................................................

Singa mmemba afa, ekibiina kija...........................................................................................................................

..........................................................................................................................................................................................

## 8. ENKOLA MU KUTEREKA

Omuwendo ogusinga obutono mmemba gw'alina okutereka buli lutuula:

Shs ....................................................................................................................................................................

Omuwendo ogusinga obunene omuntu gw'asobola okutereka buli lutuula:

Shs ....................................................................................................................................................................

Singa mmemba alemwa okutereka enkola eno ejja kugobererwa:

..........................................................................................................................................................................................

..........................................................................................................................................................................................

## 9. ENKOLA MU KUWOLA

- Mmemba asobola okwewola omulundi gumu, addamu okwewola ng'amazeeyo ebbanja
- Mmemba asobola okwewola oluvannyuma lw'okutereka ensimbi eziwera ......................
- Mmemba asobola okwewola okutuuka ku mirundi ............................................................... egya ssente z'atereka mu kiseera ekigere.
- Ekiseera ekisinga obuwanvu omuntu ky'amala n'ebbanja kiri (mu myezi): ...........................
- Amagoba ku nsimbi ezeewolebwa gabalirirwa buli mwezi (wiiki 4): ....................................
- Singa mmemba tasasula bbanja lye mu budde enkola eno ejja kugobererwa:

..........................................................................................................................................................................................

..........................................................................................................................................................................................

- Singa mmeba alemwa okusasula ebbanja ne tutuuka ekiseera ky'okugabana enkola eno ejja kukozesebwa:

  a) Engassi

  ..........................................................................................................

  ..........................................................................................................

  b) b) Okuvunaanibwa mu mbuga z'amateeka

  ..........................................................................................................

  ..........................................................................................................

## 10. ENKOLA MU KWETEGEKERA OBUKADDE

- Okusonda nga wetegekera obukadde mu buli lutuula kujja kuba :

  Shs ..........................................................................................................

- Singa mmemba alemwa okutereka ssente z'obukadde enkola eno ejja kukozesebwa:

  ..........................................................................................................

  ..........................................................................................................

**Ensinbi z'obukadde zijja kukozesebwa ku nsonga zino wammanga,era nga zisasulwa bwe ziti:**

| Ensasulwa ya ssente z'obukadde | Omuwendo | Omuwendo gw'ebbanja okutali magoba |
|---|---|---|
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |
| | | |

Okusonda ssente z'ekikadde kujja kuyimirizibwa singa ensimbi eziri mu nsawo ziwera

Shs ..........................................................................................................

## 11. ENGASSI

Omweso guno wammanga gulaga engassi ezijja okujjibwa ku bantu olw'ensobi ze bakola.

| Ensobi | Omuwendo gw'engassi |
|---|---|
| • Obutabeera mu lukiiko olw'ensonga zo<br>• (okuleka ezo ezikkirizibwa era eziragiddwa mu katundu 6) | |
| • Okutuuka ekikeerezi mu nkiiko | |
| • Okutaataaganya enkiiko (okuleekaana,okwogera ku ssimu n'eb...) | |
| • Obutassa kitiibwa mu ba mmemba nga muli mu lukiiko olwawamu | |

## 13. OKUKUUMA EBIWANDIIKO



Ebiwandiiko bino birina okukuumibwa ekibiina

- Ssemateeka
- Ebiteesebwa mu nkiiko
- Ebiwandiiko by'ensimbi (Eziterekebwa, amabanja,ezisasuddwa n'eziweebwa ekibiina)
- Empapula eziraga abeetaba mu nkiiko
- Ebifa ku ba mmemba ssekinnoomu (ebifa mu nnimiro zaabwe)

Ekibiina kiteekwa okuba n'ekitabo ekirimu ebiwandiiko bino:

- Olukalala lwa ba mmemba
- Ekitundu we bawandiika ensimbi z'obukadde
- Ekiraga okutereka
- Ensasula ya ssente z'abakadde
- Awawandiikibwa engassi
- Awawandiikibwa amabanja
- Awawandiikibwa ensimbi z'omumpeke
- Okwekkaanya

## 14. OBUVUNAANYIZIBWA OBW'ENKIZO

Buli mmemba w'ekibiina ateekwa okukakasa nti bino wammanga bifiibwako:

**a) Obuyonjo n'obulamu**
Buli mmemba ateekwa okugoberera okulambika kwa minisule y'ebyobulamu okwewala obutyabaga nga Mukenenya, endya embi, , omusujja gw'ensiri, lumiima mawuggwe n'eb. »» Obuyonjo – Ekiddukano, Embiro, Cholera, Akafuba »» Okugemesa – Mulalama, Polio, TB

**b) Ebyenjigiriza**
Buli mmemba alina abaana abatuuse emyaka egisoma, ateekwa okukakasa nti abaana be bali mu ssomero. Okusoma kw'abaana abawala kulina okussibwako essira okutangira abawala okufumbirwa nga tebanneetuuka.

**c) Obutonde bw'ensi**
- Buli mmemba ateekwa okusimba waakiri emiti esatu buli mwaka.
- Singa mmemba atema omuti, waakiri ateekwa okusimba emiti ebiri

**d) Ensonga z'ekikula ky'abantu**
Tewateekwa kubaawo kusosolakwesigamizibwa ku kikula oba emyaka. Ba mmemba bonna beenkanankana awatali kufa ku myaka oba ekikula.

**e) Okutangira ebizibu**
- Okwewandiisa mu budde okufuna ebikozesebwa, okubitwala n'okusimba mu budde.
- Walina okubaawo ensimbi ezikola ku busandali /ebirime nga tebibaze.Zino zirina okubaawo ziyambe abo abatuukibwako obusandali.
- Mukakase nti mulina enkola ya yinsuwa okuzzaawo ebyonoonese.
- okugula ebikozesebwa mu bifo ebituufu ebikakasiddwa MAAIF/ ACDP

## 15. OKUYINGIRA MU BUTAKKAANYA

Bwe wabaawo obukuubagano mu kibiina abali mu butakkaanya bagende mu kakiiko akatawulula obutakkaanya.

## 16. OKUKYUSA MU SSEMATEEKA

Omuwendo gwa ba mmemba ogulina okukkiriza nga ssemateeka tannakyusibwa guli

.............................................................................................................................................

.............................................................................................................................................

.............................................................................................................................................

### Amannya ga ba mmemba n'emikono gyabwe

| Omuw. | Erinnya | Essimu | Omukono |
|---|---|---|---|
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |
| | | | |

## Olutuula 5.5

# OKUKUUMA EBIWANDIIKO



**Obudde: eddakiika 5**

## Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggweera, abeetabyemu bajja:

- Kutegeera amakulu g'ekigambo okukuuma ebiwandiiko
- Okunnyonnyola ebiwandiiko eby'enjawulo mu bibiina by'abalimi
- Okumanya obukulu bw'ebiwandiiko eby'enjawulo.



**Obudde: eddakiika 30**

## Ekyokukola 5.5.1

### Okukuuma ebiwandiiko

**Buuza abeetabyemu:**

- Okunnyonnyola amakulu g'okukuuma ebiwandiiko
- Okumenya ebiwandiiko eby'enjawulo ebiterekebwa mu bibiina by'abalimi
- Bakibaganye ebirowoozo ku bukulu bw'ebiwandiiko eby'enjawulo.

Saba abeetabyemu mu lutuula olwa wamu okuddamu ebibuuzo ebyo era bawandiike bye bazzeemu ate bageraageranye bye bazzeemu n'ebyomulungamya wammanga:

### Omulungamya yekkaanye

**Okukuuma ebiwandiiko** y'engeri **y'okuwandiika** ebikolebwa n'ebibaawo mu ngeri y'okubiraga. Okuva enkola y'okubala ebitabo gye yeesigamizibwa ku butuufu bw'ebiwandiiko, kikulu nnyo okukuuma ebiwandiiko.

**Wammanga bye biwandiiko ebirina okubeera mu kibiina ky'abalimi**

**Ensaasaanya ya bizinensi:**
Ekitono ennyo mwetaaga okukuuma koopi eraga nti ekibiina kyawandiisibwa,Koopi z'ebiteesebwa mu nkiiko mwe bateeseza ennyingiza n'ensaasaanya ebya bizinensi.

**Sitaatimenti za bbanka:**
Muno mwe mubeera ebikwata ku nsimbi mu bbanka. Buli sitaatimenti ya bbanka ekwata ku kiseera eky'enjawulo, okugeza omwezi. Banka yo ejja kukuweereza sitaatimenti eyo buli luvannyuma lwa bbange eggere.

**Empapula eziraga okusasula emisaala:**
Luno lwe lukalala olulaga abakozi bonna ekibiina be kisasula omusaala buli mwezi.

**Olupapula olulaga ebintu ebiriwo:**
Luno lwe lulaga ebikolebwa ekibiina bye kinaatera okufulumya ,okugeza kasooli alindiride okutundibwa. Era n;ebyetaagisa okukozesa mu kufulumya okugeza kasooli atannaba kukubibwa mu kyuma.

**Ebitundiddwa:**
Luno lulaga ebintu ebitundiddwa mu kiseera ekyo.

**Ennyingiza:**
Luno lulaga ennyingiza yonna ekolebwa era kwe kutoolwa ezisaasaanyizibwa ne wasigalawo eziyingira mu kibiina. Eno ennyingiza eva mu kutunda ebintu.


**Ensaasaanya entonotono:**
Buno bwe busente obutonotono obusaasaanyizibwa singa kiba tekyetaagisa kusasulira mu bbanka, kubanga oluusi kiyinza okutaataaganya emirimu okukozesa ceeke, n'okutwala obudde obuwanvu.

**Empapula eziraga ebireetebwa mu kibiina:**
Zino zikolebwa abatunda ne baziwa abaguzi nga ziraga ebitundiddwa okugeza ; ebintu, obungi bwabyo, omuwendo ogukkaanyiziddwaako n'eb..

**Empapila eziraga ebintu ebiragiriziddwa ekibiina ye kyagala okugula:**
Zino ze mpapula entongole omuguzi z'awa atunda ng'alaga nti mwetegefu okusasulira ebintu ebimuweebwa atunda gye bujja. Buli lupapula nga luno, lubaako ennamba eyamba omuguzi n'atunda okulondoola nti ebintu bituuse ate n'okusasulwa.

## Ekyokukola 5.5.2

### Obukulu bw'okukuuma ebiwandiiko



**Obudde: eddakiika 50**

**Gamba abeetabyemu:**

- Bamenye ebintu ebikulu ebirina okukuumibwa mu buwandiike nga bino;ekitabo ekiwandiikibwamu ensimbi eziyingira mu kibiina,ebya bbanka, alisiiti, ebiraga abasasuddwa.
- Balage ebitabo ebyo bwe bifaanana era babuuze oba ku bo kuliko eyali akozesezza ekimu ku byo era oba ayinza okulaga abalala engeri gye bikozesebwa.

Wandiika bye baddamu era obigeraageranye n'ebyomulungamya wammanga:

### Omulungamya yekkaanye

- Mu mateeka kibakakatako okukuuma ebiwandiiko. Okusooka muteekwa okukuuma ebiwandiiko ebituufu okusinziira ku mateeka.
- Okukuuma ebiwandiiko kiyamba okulongoosa n'okukuza bizinensi yammwe
- Kiteekawo engeri abakozi bog ye basobola okukula mu mirimu
- Kiyamba okukozesa obudde bwo obulungi ate ne bukugasa

## Alisiiti

**Receipt**

**R/No:** ......................................

**DATE** ......................................

**Received with thanks from** ..........................................................................................................

..........................................................................................................................................

**The sum of shillings** ..................................................................................................

..........................................................................................................................................

**Payment for** ..........................................................................................................

..........................................................................................................................................

**Cash/Cheque No/Mobile Money/EFT** ................................ **Balance** .............................................

**Received by** ..............................................................

**Shs** [ ]

**Sign** ..............................................................

### Alisiiti eteekwa okubaako bino wammanga:

1. Ennamba ya alisiiti
2. Ennaku z'omwezi okusasula lwe kwakolebwa
3. Erinnya ly'asasula oba ekibiina ekisasula
4. Omuwendo ogusasuddwa
5. Ensonga y'okusasula
6. Ezitasasuddwa (bwe zibaayo)
7. Oba okusasula kwakolebwa mu mpeke oba na ceeke
8. Erinnya n'omukono gw'oyo afunye okusasulwa

## Olupapula olulaga okusasula

**PAYMENT VOUCHER**

**Date:** ............................................................... **Invoice No:** ...................

**Payee:** ..........................................................................................................

(as supported by the attached documents) by: Cash | Cheque | Transfer — Date | Month | Year

*Please tick against mode of payment*

| S/No | Particular | Qty | Unit Price | Amount |
|---|---|---|---|---|
| 1. | | | | |
| 2. | | | | |
| 3. | | | | |
| 4. | | | | |
| 5. | | | | |
| 6. | | | | |
| 7. | | | | |
| 8. | | | | |
| 9. | | | | |
| 10. | | | | |
| 11. | | | | |
| 12. | | | | |
| 13. | | | | |
| 14. | | | **Total** | |

Bank Account ..........................................................................................

Cheque No. ..........................................................................................

Prepared by ..........................................................................................

Sign .................................................. Date ..............................................

Approved by: ..........................................................................................

Sign .................................................. Date ..............................................

## Olupapula olulaga okusasula luteekwa okubaako bino wammanga:

1. Ennamba y'olupapula
2. Ennaku z'omwezi ensimbi lwe zaasasulwa
3. Erinnya ly'omuntu/ ekibiina ekisasuddwa
4. Ebintu ebisasuddwa nga biraga obungi bw'ebintu n'omuwendo omugatte ogusasuddwa
5. Oba okusasulwa kukoleddwa na ceeke laga ennamba ya account n'eya ceeke
6. Erinnya n'omukono gw'oyo asasuddwa era n'ennaku z'omwezi lwe zisasuddwa
7. Erinnya n'omukono gw'oyo akakasizza okusasula ate n'ennaku z'omwezi kw'akakasirizza.

# Ekitabo omuwandiikibwa ensimbi eziyingira n'ezifuluma

Kino kye kitabo mwe bawandiika ensimbi eziyingira n'ezifuluma nga ku buli muko omuwanika ateekamu eziyingira n'ezifuluma. Buli kiwandiikibwa mu kitabo kino, kibeera ku lunyiriri lwakyo.

**Omweso 1 wammanga gulaga ekyukulabirako ky'ekitabo kino**

1. **Olunyiriri olusooka** lulaga ensimbi ezajjibwa mu kitabo kino ku ntandikwa y'omwaka. Zino ziwandiikibwa mu katundu akalaga ezaasigalawo.
2. **Olunyiriri 2** lulaga ensimbi z'okwewandiisa buli mwaka nga ziri 10,000/- okuva mu ba mmemba 20 ezaawandiikibwa mu kitabo. Zino ziwera 200,000/-. Zino ziwandiikibwa mu katundu k'ezisasulwa.Omugatte omupya guwandiikibwa mu katundu k'ezisigalawo. Amannya ga ba mmemba abasasudde n'omuwendo buli omu gw'asasudde guwandiikibwa mu kitabo amannya ga ba mmemba mwe gawandiikibwa.
3. **Olunyiriri 3** lulaga ensimbi z'obwa mmemba eza buli omu z aba mmemba 5 nga buli omu yaleeta 5,000/-. Zino zikola omugatte gwa 25,000/-. Zino ziwandiikibwa mu katundu akalaga okusasula. Omugatte omupya guwandiikibwa mu katundu akalaga ezisigaddewo. Amannya n'omuwendo gwe basasudde biwandiikibwa mu kitabo amannya ga ba mmemba mwe gawandiikibwa.
4. **Olunyiriri 4** lulaga nti ekibiina kyagula obusawo obukalu 100 ku nnusu 1,000/- buli kamu. Omuwanika yajja nnusu 100,000/- mu kitabo okusasula obusawo obwo. Omuwendo guno guteekebwa mu katundu akalaga ensimbi ezisasuddwa.
5. **Olunyiriri 5** lulaga nti omuwanika yakozesa 5,000/- ku ntambula okugenda okugula obusawo buli. Omuwendo guno guwandiikibwa mu katundu akalaga ezifulumye.
6. **Olunyiriri 6** lulaga nti omuwanika yatwala 500,000/- mu bbanka. Zino zajjibwa mu kitabo ekyo era ziwandiikibwa mu katundu akalaga ezisasuddwa. (naye ziwandiikibwa zokka mu kitabo kya bbanka ng'eziyingidde.)
7. **Olunyiriri 7** lulaga nti ekibiina kyajja 2,000,000/- mu bbanka ne ziteekebwa mu kitabo ekyo. Naye oluvannyuma lw'ennaku ttaano zaakozesebwa okugula ensigo n'bigimusa. Zino ziwandiikibwa mu katundu k'ezisasulwa. Omugatte omupya olwo guwandiikibwa mu katundu akalaga ezisigaddewo. (naye ziwandiikibwa zokka mu kitabo kya bbanka ng'ensimbi ezifulumye)
8. **Olunyiriri 8** lulaga nti Mary Kitunzi w'ekibiina, yagenda okugula ebigimusa n'ensigo ku oyo atunda ebikozesebwa. Omuwanika yajja 10,000/- okuva mu kitabo kino okusasula entambula.
9. **Olunyiriri 9** lulaga nti Mary Kitunzi w'ekibiina, yagenda okugula ensigo n'ebigimusa ku oyo abitunda. Omuwanika yajja 2,000,00/- mu kitabo kino okusasula ebigimusa n'ensigo.

**Omweso 1: Ekyokulabirako**

| No | Ennaku z'omwezi | Ebintu | Ezaasasulwa (Ug. shs) | Ezaasasulwa (Ug. shs) | Ezisigalawo (Ug. shs) |
|---|---|---|---|---|---|
| 1 | 3rd Jan 2020 | Ezaasigalawo omwaka oguwedde | | | 1,000,000 |
| 2 | 5th Jan 2020 | Okwewandiisa okwa buli mwaka(ba mmemba 20x 10,000) | | 200,000 | 1,200,000 |
| 3 | 6th Jan 2020 | Obwa mmemba (5x 5,000) | | 25,000 | 1,225,000 |
| 4 | 8th Jan 2020 | Okugula obusawo 100 (100X 1000) | 100,000 | | 1,125,000 |
| 5 | 8th Jan 2020 | Entambula | 5,000 | | 1,120,000 |
| 6 | 8th Jan 2020 | Ezaatwalibwa mu bbanka | 500,000 | | 620,000 |
| 7 | 20th Jan 2020 | Ezajjibwa mu bbanka | | 2,000,000 | 2,620,000 |
| 8 | 25th Jan 2020 | Entambula | 10,000 | | 2,610,000 |
| 9 | 25th Jan 2020 | Okugula ebigimusa n'ensigo | 2,000,000 | | 610,000 |

# Ekitabo kya Bbanka

Ekibiina bwe kiba ne account mu bbanka ,kiteekwa okuba n'ekitabo eky'enjawulo ekiraga ebikolebwa mu bbanka. Kino nakyo kikwatibwa mu ngeri y'emu ng'ekitabo omuwandiikibwa ensimbi eziyingira n'ezifuluma nga bwe kiragiddwa wammanga mu mweso:

**Omweso 2: Ekypkulabirako eky'ekitabo kya bbanka**

| No | Ennaku z'omwezi | Ebintu | Ezaasasulwa (Ug. shs) | Ezaasasulwa (Ug. shs) | Ezisigalawo (Ug. shs) |
|---|---|---|---|---|---|
| 1 | 3rd Jan 2020 | Ezaasigalawo omwaka oguwedde | | | 5,000,000 |
| 2 | 8th Jan 2020 | Ezaateekebwa mu bbanka | | 500,000 | 5,500,000 |
| 3 | 20th Jan 2020 | Ezajjibwa mu bbanka okugula ensigo n'ebigimusa | 2,000,000 | | 3,500,000 |

a. **Olunyiriri olusooka** lulaga ensimbi ezaasigalawo era ne zireetebwa mu mwaka omupya nga ziri 5,000,000/=.
b. **Olunyiriri 2** lulaga nti omuwanika yateeka 500,000/- mu bbanka. (Jjukira zino yazijja mu kitabo ekiraga eziyingira n'ezifuluma era n'aziraga)
c. **Olunyiriri 3** lulaga nti ekibiina kyajja 2,000,000/- mu bbanka okugula ensigo n'ebigimusa.

## Ekyokukola 5.5.3

### Ngeri ki ensimbi z'ekibiina gye ziyinza okuterekebwa obulungi?

Ba mmemba baleke bakubaganye ebirowoozo ku kibuuzo, era bawandiike okuddamu kwabwe ku bipande era bakozese okulambika kwomulungamya wammanga, abikwataganye era bafunze bye baddamu.

**Omulungamya yekkaanye**

Omuwanika y'akuuma ensimbi z'ekibiina, era awa alipoota mu kibiina ku nsaasaanya yonna n'ensimbi eziriwo mu mpeke. Bwe wabaawo ensimbi ezaasaasanyizibwa,alina okuwandiika mmeka ezaasaasanyizibwa n'ensonga lwaki zaafuluma. Singa wabaawo ensimbi ezaawolebwa, omuwanika ateekwa okuwandiika omuwendo ogwawolebwa, ani gwe zaawolebwa, era ddi lwe zinaakomezebwawo.

## Ekyokulabirako ekyenkuuma ya ssente

**Enkuuma ya ssente ennyangu ebeeramu ebintu bina:**

a. Akabokisi akasibibwa
b. Ekitabo ekiraga ennyingiza n'ensaasaanya byombi mwe biwandiikibwa
c. Ekitabo kya bbanka (ekibiina bwe kiba ne account mu bbanka)
d. Fayiro mwe batereka alisiiti zonna n'ebiwandiiko okusinziira ku biseera we byafunirwa. Ekibiina kijja kwetaaga fayiro emu ey'ensimbi ezifunibwa mu mpeke, ate n'endala eza bbanka.

## Akabokisi mwe batereka ensimbi mu mpeke

Kano omuwanika mw'atereka ensimbi z'ekibiina, ekitabo kya bbanka oba ne kaadi ya bbanka wamu ne alisiiti zonna eziba tezinnateekebwa mu fayiro. Kalina okubeera nga kasibe, era ekisumuluzo kirina okuterekebwa mu kifo ekyekusifu.
Waliwo engeri nnyingi eziyinza okukakasa nti akabokisi k'ensimbi ebikalimu tebituukibwako buzibu:
Omuwanika akkirizibwa akabokisi ako mu nkiiko z'ekibiina mwokka, ng aba mmemba weebali.

a. Omuwanika akkirizibwa okuggula akabokisi waakiri nga waliwo mmemba omulala.
b. Omuwanika y'atereka akabokisi k'ensimbi, naye atereka ekisumuluzo abeera mulala. Bombi balina okubaawo okuggula akabokisi.
c. Akabokisi kayinza okuteekebwako kufulu bbiri oba ssatu, nga buli emu erina. ekisumuluzo ekyenjawulo. Abantu ab'enjawulo be batereka ebisumuluzo, abo bonna balina okubaawo ng'akabokizi kaggulwawo.
d. Ensimbi eziri mu kabokisi, na buli mulundi lwe ziteekebwa mu kabokisi oba okujjibwamu ziwandiikibwa mu kitabo ekiraga ennyingiza wamu n'ensaasaanya.

## Fayiro

Ensimbi bwe ziggibwa mu kabokisi oba mu bbanka, walina okubaawo olupapula olulaga ani yazitwala na ngeri ki gye zaakozesebwa. Eno eyinza okuba alisiiti okuva ew'omusuubuzi oba edduuka. Amaduuka agamu n'abasuubuzi bawa alisiiti, naye bwe kiba tekikoleddwa, kiyinza okwetaagisa okugisaba. Bwe watabaawo alisiiti, omuntu aliko ky'aguze alina okuwandiika ennaku z'omwezi, ekintu n'omuwendo gw'akiguze ku lupapula, n'ateekako omukono.

Omuwanika alisiiti zino zonna aziteeka mu fayiro nga ntegeke bulungi. Fayiro eno yandibaddeko obuwuzi obusiba, empapula ne zikubibwamu obutuli ne ziterekebwa mu fayiro ng'ezisinga obukadde ze ziri wansi ate ezisinga obupya nga ze ziri kungulu.

Ku buli alisiiti, omuwanika alina okuwandiika ennamba efaanagana n'eyo eri mu kitabo ekiraga ennyingiza n'ensaasaanya oba mu kitabo kya bbanka.
a. Omweso 1 gulaga ekyokulabirako ekya alisiiti
b. Omweso 2 gulaga ekyokulabirako ekyolupapula olukakasa okusasula.

Kirungi nnyo okuteeka alisiiti mu fayifo nga yakatuuka amangu ddala. Singa kino kiba tekisoboka , omuwanika alina okufunayo akadde okukikola buli bbanga eggere, waakiri omulundi gumu buli wiiki. Kino kikulu: tokirwisa kutuuka nga zeetuumye.

## Okukebera oba ebiri mu kabokisi bikwatagana n'ekitabo ky'ennyingiza n'ensaasaanya

Omuwanika ateekwa okukebera buli kiseera (waakiri omulundi gumu mu wiiki) oba ensimbi eziri mu kabokisi zikwatagana n'eziragibwa mu kitabo. Singa ziba zaawukana,

omuwanika ateekwa okuzuula lwaki kiri bwe kityo:

a. Waliwo omuntu eyeerabidde okuwandiika alisiiti y'ensimbi ezimu z'ajjeemu oba z'ataddemu?
b. Waliwo ensobi ekoleddwa mu miwendo mu kitabo? ( Ddamu agattemu olabe.)
c. Waliwo ensobi mumiwendo egyawandiikibwa mu kitabo? (kebera alisiiti okakase nti emiwendo gikwatagana)
d. Ensimbi zaabalibwa mu butuufu? (Ddamu ozibale okakase nti emiwendo mituufu)
e. Waliwo eyaggye ssente mu kabokisi nga tafunye lukusa? (Ani ayinza okuba nga yakikoze)

## Okukebera Account

Buli luvannyuma lwa myezi esatu, oba ku nkomerero y'omwaka, omuwanika ateekwa okukebera account. Alisiiti n'ensimbi eziragibwa mu kitabo kya bbanka biteekwa okuba nga bikwatagana.

a. Wateekwa okubaawo alisiiti ku buli lunyiriri mu kitabo kya bbanka oba ekyennyingiza n'ensaasaanya.
b. Ennaku z'omwezi n'emiwendo birina okukwatagana
c. Omuwendo oguli mu kitabo kyennyingiza n'ensaasaanya gulina okukwatagana obulungi n'oguli mu kabokisi
d. Ezaasigalawo mu kitabo kya bbanka zirina okukwatagana n'eziragibwa ku sitaatimenti ya bbanka era n'emiwendo egirabikira ku alisiiti.

Ku nkomerro y'omwaka, ababalirizi bateekwa okukebera n'obwegendereza oba ezaafunibwa zonna n'eziriwo bikwatagana era bituufu.

## Ekyokukola 5.5.4

### Okuba ne account mu bbanka kirimu birungi ki eri ekibiina? (eddakiika 10)

Leka ba mmemba bakubaganye ebirowoozo ku kibuuzo ekyo era bawandiike bye baddamu ku bipande nga bakozesa okwekkaanya kw'omulungamya bakwatagane era bafunze bye bazzeemu.

**Omulungamya yekkaanye**

**Ebirungi ebiva mu kubeera ne account mu bbanka**


Ekibiina bwe kiba kikwata ensimbi nnyingi, kiteekwa okuggulawo account mu bbanka. Kino kirungi olw'ensonga zino wammanga:

a. Ensimbi eziri mu kabokisi mu nju y'omuntu zisobola okubbibwa. Ensimbi eziri mu bbanka zikuumibwa bulingi.
b. Ensimbi eziri mu bbanka zisobola okukola amagoba
c. Account ya bbanka ekozesebwa ku nsonga za bizinensi endala, ng'okugula ebikozesebwa oba okutunda ebifulumizibwa.
d. Abagabi b'obuyambi basobola okuteeka ensimbi obutereevu mu bbanka.
e. Ekibiina kisobola okwanguyirwa okwewola mu bbanka gye kirina account

Okuggulawo account mu bbanka,kiyinza okwetaagisa okuwandiisa ekibiina mu gavumenti. Ekibiina bwe kifuna account, waakiri ba mmemba babiri (ebiseera ebisinga omuwanika ne ssentebe) balina okuteekako emikono ku buli nsimbi eziva ku account.

## Olutuula 5.6

# OKUFUNA ENTEGEKA Y'OKUKOLA EMIRIMU



**Obudde: eddakiika 5**

### Okutunuulira olutuula

- Muyogeeyoge mwenna. Mumalirizza amasomo gonna.
- Ebisigaddeyo okukolebwa kwe kujjuza emirimu gyonna egyokuteekateeka era n'okutongoza ekibiina kyammwe. Ng'ekiva mu ekyo, weetaaga okutegeka enkola y'emirimu.

### Ebigendererwa by'olutuula

Olutuula luno we lunaggweera abeetabyeemu bajja kuzuula ebyokukola ekibiina bye kijja okuteeka mu nkola mu kiseera ekisooka,bwe binaggwa, ani anaabikola na biki ebyetaagisa. Kikulu okwetegereza ebiteekebwa teekebwa ku buli nkomerero ya kiseera okuzuula ebyo ebyaggwa n'ebyo ebikyalemye. Kino kijja kuyamba ekibiina okwetegekera ekitundu ekiddako.

## Ekyokukola 5.6.1

### Okutegeka enkola y'emirimu



**Obudde: eddakiika 40**

Gamba ekibiina okumaliriza entegeka y'emirimu nga batunuulira ebyokukola ebiragiddwa mu katundu 1. Bwe muba mwakimaze dda, mugende ku katundu akaddako mulage ddi lwe munaamaliriza ekyokukola . Mu katundu 3, wandiika abantu abaweereddwa obuvunaanyizibwa okukulemberamu okutuukiriza omulimu. Oluvannyuma mu katundu 4, laga ebyetaagisa (ebiri munda mu kibiina ate ne wabweru).

## Omutendera 1

a. Gamba abeetabyeemu nti emirimu emikulu giwandiikiddwa mu katundu1.
b. Bagambe okulaga ddi ekyokukola lwe kinaakolebwa (mu katundu 2) ate
c. Gamba abeetabyemu okulaga ani anaatuukiriza emirimu egyo (mu katundu 3)
d. Bagambe okuwandiika obuyambi okuva wabweru obwetaagisa ku buli kyakukola
e. Bagabane bye bazzeemu, bakubaganye ebirowoozo era bakkaanye ku budde, avunaanyizibwa n'obuyambi obweetaagisa okuva wabweru.

| Ekirina okukolebwa | Ddi lw'onaakikola | Ani anaakikola | Obuyambi |
|---|---|---|---|
| 1. Okusaba obwa mmemba n'okukakasa obwa mmemba | | | |
| 2. Ebyetaagisa byonna okwewandiisa ku e-voucher n'okufuna ebikozesebwa | | | |
| 3. Okulangoosa n'okukola ssemateeka | | | |
| 4. Okutuuza olukiiko olwa wamu n'okulonda abakulembeze | | | |
| 5. Ebiteeso:<br>• Okuyisa ssemateeka<br>• Okuyisa entegeka ya bizinensi<br>• Okulonda abakulembeze<br>• Okutandika okukunganya ensimbi okuva mu ba mmemba<br>• Okunoonya ensimbi ez'ennyongereza<br>• Okutandika okuteesa n'abaguzi<br>• Okutandika okuteesa n'abanaatuguza bye tukozesa<br>• Okugula ebokizesebwa n'pkuteekawo ebintu n'ebyuma<br>• Okulondoola ba mmemba nga bakola ku mutendera gwa ssekinnoomu<br>• Okutandika okutereka n'okuwola n'ebigenderako<br>• Okutongoza bizinensi | | | |

## Omutendera 2

Gamba abeetabyemu okuwandiika/ okugattako ebyokukola ebirala bye balowooza nti ekibiina kyandibitadde mu nkola mu kiseera kye kimu naye nga tebiteekeddwa mu nteekateeka eyo waggulu.

# OKWEBAZA

Akatabo kano kakoleddwa ekibinja kya ba Ofiisa okuva mu kitingole kya Agribusiness ekya Uganda Cooperative Alliance nga bafuna okulambika kw aba ofiisa ba MAAIF wansi wa polojekiti ya ACDP. Okusiima okw'enjawulo kugenda eri:

## Ekibinja kya UCA

1. Justine Nalubega Ssessanga
2. Timothy Agaba
3. Prossy Egibwa
4. Robert Asiimwe
5. Rose Angeyango
6. Richard Sempijja

## Ekibinja ekikwaanaganya MAAIF/ACDP

1. Stephen Ojangole
2. Fredrick Muhanguzi
3. Abakwanaganya ebibinja
4. Ebibinja by'abakugu ku district.






# POLOJEKITI ETUMBULA EBIBIINA BY'ABALIMI (ACDP)

## Okwongera Amaanyi Mu Balimi Nga Tuyita Mu Bibiina By'abalimi Ebitegeera Bizinensi

## OKULAMBIKA ABALIMI MU BIBIINA BYABWE